Olutalo Olukyasinzeeyo Mu Zaali Zirwaniddwa

Weebale, Ow'oluganda Orman. Mukama akuwe omukisa.

2 Mwasuze mutya, ab'emikwano? Ndi musanyufu nnyo okubeera wano nate enkya ya leero, ekyabadde kitasuubirwa, ndowooza, gyendi, era nkakasa kye kimu n'eri ekibiina. Era nnabadde nsoma ne . . . Weebale, mwannyinaffe. Ne wabaawo akantu akatonotono Mukama ke yantadde ku mutima, okuleeta eri Ekkanisa, ne ndowooza muli nti kye kiseera okukikola. Era kati kino . . .

3 Bwe nnatuuse, nga ssimanyi na kumanya oba tunaabeera wano Ssande eno, nnalangiridde dda nti nnina o—Obubaka eri Ekkanisa. Era njagala, Katonda nga ayagadde, Obubaka buno okubuleeta Ssande ejja. Era kijja kutwala ekiseera kiwanvuko ddala, kale, tuyinza obutafuluma nga tezinnawera ssaawa mukaaga n'ekitundu, oba musanvu, oba oli awo, mu ssaawa bwe zityo. Bumaze ebbanga ddene ku mutima gwange, era muli ndowooza nnina ebbanja okunnyonnyola abantu lwaki mbadde ssikyafuluma kugenda kubuulira njiri. Weewaawo nkibuuliddeko, naye nkakasa tekivangayo mu bulambulukufu nga bwe kiteekwa kuba. N'olw'ekyo ndowooza nti, Mukama nga ayagadde, Ssande ejja, njagala nkozese obudde bwange nkirambulule bulungi, ensonga na lwaki, era mbalage, okuyita mu Byawandiikibwa, kiki ekigenda mu maaso, mulaba, mbabuulire ensonga lwaki kiri bwe kityo. Kubanga, nnandigenda emitala w'amayanja oba awantu awalala mu bwangu ddala. Mu kiseera kino nnindiridde kulaba wa gy'Anampita okugenda. Eyayita . . .

4 Ebiro nga bisatu, oba bibiri ebiyise, nnafuna essimu eyo nga mu ttumbi; nga waliwo omukazi gwe baagala nsabire eyali mu ddwaliro. Kale bankubira, ne baŋŋamba nti, "Saba." Neerabidde n'erinnya lye bampa, nti . . . Oli yagamba nti mukwano gwa Muky. James Bell, mwannyinaffe mu kkanisa wano, mwannyinaffe omuddugavu, omujjumbize ennyo, mukazi mulungi ddala. Nzikiriza erinnya lyali Shepherd, eryampeebwa. Kale nnava mu buliri ne nfukamira wansi, ne—ne ŋŋamba mukyala wange. Kubanga essimu bwe yavuga, yamuzuukusa. Ne mmugamba nti, "Tuteekwa okusabira Muky. Shepherd, mwannyinaffe ava okukuba essimu, mukwano gwa Muky. James Bell." Bwetutyo ne tumusabira, ne tuddayo mu buliri.

5 Kati awo ku ssaawa nga nnya oba ttaano, enkeera, ne nziramu ne nfuna essimu. Yali Billy. N'agamba nti, teyabadde

Muky. Shepherd, n'agamba yabadde Muky. Bell, kennyini, si mukwano gwa Muky. Bell. "Yabadde Muky. Bell, era ali mu ddwaliro, muyi nnyo ddala." Ne nnyanguwako ŋŋende mu ddwaliro, naye yali amaze okufa. Muky. Bell, Mukama yali amuyise okudda Eka.

6 Muky. Bell abadde muntu omwesigwa akuŋŋaana naffe wano ku kkanisa, okumala emyaka egiwerako. Omwami we, James, nange, twakolanga wamu, ne kitange, emyaka mingi egyayita, ebweru eyo, nga tuddukanya . . . Twayingizanga engatto zino ze bavugisa embalaasi, okuva mu Pennsylvania, okuziyingiza wano mu kampuni ya Colgate, emyaka mingi egiyise, ndowooza emyaka nga asatu egiyise, oba n'okusingawo. Era Mwannyinaffe Bell tumwagala. Abadde muntu mulungi nnyo ddala.

7 Era nnakitegeddeko nti yalumbibwa obulwadde bw'akawago obw'amaanyi obw'embagirawo, ne ba . . . Omusawo we, eyali ategeera obulungi ebikwata ku mbeera eyo, yali afulumye ekibuga mu kiseera ekyo. Kale omusawo omupya n'ajja amwekkaanye, era—era n'alagira alongoosebwe mu bwangu ddala, naye okulongoosebwa okwo n'atakusimattuka. Era—era yali . . . ndowooza yali . . . Ku kye nnategeddeko kiri nti, omusawo we amujjanjaba bulijjo teyandiragidde ku—kumulongoosa, kubanga abadde munene ate nga n'akawago ke kali mu mbeera mbi. Era abaddemu n'obuyinja, ndowooza, oba ekintu bwe kityo, naye—naye Mukama abadde akyamusaasidde. Yali alumbiddwaako emirundi egiwera n'embeera eyo nga ekyo tekinnabaawo naye Mukama nga akigonjoola, emirundi mingi. Naye ku luno kyabadde nti . . . Kale, bwe tuba ba kukiwumbawumba, tuyinza kugamba bwetuti nti: Mwannyinaffe Bell Katonda yamuyita, era kyalina kubeerawo bwe kityo, mukiraba.

8 N'engeri Ye gye yasubwa . . . engeri gye kyantegeezebwa, ne ndowooza nti yali Muky. . . . Muwala wa Shepherd. Nze muwala wa Shepherd nnali ssimumanyi. Omukyala oyo ayinza n'okuba nga waali wano, enkya ya leero, era nnyinza n'okuba nga nsobola okumutegeera ssinga mba mmulabyeeko. Naye, oli yagamba nti yali Muky. Shepherd. Era oba byonna byakolebwa bwe bityo, kibeere nti bwe kiba nti . . . Ssinga nnategeera nti Muky. Bell ye yali mu mbeera eyo, oba oli awo butereevu nnandigenzeeyo ne mmwegayiririra. Naye ate, bw'okitunuulira, okiraba nti, ekyo Katonda teyayagala tukikole, osanga. Kale, "Tukimanyi nti ebintu bino byonna bikola ku lwa bulungi eri abo abaagala Katonda."

9 Era nkakasa nti Mwannyinaffe Bell abadde ayagala Mukama waffe. Abadde mukazi mulungi. Kale, abadde omu ku ffe. Munda wano, ffe tetusosola mu langi. Mu nnyumba ya Katonda temubaamu kusosola mu langi. Oba tuli bamyufu, baakitaka, baddugavu, oba bakyenvu, ekyo si kikulu, ka babe beeru. Kyonna kye kiri, tuli basajja n'abakazi ab'oluganda mu Kristo.

Kale n'olw'ekyo tu—tumwagala. Era tujja kumusubwa, nga ekkanisa. Nga nja kusubwa nnyo, zi "amiina" za Mwannyinaffe Bell, ezo ennene, ez'amaanyi, mu nsonda emabega eri. Era nga okumutwalako nga addayo eka, abadde nga abeera ayogera ku Mukama waffe Yesu.

10 Era bwemba nga kye ntegedde kye kituufu, mbadde ssikimanyi nkiteggedde butegeezi eddakiika ntono gye buvuddeko, naye kirabika omukolo gw'okusaba kw'amaziika ge gujja kubeera wano wennyini mu kkanisa. [Ow'oluganda Neville agamba nti, "Bwe kiri."—Omuk.] Ku Lwokubiri luno olujja ku ["Ssaawa musanvu."] ku ssaawa musanvu. Era ndowooza nze naawe ffe ab'okukulembera ["Bwe kiri."] mu kusaba kuno okw'okuziika.

11 Naye, wano mu kibiina, nga bwe tuviiriddwaako omu ku ffe enkya ya leero, mu kussa ekitiibwa mu Mwannyinaffe Bell, leka tuyimirire ku bigere byaffe okumala akaseera, nga bwe tukotese emitwe gyaffe.

12 Katonda nnannyini bulamu, Ggwe awa era aggyawo obulamu, nga Yobu ow'edda bwe yagamba nti, "Mukama y'awa era Mukama y'aggyawo; Erinnya lya Mukama lyebazibwe." Emyaka egiwerako emabega, Wasindika Mwannyinaffe Bell mu makkati gaffe, okubeera mutuuze munnaffe, mu ttwaale lya Katonda eddene. Era tukwebaza olwa buli ngeri yonna gy'abadde eky'okulabirako gye tuli, engeri gy'abadde ayagalamu okuyimba n'okuwa obujulizi, n'engeri gy'abadde ajjulamu ennyo Omwoyo n'atuuka n'okuleekaana n'awoggana. Era Enjiri ya Yesu Kristo ebadde temukwasa nsonyi, kubanga, gy'ali, y'Ebadde Amaanyi ga Katonda agalokola. Tulaba nga emyaka gye giweddeyo, era nga ekiseera kijja ffenna lwe tulyanukula. Era nga Omutuggyeeko, enkya ya leero, agende abeere mu Kubeerawo Kwo. Kubanga, kituufu ddala nti, bwe tuva wano, tubeera mu Kubeerawo kwa Katonda.

13 Ayi Katonda, byonna tubikwebaliza. Tusaba Owe omukisa omwami we, mukwano gwange, James; mutabani we, bawala be, abo bonna. Tukitegeddeko nti mutabani we wa kulinnya ennyonyi okuva e Bugirimaani, mu magye, okukomawo eka, akube eriiso evvannyuma, ku nsi, ku maama we amugenzeeko. Omutima gw'omuvubuka oyo guteekwa okuba nga gumukubira kumu kumu enkya ya leero. Mmusabira, Mukama. Ayi Katonda, muwe omukisa. Wa Jimmy omukisa, n'engeri gy'a. . . Laba engeri gy'akolamu eyo gy'akolera, essaawa z'amala nga akola n'akoowa, okusobola okubeezaawo amaka ge. Nsaba amaka ago amalungi galeme kwawukanyizibwa, wabula enkulungo y'amaka ago ereme kufuna ddibu mu Nsi eyo ku ludda luli.

14 Nsaba, Mukama, kaakano twongere okunyweza eby'okulwanyisa n'okwongera okumyumyula enkoba, zongere okunywera, twolekere olutabaalo kaakano, okulwana nga ku

muwendo gwaffe omu atuvuddeko gwe tubadde naye wiiki emu emabega. Tusaba Otunyweze era otugumye, otuyambe nga bwe tugenda mu maaso, era tusaba lumu tukuŋŋaane wamu ffenna ku ludda luli. Kubanga tukisabye mu Linnya lya Yesu. Amiina.

15 Kaakano leka emmeeme ya mwannyinaffe omugenzi ewummule mirembe. Njagala okubategeeza nti okusaba kwa—kw'okuziika kwe kwa kubuulirwa wano ku Ssande, manyanga ku Lwokubiri, era twandyagadde. . . Oyo yenna ayagala okujja ayanirizibwa. Ndowooza Ow'oluganda Neville wano enteekateeka azirina, era obadde nazo. Kati, olwa leero, na. . .

16 Bwe ntunula, tewaliiwo bantu bangi nnyo. Kale bwe waba waliwo akatebe konna mukaleetere Ow'oluganda ne Mwannyinaffe Slaughter abali emabega wali. Essimu yo nnagifunye, Mwannyinaffe Slaughter, era nnagenze ne nsabira. . . Mwannyinaffe Slaughter oli omulala, Mwannyinaffe Jean Slaughter alumizibwa n'omusujja ogwo oguva ku bumyu, ogwa tularemia. Ddala gumuli bubi nnyo, naye twesize Katonda nti ajja kuba bulungi.

17 Kati twagala tusomeyo ku Byawandiikibwa. Era njagala kuyigiriza buyigiriza enkya ya leero, nga ŋŋenda mpola mpola, kubanga okuva lwe nnakomawo okuva mu lugendo, mu Arizona, amazima, obulago bwange busaakaavumukko.

18 Kale kaakati, Ssande ejja, temwerabira, era ndowooza Billy yamaze dda okusindika e—ebirango. Era tukkiriza, luliba lukuŋŋaana luwanvu ddala, n'olwekyo mujje nga bukyali nga bwe kisoboka. Twagala kutandikirawo, ku ssaawa nga ssatu n'ekitundu zennyini, manya, ku ssaawa nnya. Era oba oli awo, mujjukire nti, ku ssaawa nga musanvu oba musanvu-. . . bwe watyo, oba mukaaga kitundu, musanvu, awo bwe watyo, okumala essaawa nga ssatu oba nnya, oba n'okusingawo, njagala kukwata, bukwasi ku Byawandiikibwa. Leeta ekkalaamu yo enkalu n'olupapula, obiwandiike. Bwe wabaawo ekibuuzo kyonna, okibuuze—okibuuze, olaba, oba oli awo tusobola okukinnyonnyola, ne tukola kyonna kye tusobola okukuyamba.

19 Kati, okusooka, muleke tubeeko Ebyawandiikibwa bye tusoma, kaakano. Nnina ebifo bisatu mu Bayibuli, bye nnandyagadde okusoma. Nga ekisooka ku byo, bw'oba wandyagadde okukiwandiika, nga olina ekkalaamu enkalu, enkya ya leero, nandyagadde okujuliza, ebitundu eby'enjawulo ebiwerako. . . oba Ebyawandiikibwa ebiwerako, manyanga, bye njagala okujulizaako. Ekisooka kijja kuba Peetero Ekisooka 5:8-10, Abaefeeso 6:10-17, ne Danyeri 12:1-14. Kati, nga bwe tusoma, mpola mpola.

20 Kyenkana buli omu atudde. Kale, waliwo abatonotono abakyayimiridde, emabega eri ne ku mabbali. Naye tugenda

kugezaako okumaliriza mu bwangu nga bwe kisoboka tubaleke mufuleme, olwo tulyoke tusabire abalwadde.

21 Tulina omukyala agalamidde wano enkya ya leero, omulwadde ennyo ddala. Nnakitegeddeko nti yabadde bubi nnyo ddala, olunaku lw'eggulo. Naye nja—njagadde asooke awulire, enkya ya leero, okusooka, nga sinnamusabira. Era mukazi wattu embeera gy'alimu ngimanyi. Mulwadde nnyo ddala, naye tulina Kitaffe Ow'omuggulu Oyo eyawangulira ddala endwadde zonna n'okukirawo. Nnina n'a—n'akantu . . .

22 Nnasabye Muky. Woods oba nga asobola okukasoma, naye n'a—n'asikattiramukko oku—okukikola. Akatundu okuva mu lupapula lw'amawulire, nga omusawo awuniikiridde. Kuba, yali akolokota eby'okuwonyezebwa kw'Obwakatonda nga taganya na muntu yenna kubyogerako mu woofiisi ye; k'abe, nnansi we. Kati, ekyabaawo, yagenda n'afuna omulwadde eyalina kookolo, kookolo ow'amaanyi ddala. N'atayagala kumukolako, bw'atyo n'amusindika mu kalwaliro akalala. Nabo ne bataagala kumukolako eyo, ne bamugoba akomewo eno. Kati ne ba . . . Ha, yali ku bbeere, era nga liri mu mbeera mbi nnyo ddala. Olususu lwonna nga luliiriddwaako. Nga kookolo, ayingidde ddala munda mu bbeere, n'atuuka ne mu mbiriizi. Ndowooza mutegeera kye ntegeeza.

23 Ne bafuna omusawo mukwano gwaffe okuva e Norway ali wano naffe enkya ya leero.

24 Bw'atyo n'ategeka ebikozesebwa bye byonna, kubanga agamba nti yali akitegeddeko nti—nti omukazi yali ayagala alongoosebwe ebbere lisalibweko. Ate nga gwali mulimu ogulimu okusaabaana omusaayi. Kale—kale yaggyayo ebikozesebwa bye byonna, na buli kimu. Nnansi n'ateekateeka omukyala n'amuyingiza mu kisenge gye balongoosereza, n'addayo okukima ebyuma e . . . omusawo n'omuyambi we bye baalina okukozesa, okusalako ebbeere. Kale baali bamutaddeko zi tawulo n'ebintu ebirala. Bwe batyo ne batandika . . .

25 Omusawo bwe yakyuka, bba w'omukyala n'ayagala okumanya oba nga asobola okubaako mu kisenge awo w'atuula n'asaba. Yali mubuulizi wa butukuvu. Bw'atyo n'atuula awo ku mabbali g'emirannamiro w'ekitanda, n'abeera nga asaba. Weewaawo, omusawo ekyo tekyamuyisa bulungi, nga bwe mumanyi, ekya bba w'omukazi okubeerawo awo munda. Naye kasita aba nga taatunuleyo, era nga tekiimukose, lwaki nedda, "Ndowooza tekyalina mutawaana; yali—yali tasobola kuzirika."

26 Kati aba atudde, asaba, ne wajja okuyuuguuma mu kisenge. Omusawo n'akyuka okutandika oku . . . nga akozesa ebyuma bye, okutandika okusalako ebbeere. N'aggyako bipamba kimu ku kimu. Nga tekuli yadde enkovu n'emu ku bbeere; yadde enkovu emu bw'eti. N'abuuza nti, "Lye—lye . . . Lyenyeenya?" N'atandika oku . . . Ne nnansi naye yawa obujulizi bwe.

Bombiriri baavaayo era kati baafuuka bapentekoote, bajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu, baweereza Mukama. Tekwali yadde enkovu emu bw'eti!

27 Dokita Holbrook oyo yawa obujulizi, kennyini, n'agamba nti, "Mu ddakiika emu emabegako, o—omukazi yali awo nga agalamidde, nga ali ne nnansi, nga n'ekizimba kya kookolo ekinene kyonna kikukunuseeyo ku bbeere lye. Ate mu ddakiika emu eyaddako, tewaaliwo yadde enkovu emu bw'eti eraga nti wano we kyali kiggyiddwa." Oyo ye omu ku basawo baffe abasingayo obulungi wano mu Amerika. Yagamba nti mu kaseera ako yamatirira ddala obutasigalamu kakunkuna. Ate, nga, yali mudiikoni mu kkanisa emu. Okiraba?

28 Mulaba, abantu balowooza nti ekkanisa kintu ky'omala gagendamu obugenzi, era mbu, "Ha, ogendayo kuyiga kubeera muntu mulungi, oba ekintu bwe kityo." Si bwe kiri, mukwano gwange. Nedda. Katonda ye Katonda. Wa maanyi leero nga bwe yali, nga bwe yali abadde. Era lubeerera bw'Ajja okuba. Era Ye. . . Ffe tumwagalira ddala.

29 Kaakati, twagala tusome mu Peetero Ekisooka, essuula ey'oku 5, olunyiriri olw'o 8 n'olw'e 10, tutandike n'ekyo.

> *Mutamiirukukenga, . . . mutunulenga; kubanga omulabe wammwe ssetaani, . . . nga empologoma ewuluguma, atambulatambula, nga anoonya gw'anaalya:*
>
> *Oyo mumuziyizenga* nga muli banyweevu *mu . . . kukkiriza, nga mumanyi nti ebibonoobono bye bimu bituukirira eri baganda bammwe abali mu nsi.*
>
> *Era Katonda ow'ekisa kyonna, eyabayitira ekitiibwa kye ekitaggwaawo mu* Yesu Kristo, *bwe mulimala okubonyabonyezebwako akaseera akatono, ye yennyini alibatuukiriza,* alibanyweeza, alibawa amaanyi, era *alibatebenkeza.*

30 Katonda nga asaanye okutenderezebwa! Kaakati mu Kitabo ky'Abaefeeso. Twagala tubikkule wano mu Kitabo ky'Abaefeeso, essuula ey'omu 6, era twagala tusome olunyiriri olw'e 10 okutuuka ku lw'e 17, ze nnalambyeko.

> *Eky'enkomerero, mubenga n'amaanyi mu Mukama waffe, ne mu buyinza obw'amaanyi ge.*
>
> *Mwambalenga eby'okulwanyisa byonna ebya Katonda, mulyoke muyinzenga okuyimirira eri enkwe za ssetaani.*
>
> *Kubanga tetumeggana na mubiri na musaayi wabula n'ab'amasaza, n'ab'obuyinza, n'abafuga ensi ab'omu—mu kizikiza kino, n'emyoyo egy'obubi mu bifo ebya waggulu.*
>
> *Kale mutwalenga eby'okulwanyisa byonna ebya Katonda, mulyoke muyinzenga okuguma ku lunaku*

olubi,. . .bwe mulimala okukola byonna, musobole okuyimirira.

Kale muyimirirenga, nga mwesibye mu kiwato kyammwe amazima,. . .nga mwambadde eky'omu kifuba obutuukirivu.

Era nga munaanise mu bigere okweteekateeka okw'enjiri ey'emirembe;

Era ku bintu *byonna,. . .engabo ey'okukkiriza eneebayinzisanga okuzikiza obusaale bwonna obw'omuliro obw'omubi.*

Muweebwe ne sseppeewo ey'obulokovu, n'ekitala eky'Omwoyo, kye kigambo kya Katonda:

31 Kati tudde mu Kitabo kya Danyeri, njagala okusomayo ebirala. Kaakati, Danyeri essuula ey'e 12. Njagala kutandikira ku lusooka, nsomereko ddala e—ekitundu kiwanvuko, ennyiriri kkumi na nnya.

Era mu biro ebyo. . .Mikayiri aliyimirira, omulangira omukulu ayimiririra abaana b'abantu bo: era waliba. . . ekiseera eky'okunakuwaliramu, ekitabangawo kasooka wabaawo eggwanga okutuusa mu *biro ebyo: era mu biro ebyo abantu bo baliwonyezebwa, buli alirabika nga yawandiikibwa mu kitabo.*

Era bangi ku bo abeebaka mu nfuufu ey'oku nsi balizuukuka, ne *abamu eri obulamu obutaggwaawo,. . . abamu eri ensonyi* n'okunyoomebwa *okutaggwaawo.*

N'abo abalina amagezi balyakaayakana ng'okumasamasa okw'omu bbanga; n'abo abakyusa abangi eri obutuukirivu ng'emmunyeenye emirembe n'emirembe.

Naye ggwe, Danyeri, bikka—bikka ku. . .kitabo, okutuusa ekiseera eky'enkomerero: bangi abaliddiŋŋana embiro, n'okumanya kulyeyongera.

Awo *nze Danyeri ne ndyoka ntunula, era, laba, abalala babiri nga bayimiridde, . . .omu ku lubalama lw'omugga emitala w'eno,* ne omu *ku. . .lubalama lw'omugga emitala w'eri.*

N'omu n'agamba omusajja ayambadde bafuta, eyali waggulu w'amazzi g'omugga nti, Eby'ekitalo ebyo birituusa wa okukoma ebyali. . .*ebyewuunyisa?*

Ne mpulira omusajja ayambadde bafuta, eyali waggulu w'amazzi g'omugga, ng'agolola omukono gwe ogwa ddyo n'omukono gwe ogwa kkono eri eggulu, n'alayira oyo abeera omulamu *emirembe gyonna, nga birituusa ekiseera,* n'ekiseera, *n'ekitundu ky'ekiseera; era* bw'alimalira *ddala okumenyaamenya amaanyi*

ag'abantu abatukuvu,. . .ebyo byonna ne biryoka biggwaawo.

32 Ndowooza nja kukoma awo wennyini. Njagala nkwate ku ky'okuyigako, bwe kiba kya kuyitibwa eky'okuyigako okuva awo, mu ekyo, okukola okuwumbawumba kuno nti: *Olutalo Olukyasinzeeyo Mu Zaali Zirwaniddwa*. Ekyo kye njagala okukozesa nga eky'okuyigako.

33 Kati, kwe nnavudde ndyoke nkozese kino nga eky'okuyigako ky'enkya ya leero: Tubadde twakakomawo; abamu ku bayima, wano mu kkanisa, nange, tubadde eyo mu Arizona. Era twali tugenze, nga ekitututteyo, kwe kuba n'olukuŋŋaana mu Phoenix, n'Ow'oluganda Sharrit, mu kkuŋŋaaniro lye. Naye bwe nnakizuula nti waliwo o—ow'oluganda eyali mu kibuga, nga alinayo enkuŋŋaana mu weema, ate awo, muli ne mba nga akyuusa endowooza ku by'okukola olukuŋŋaana. Ne ndowozaamu nti oba oli awo ndiba nalwo ku Ssande olw'eggulo, waleme kubaawo batawaanyizibwa mu makanisa gaabwe. Naye, ne nkizuula, nga ne ku Ssande olw'eggulo, nakwo alinako enkuŋŋaana. Kale nno ne—ne nneeraliikiriramukko ku ky'okuba n'olukuŋŋaana.

34 Kale ffe ab'oluganda, mu kifo ky'okumalako olunaku lwonna, engeri gye twali eyo mu kuyigga, twagenda mu kibuga, ne twetegeka, ne tugenda mu nkuŋŋaana z'Ow'oluganda Allen. Ow'oluganda A. A. Allen yali akoze enkuŋŋaana. Kale twagenda mu nkuŋŋaana, era Ow'oluganda Allen n'abuulira obubaka obw'amaanyi. Twafuna a—akaseera, akaseera akalungi ddala, nga tuwuliriza Ow'oluganda Allen, n'okuwuliriza a—abayimbi, n'abalala, engeri gye baali bayimbamu, ne baleekaana, era twalina olukuŋŋaana olulungi ddala.

35 Bwetutyo twalaba, mu lugendo lwonna, omukono gwa Mukama. Buli we twagendanga, Mukama Yesu nga atusisinkana. Era okubeera ebweru eyo wekka bw'omu mu ddungu, kiriko ekintu eky'enjawulo. Kiriko eky'enjawulo, nti bwe weeyawula n'obeera wekka bw'omu bw'otyo, wabaawo ekikusika. Eyo, ndowooza, ye nsonga lwaki njagala nnyo ebifo ebyo ebyesudde akabanga okuva awali abantu. Osegulira amaanyi g'omulabe, agabeera amangi mu bitundu bwe biti.

36 Ssetaani kyenkana aba talina bulabe bw'asobola kukola okuggyako nga afunye ekintu mw'akolera. Alina. . .Mujjukira emizimu giri egyagobebwa mu Liigyoni? Gyalina. . .gyayagala gyeyongere okukola effujjo, kye gyava gyagala okugenda mu mbizzi. N'olw'ekyo, emizimu giteekwa okubaako n'ekintu mwe gikolera, omuntu gwe gikoleramu.

37 Katonda naye, bw'atyo bw'akola. Alina kukozesa ffe. Ffe be yeesigamyeko, okutukoleramu.

38 Era bangi abajja bwe twali ku lugendo, abaalina ebirooto. Era Mukama waffe Yesu teyalemwako wabula yatuwa

okuvvuunulwa okutuufu, era ne bituukiririra ddala bwe bityo, mu bujjuvu.

39 Nate era Yali mulungi nnyo gye tuli, n'atulagirira awaali ensolo bwe twali tuyigga n'atulaga we zaali. Era, mumanyi, okubeerako awo bwe mutyo, bwe kiri ekirungi ennyo. Ne mutuula awo, ekiro, okwetooloola ekyoto, nga muli wala nnyo okuva awali abantu, nga babali wala mayiro na mayiro na mayiro, nga mutunuulira o—omuliro bwe gumansuka ku biyinjayinja. Era, ha, kyali kisuffu!

40 Waaliyo ow'oluganda, eyalina obuzibu ne mukyala we, eyali . . . Emyaka giwerako egiyise, omukyala oyo yayimusa omutwe mu lukuŋŋaana, bwe nnali mpeereza. Ate nga nnali mbasabye bakoteke emitwe gyabwe; waaliwo omuzimu ogwali gugaanye okuva ku—ku mukazi, eyali asabirwa ku kituuti. Kati omukyala ono, olw'obutassaamu kitiibwa, n'amala gasitula omutwe gwe. Omuzimu ne guva ku mukazi oli, eyali ku kituuti, ne guyingira mu mukazi ono. Kati wayiseewo ebbanga lya myaka nga kkumi n'ena, era omukyala oyo abadde mu mbeera nzibu nnyo; nga nzibu nnyo, n'obwongo bwe, okutuusa nti akola n'ebintu ebitasaanidde. Okugeza, yalekawo bba, n'agenda afumbirwa omusajja omulala ate nga yali akyali ne bba; n'agamba mbu ye ekyo teyakimanya nti yakikola. Kati ne ba—bagezaako okumukebera okulaba oba alina kino . . . Mukiyita mutya ekyo, bw'oba . . . Obulwadde bw'okuwunga? Ki . . . Bannange, kyonna kye bakiyita. Ndowooza ly'eryo, musawo. Naye tekyali kyo. Gwali muzimu. Ate omukazi . . . Ate omukyala ono yali mukwano gwange. Naye okuva ekiro ekyo, n'okweyongerayo, yankyayira ddala mu bugenderevu. Weewaawo, ekyo mulaba bulabi lwaki kyali bwe kityo.

41 Naye bba bwe yajja, ne tufukamira mu kisenge okusaba, mu kaseera ako Omwoyo Omutukuvu n'akka wansi. Awo we kyakoma. Kati ekiro ekyo n'Alabikira bba w'omukyala oyo, mu kirooto. Bba n'akomawo n'ekirooto, nga alowooza bya kusaaga. Agenda okukizuula, nga kwe kuddibwamu kwennyini eri okuwonyezebwa kwa mukyala we. Omwoyo Omutukuvu nga yakola mu ngeri ey'ekitalo!

42 Tweyongerayo emmanga mu Tucson, n'Ow'oluganda Norman n'abalala, era nga tuli eyo Mukama yatandika nate okukola ebintu eby'ekitalo, eby'amaanyi n'okubikkula ebintu.

43 Lumu ekiro, era ekyandeetedde okutuuka ku kirowoozo kino wano, nnali nnyimiridde n'Ow'oluganda Wood n'Ow'oluganda Sothmann. Era twali . . . Zaali ssaawa nga nnya ez'ekiro, nnali ntunudde waggulu mu bwengula, ne wajja entiisa ey'amaanyi n'engwako. Ne ŋŋamba nti, "Mulabeeyo! Eggye eryo lyonna ery'amaanyi, ery'omu ggulu!" Ne ŋŋamba nti, "Buli kimu kiri mu kifo kyakyo."

44 Ow'oluganda Wood n'agamba nti, "Bw'otunuulira obumunyeenye buli obubiri obuliraaniganye, nti, kyabuleetera okufaanana nga ettaala."

45 Ne ŋŋamba nti, "Naye, okimanyi, Ow'oluganda Wood, nti okusinziira ku ssaayansi, mu Kibinja ky'emunnyeenye ekyo, Ekibinja ky'emmunyeenye Ekitono, Ekibinja ky'emmunyeenye Ekinene, emmunyeenye ezo tezirabika nga eziweza yadde yinci bbiri wakati waazo; naye ate nga ziri wala nnyo ddala buli emu okuva ku gginnaayo n'okusinga ffe bwe tuzeesudde. Era ssinga ziba za kutambula kujja wano ku nsi, kyandizitwalidde, nga ziddukira ku sipiidi ya mayiro nkumi na nkumi buli ssaawa, kyandizitwalidde emyaka bikumi na bikumi okutuuka ku nsi." Ne ŋŋamba nti, "Mu nsengeka eno etenkanika, engazi bw'eti, ate nga batugamba nti bwe balengerera mu bitangaaza ebirengera ewala ddala, mbu basobola okulaba obukadde kikumi mu abiri obw'emyaka egy'akamyanso, munda ddala eri; ate olwo nga wakyaliyo n'emyezi n'emmunyeenye. Ate—ate, nga, Katonda ebyo byonna ye yabitonda. Era Atudde wakati waabyo."

46 Ne ŋŋamba nti, "Waliwo munda omwo, we bannengeza, lumu bwe nnali mu kifo we balengerera eby'omu bwengula, ne bannengeza zodiac; okutandika ne Embeerera, okuyita mu Mulembe gwa Kkansa, okudda wansi okutuukira ddala ku gusembayo nga yali mpologoma, Leo empologoma. Okujja kwa Kristo okwasooka, okuyita mu mbeerera; okujja okw'okubiri, okuyita mu Mpologoma ey'ekika kya Yuda." Ne ŋŋamba nti, "Ngezezzaako kyonna kye nsobola okulaba zodiac eyo, naye nga ssigiraba. Naye, ate, nga gy'eri. Abo abaatendekebwa, bakimanyi nti gy'eri. Yobu yagiraba. Abantu baagitunuuliranga. Ye yali Bayibuli, mu kiseera ekimu ekyayita. Naye mu bwaguuga bw'obugazi obwo bwonna obw'obukadde n'obuwumbi bw'e—bw'emyaka egy'ekimyanso, Katonda atudde mu makkati gaabyo byonna, era Atunula wansi. Pawulo ali omwo. Maama wange alina w'ali munda omwo, awantu awamu, balengera wansi."

47 Ne ndowooza ku nsengeka y'eggye ery'omu ggulu eryo, tewali n'ekimu ku byo ekyali kivudde mu kifo kyakyo. Buli kimu kikwata ebiro byakyo, bulungi ddala. Eggye lya Katonda ery'ekitalo! Nnalowooza ku bajaasi; nti watya ssinga omwezi ogwo gugezaako okuva mu kifo kyagwo, ensi eyinza okuddamu okwanjaalako amazzi, mu ddakiika ntono ddala. Ensi eba ejja kubeera nga bwe yali mu kiseera Katonda we yasalirawo okugikozesa, okusobola okututeeka wano ku yo. "Yali njereere, nga yonna yeetabuddetabudde, nga ekizikiza, n'amazzi biri ku ngulu ku buziba bw'ensi." Era ssinga omwezi ogwo gumala ne guseeseetuka, eba ejja kuddayo mu mbeera y'emu. Omwezi ssinga gumala ne gwesuukundamu katono ne guseesetuka okuva we guteebedde mu nsi, amayengo gatuumbiirirawo. Bwe gukka, nga n'amayengo gagugoberera. Eryo ly'eggye lya Katonda

ery'amaanyi. Era bwe nnalowooza ku . . . ku ekyo okubeera eggye lya Katonda ery'amaanyi . . .

48 Kati, twagenda okwebaka. Ne ntandika muli okulowooza nti tewali n'ekimu ku ebyo ekyali kivudde mu kifo kyakyo. Byonna binywerera mu kifo kimu. Era bwe wabeerawo ekimu ku byo, ekiseetuka, awantu wonna, wabaawo ensonga ekiseetula, era okuseetuka kwakyo kukosa ensi eno. Tulaba ebiva mu ekyo mu kaseera kano, olw'okuba waliwo ebimu ku byo ebiva mu bifo byabyo. Kikyusa embeera. Kikosa buli kimu.

49 Awo ne ndowooza, muli nti, bwe kiba nga eggye ly'omu ggulu eryo ery'amaanyi, bwe lityo, lirina okusigala mu kifo kyalyo, buli kimu okusobola okuba nga kitebenkevu, olwo ate okutabangulwa kw'eggye ly'oku nsi? Ssinga kibaawo, omu n'amala ava mu kifo kye, nga kitabangula buli kimu kyonna! Entegeka ya Katonda yonna etaataaganyizibwa bwe wabaawo mmemba omu ava mu kifo kye. Bulijjo tuteekwa okufuba okulaba nga tukuuma obutebenkevu bw'Omwoyo.

50 Era nsaba, Katonda, enkya ya leero, luno tulufuule olukuŋŋaana lwennyini ddala olw'okuwonyezebwa, tukuumire ekitundu kino . . . ekibiina kino kye tukuŋŋaanyizza wansi w'akasolya kano enkya ya leero, mu bumu ddala, Omwoyo Omutukuvu asobole okuteeka buli mmemba w'Omubiri, ali wano enkya ya leero, mu bumu obwo, okutuusa lwe wanaabeerawo okuwonyezebwa kw'omubiri n'omwoyo okw'embagirawo, bwe tunaanyweza ebifo byaffe.

51 Kati, nga bwe nnagambye mu kutandika, omukyala ono eyalina kookolo Omusawo oli Holbrook gwe . . . yali agenda okusalako. Kati, Katonda eyaleetawo eddoboozi ery'okuyuguuma okujja mu kalwaliro ako, n'aggyawo kookolo oyo awatali kulekawo yadde enkovu, temukimanyi nti Katonda oyo y'omu ali wano? Era ekintu kyokka ky'Alinze, lye ggye Lye—Lye okukwata ebifo byalyo, nga emmunyeenye, babeere mu bifo byabwe.

52 Kati, mukimanyi nti, tubadde n'entalo ez'omuddiriŋŋanwa, n'eŋŋambo z'entalo? Era ssinga ensi yeeyongerayo mu maaso, tujja kwongera okubeera n'entalo endala nnyingi. Naye mukiraba nti waliwo amaanyi ga ngeri bbiri zokka mu nsi yonna? Mu njawukana zaffe zonna wakati w'amawanga, n'enjawukana mu bantu, na buli kimu kyonna, byonna bikomekkereereza mu maanyi ga ngeri bbiri. Waliwo amaanyi ga ngeri bbiri zokka, era waliwo obwakababaka bwa mirundi ebiri gyokka; amaanyi ga ngeri bbiri, n'obwakababaka bwa mirundi ebiri. Ebirala byonna, obuntuntu obulala bwonna obutali bwa makulu nnyo, bukwatagana n'agamu ku maanyi ago. Era nga amaanyi ago ge maanyi ga Katonda n'amaanyi ga Ssetaani. Ago ge . . . Buli lutalo, buli katabanguko, na buli kimu ekijja, ku bibiri kiba kifugibwa maanyi ga Katonda oba maanyi ga Ssetaani, kubanga

ago ge maanyi gokka agaliyo. Era ago ge maanyi g'obulamu n'amaanyi g'okufa. Kaakati, ago ge maanyi ag'engeri ebbiri zokka agaliyo.

53 Era Ssetaani asobola ku. . . Amaanyi ge, g'alina, ge maanyi ga Katonda nga gakyamiziddwa. Si maanyi gennyini amatuufu. Wabula kukyamizibwa kwa maanyi ga Katonda, buli kimu Ssetaani ky'alina. Okufa bulamu obwonooneddwa kye kyokka. Obulimba gaba mazima aganyooleddwa kye kyokka. Mukiraba? Obwenzi kiba ki—kikolwa ekikozeseddwa mu bukyamu, ekikolwa ekirongoofu ekikozeseddwa mu bukyamu. Mukiraba? Buli kintu kyonna Ssetaani ky'alina kintu ekyakyamizibwa, wabula gasigala maanyi.

54 Era tuli wano, leero, nga tutudde wano, nga amaanyi ag'engeri emu ku maanyi ago ge gagenda okuba nga gatukozesa. N'olw'ekyo leka amabi tugagobere ebweru. Leka tuyimirire mu bifo byaffe nga emmunyeenye z'omu bwengula.

55 Nga Bayibuli bw'egamba nti, "Emmunyeenye ezibungeeta," mu Kitabo kya Yuda, "amayengo agabimba ejjovu ly'ensonyi zaabwe bo." Ate tetwagala kubeera mmunyeenye zibungeeta; kwebuuza oba *kino* kituufu, kwebuuza oba *kiri* kituufu, kwebuuza oba *kinaabaawo*, kwebuuza oba. . . kisoboka kitya. Tobungeeta. Nywera nga emmunyeenye ziri ez'omu bwengula, nga omujaasi yennyini ali mu kifo ky'obuvunaanyizibwa bwe. Yimirira awo, nga okkiriza! Oba kufa oba bulamu.

56 Kaakati, eggye, eggye lyennyini, eggwanga bwe litegeka okulumba eggwanga eddala, lirina okusooka okutuula ne lyetegereza ne liraba ekikyamu n'ekituufu, n'okulaba oba nga ddala lisobola okulumba eggwanga eddala oba nedda. Ekyo Yesu ye yakiyigiriza. Era ssinga ekyo abantu bakikola, amawanga ssinga—ssinga gatuula wansi, ne gasooka gasirika ne gabalirira ebintu ebyo, ku njuyi zombi, tetwandizzeemu kuba na ntalo.

57 Kati, tukisanga nti, ekyo ssinga omuntu takikola, abaduumizi b'amagye g'eggwanga, ssinga tebasooka kutuula wansi, ne beetegereza ne balaba oba nga ddala batuufu, nga n'ebigendererwa n'ebiruubirirwa byabwe bituufu, n'okulaba oba balina amaanyi agamala n'embavu okusobola okuwangula eggye liri eddala, mu buli ngeri baba ba kuwangulwa.

58 Awo Custer Omuduumizi ow'oku ntikko we yakolera ensobi ye ey'obulabe ennyo. Custer omuduumizi ow'oku ntikko, okusinziira ku bye mmanyi, yafuna ebiragiro okuva mu gavumenti, obutagenda mu ttaka lya ba nnansangwa abayitibwa Abasuuzi, kubanga kyali kiseera kyabwe eky'emikolo gy'eddiini. Bwali budde bwa kusinzizaamu. Baali mu kujaguza. Naye Custer yatamiira, ye n'alowooza nti ajja kumala gagenda mu maaso akikole. Asomoke agendeyo, oba aweereddwa ebiragiro okukikola oba nedda. Era bwe batyo waliwo abantu abataalina musango, be baakuba amasasi. Ndowooza abamu

ku bo gaabakwata. Baali balawunyi, nga bagenze, kunoonya mmere, kuliisa bantu ba—baabwe nga bali mu kusinza. Kati Custer, aba asomoka, n'abalengera, n'alowooza babalumbye bulumbi, bwe batyo ne boolekeza amasasi eri abalawunyi bano. Abalawunyi bano ne basimattuka, ne baddayo. Kiki kye baakola? Baakwatirawo eby'okulwanyisa, ne balumba. Era eyo ye yali enkomerero ya Custer Omuduumizi w'oku ntikko, kubanga, teyasooka kutuula wansi kubalirira.

59 Teyalina kimutwalayo kyonna. Yali takkirizibwa kubeerayo. Kubanga, yali yamala dda okusindiikiriza Abayindi okuviira ddala ku Lubalama lw'Ebuvanjuba, okutuuka ku lw'Ebugwanjuba. Baali baakola n'endagaano, naye endagaano n'agimenya. Era olw'amenya endagaano, n'awangulwa mu lutalo.

60 N'olw'ekyo eggye lyonna, okusookera ddala, bwe baba beetegekera olutalo, okusooka walina okubaawo okwerobozaamu, abajaasi abamu. Balina okwambazibwa ebyambalo eby'olutalo. Balina okutendekebwa okwetegekera olutalo.

61 Era nzikiriza nti olutalo olukyasinzeeyo mu zaali zirwaniddwa, kaakano lunaatera okutandika. Nzikiriza nti Katonda abadde asunsula abajaasi Be. Nzikiriza nti abadde abambaza, n'okubatendeka. Era nga kati eddwaniro litegekeddwa, banaatera okutandika.

62 Olutalo luno kasiggu, olwasooka olwali lulwaniddwa, lwatandikira mu Ggulu, Mikayiri ne Bamalayika Be bwe baalwanyisa Lusifa ne bamalayika be. Lwasookera, olutalo olwasooka lwali mu Ggulu. N'olw'ekyo, ekibi tekyatandikira ku nsi, kyatandikira mu Ggulu.

63 Oluvannyuma ne kisuulibwa okuva mu Ggulu, ne kigobebwa mu Ggulu, ne kijja ku nsi, ne kigwa ku bantu. Awo nno olutalo, olwali wakati wa bamalayika, ne lufuuka ntalo za bantu. Bw'atyo Ssetaani yajja kuzikiriza bitonde bya Katonda, ebyo Katonda bye yali yeetondedde okuba Ebibye. Yajja, Ssetaani, bino bye yajja okuzikiriza. Ekyo kye kyali ekigendererwa kye, kubizikiriza. Awo olutalo ne lutandika wano ku nsi, ne lutandika mu ffe, era lubadde luyinda okuva ku olwo.

64 Kati, nga olutalo olw'engeri yonna terunnatandika, balina okusooka okulonda ekifo aw'okusisinkanira, oba ekifo olutalo we lunaalwanirwa, ekifo kye balonze.

65 Mu Ssematalo Eyasooka, yateekebwa, mu kifo ekyali wakati w'amawanga we gaawulira ensalo ekitabaako nnyinikyo n'ebitundu ebirala gye baalwanira. Kale bateekwa okubaako n'ekifo kye balonda.

66 Okugeza nga Isiraeri bwe baalwanagana n'Abafirisuuti, waaliwo a—a—akasozi ku buli ludda kwe baakuŋŋaanira. Era eyo Goliyaasi gye yasinziiranga n'asoomooza eggye lya Isiraeri.

Weewo Dawudi we yamweŋŋangira, mu kiwonvu, bwe yasomoka akagga akaali kasala wakati w'obusozi obubiri, n'alonda amayinja.

67 Walina okubeerawo ekifo ekirondeddwa. Era mu kino, wabeerawo e—ekifo we basisinkanira, ekitwalibwa okuba nti tekiriiko nnyinikyo, era *wano* mu kifo kino we balwanira. Tebamala galwaana, nga omu alwanira *wano* eno, ate omulala mmanga *wano*, nga omu bw'adduka ng'adda *eno*. Wabaawo eddwaniro we basisinkanira ne bagezesa amaanyi gaabwe, awo buli ggye we ligezesereza amaanyi gaalyo nga lirumba eggye liri eddala, ekifo enjuyi zombi we zisisinkanira. Kati, kino (kifune) tekikuyitako.

68 Olutalo luno olw'amaanyi bwe lwatandika ku nsi, waalina okubaawo ekifo enjuyi zombi we zisisinkanira. Waalina okubaawo ekifo ekirondebwa aw'okutandikira olutalo, olwo lulyoke luyinde. Era ekifo ekyo olutalo we lulwanirwa lutandikira mu birowoozo bya muntu. Omwo olutalo mwe lutandikira. Ebirowoozo by'omuntu bye byalondebwa okuba ekifo olutalo we lulina okulwanirwa, we lwalina okutandikira, era ekyo kyali bwe kityo kubanga okusalawo kukolebwa mu birowoozo, mu mutwe. Kati, tebaalutandikira mu kibiina ekimu ekyagunjibwa. Tebaalutandikira ku nneewulira emu ey'okukaniikirira obukaniikirizi. Ekifo ekyo tekyatandikira eyo. N'olw'ekyo, ekibiina ekyo ekyagunjibwa tekisobola, yadde akatono kukola mulimu gwa Katonda, kubanga eddwaaniro, w'olina okusisinkana n'omulabe wo, liri mu birowoozo. Olina okwekolera okusalawo. Kikukweŋŋanga.

69 Njagala omuwala ono omuto wano, omulwadde ennyo, akakase nga kino akiwulira, bulungi nnyo ddala.

70 Okusalawo kukolebwa mu birowoozo, mu mutwe. Omwo Ssetaani mw'akulumbaganira, era okukola okusalawo we kuba, kubanga Katonda omuntu yamukola bw'atyo.

71 Kati, nnina (ssinga mubadde musobola okulaba ku bye nnawandiise wano) akafaananyi ke nnakuba. Nnakalinako wano gye buvuddeko, ku. . .nnakakozesaako nga kali ku lubaawo. Omuntu yakolebwa nga bw'olaba empeke y'eŋŋaano. Eba nsigo. N'omuntu nsigo. Ekitundu kyo eky'omubiri, oli nsigo ya kitaawo ne nnyoko; obulamu bwava mu kitaawo, eggi ne liva mu nnyoko. N'olw'ekyo, ebibiri, byegatta wamu, eggi n'o—n'omusaayi, bisisinkana. Era mu katofaali k'omusaayi mwe muba obulamu. Era munda omwo mwe mutandikirwa, enkyukakyuka ez'enjawulo, ezivaamu o—omwana. Kati, buli nsigo yonna ebaako n'akakuta ku ngulu; munda mwe muba empeke; ate mu mpeke munda mwe muba akatofaali k'obulamu. Kale, naffe bwetutyo bwe twakolebwa. Tuli omubiri, emmeeme, n'omwoyo. Ku ngulu, gwe mubiri, akakuta; munda waagwo, we wali okulumirizibwa n'ebirala, nga ye mmeeme; ate mu mmeeme

munda, mwe muli omwoyo. Era omwoyo gwe gufuga biri ebirala byonna.

72 Kati, bw'onaddayo tuula, okube ekifaananyi nga kirimu enkulungo ssatu entonotono. Ojja kukizuula nti omubiri ogw'okungulu gulina obusimu butaano bwe gukozesa, era obwo kwe kulaba, okulega, okukwatako, okuwunyiriza, n'okuwulira. Obwo bwe busimu obutaano obufuga omubiri gw'omuntu.

73 Munda mu mubiri mulimu emmeeme, era nga emmeeme eyo efugibwa ebirowoozo, okulumirizibwa, okujjukira, okukubaganya ebirowoozo, n'okulumirirwa. Ebyo bye bintu ebifuga emmeeme.

74 Naye, ate gwo omwoyo, gulina akasimu kamu kokka. Omwoyo. . . Ha, leka tukalabe. Omwoyo gulina akasimu kamu kokka, era akasimu ako kali nti, ekimu ku bino kye kikafuga, okukkiriza oba okubuusabuusa. Ky'ekyo kyennyini. Era waliwo omukutu gumu gwokka ogukatuukako, ly'eddembe ly'okwesalirawo. Oyinza okutwala okubuusabuusa oba n'otwala okukkiriza, ekimu ku byo ky'oba oyagala okukolerako. N'olw'ekyo, Ssetaani atandikira ku kitundu eky'enkizo ddala, okusobola okuleetera omwoyo gw'omuntu okubuusabuusa Ekigambo kya Katonda. Katonda naye ku kitundu eky'enkizo ddala kw'atandikira, nga ateeka Ekigambo Kye mu mwoyo ogwo. Kiikyo awo. Ekyo kye kikikola.

75 Ssinga ekkanisa eno, mu kaseera kano kennyini ekwataganyizibwa wamu, n'ekwataganyizibwa wamu yonna ne kiba nti buli muntu ali bumu ne munne mu mwoyo omu, awatali kubuusabuusa mu nsonga yonna, tewandibaddewo muntu yenna munafu mu ffe, mu ddakiika ettaano eziddako. Tewandibaddemu muntu yenna ayaayaanira Mwoyo Omutukuvu n'atamufuna, ssinga ekintu ekyo muba musobola okukikola. Kati, awo olutalo we lutandikira, mu birowoozo byo mwennyini, bw'oba n'okwagala okubaako ky'okola.

76 Kati jjukira, si bya njigiriza ya Ssayansi wa Kikristayo, kati, okukozesa endowooza yo okuwangula ebizibu. Ekyo teki. . . Ebirowoozo byaniriza Obulamu, nga ky'Ekigambo kya Katonda, era ekyo ne kireeta Obulamu. Ebirowoozo byo byokka ku bwabyo si bye bikikola. Wabula, Ekigambo kya Katonda, nga kireeteddwa mu mukutu gw'ebirowoozo byo. Mukiraba? Si birowoozo bulowoozo, nga aba Ssayansi w'Ekikristayo bwe bagamba, nti okozesa ndowooza yo okuwangula ebizibu. Nedda. Si ky'ekyo.

77 Naye, ebirowoozo byo bikikkiriza Ekyo. Bikikkiriza Ekyo. Ebirowoozo byo bifugibwa ki? Mwoyo gwo. Kale omwoyo gwo gukwata Ekigambo kya Katonda, era ekyo kye kintu ekirimu Obulamu mu Kyo. Kikuleetamu Obulamu. O, ow'oluganda! Ekyo bwe kibaawo, Obulamu ne buyita mu mukutu ogwo, ne bukuyingiramu, Ekigambo kya Katonda kirabisibwa mu ggwe.

"Bwe mubeera mu Nze, n'Ebigambo Byange ne bibeera mu mmwe, awo musabe kyonna kye mwagala kinaabakolerwa."

78 Kati olwo ekyo ne kikola kiki? Okuviira ddala mu mutima wakati, nga ye mmeeme, wavaayo, okuliisibwa okwa buli mukutu. Omutawaana oguliwo guli nti, tuyimiridde munda *wano* n'okubuusabuusa okutagambika, nga tugezaako okukkiriza ekiri ebweru *wali*. Ekyo olina okukikomya; n'okkirira mu mukutu ogwo n'Ekigambo kya Katonda eky'amazima, awo kwo kujja kuvaamu, kwokka, ku bwakwo. Ekyo ekiri munda kye kikulu. Ekyo kye kikulu, ekiri munda.

Ssetaani asinziira munda okukola.

79 Kati, oyinza okugamba nti, "Nze ssibba. Ssinywa mwenge. Bino nze ssibikola." Ekyo tekirina kakwate nakyo.

80 Okiraba, ekikulu kye kiri munda. Ne bw'oba muntumulamu otya, nga oli wa mpisa okwenkana wa, nga oli wa mazima okwenkana wa, ebyo bissibwamu ekitiibwa. Naye Yesu yagamba nti, "Okuggyako nga omuntu azaaliddwa omulundi ogw'okubiri." Okiraba? Waliwo ekiteekwa okubaawo munda. Bw'otakifuna, ekyo obeera olaga kungulu ky'otali munda, kubanga munda mu mutima gwo era obeera n'okuyaayaana okw'okukikola. Tekirina kuba kikolerere bukolerezi. Kirina kuba kya nnamaddala.

81 Era waliwo omukutu gumu gwokka ekyo mwe kisobola okuyita okukka wansi, era nga ogwo ly'eddembe ly'okwesalirawo, ne kijja mu mmeeme yo, okuyita mu birowoozo byo. "Omuntu bw'alowooza mu mutima gwe, bw'atyo bw'ali." "Bw'ogamba olusozi luno nti, 'Sigulibwa,' n'otabuusabuusa mu mutima gwo, wabula n'okkiriza nti ky'oyogedde kigenda kutuukirira, ky'oyogedde osobola okukifuna." Mukitegeera? Kiikyo. Okiraba? Eryo lye ddwaaniro. Ssinga omala n'otandika n'ekyo, okusooka.

82 Twagala nnyo okulaba nga ebintu bikolebwa. Twagala nnyo okubaako ne kye tukolera Katonda. Mukazi wattu ono bambi ta. . .ayaayaana, awatali kubuusabuusa, ayaayaanira okubeera omulamu. Ayagala awonyezebwe. N'abalala bali wano, baagala bawonyezebwe. Era bwe tuwulira ku nsonga nga eyo, nga ey'omusawo, ey'okuzuukira kw'omufu, n'ebintu eby'ekitalo Katonda waffe by'akoze, olwo ne tuwulira muli okuyaayaana. Naye ensonga eri nti, tugezaako okukunuukiriza nga tukozesa obusimu buno, tubeeko kye tukwata wano, okugeza nga okulumirizibwa.

83 Abantu bangi, emirundi mingi, bavvuunudde bubi Ekigambo. Era ntegeereddwa bubi ku kino, eky'okuyita abantu okujja mu maaso okwatula obulokozi. Nnagenda ne ŋŋamba nti, "Eby'okuyita abantu okujja okulokoka ssibigenderako nnyo," nga ssitegeeza nti tolina kuyita bantu kujja kulokoka.

84 Naye omuntu agenda n'akwata munne ku mukono, n'agamba nti, "Ha, Ow'oluganda John, nkubuulire? Nze naawe tubadde baliraanwa okumala ekiseera kino kyonna. Jangu wano ku wolutaali, ofukamire wansi." Ekyo aba akola ki? Ssinga wano mbaddewo n'olubaawo, nnandibalaze ky'aba akola. Abeera agezaako okukoma ku mmeeme ye, nga akozesa okulumirirwa. Ekyo tekikola. Ogwo si gwe mukutu. Mazima ddala, si gwe ggwo.

85 Oba oli awo ayinza okukolera mu (kiki?) kujjukira, okuyita mu kasimu k'emmeeme ye. "O, Ow'oluganda John, maama wo yali mulungi nnyo. Yafa dda nnyo." Okujjukira! Olaba? Tosobola kukikola.

86 Kirina kujja kuyita mu mukutu ogw'okwesalirawo. Ggwe, kennyini, nga ggwe aleka Ekigambo kya Katonda. . . Tojja lwa kuba maama wo yali mukazi mulungi. Tojja lwa kuba oli muliraanwa mulungi. Ojja kubanga Katonda akuyise ojje, era n'omukkiriza okusinziira ku Kigambo Kye. Ekigambo ekyo kye kitegeeza byonna. Ekigambo ekyo! Singa oggyawo buli kintu kyonna mu kkubo, okulumirizibwa kwonna, obusimu bwonna, n'oleka bulesi Ekigambo ne kiyingira, Ekigambo ekyo kijja kuvaamu ddala ebyo byennyini.

87 Wano, olaba ebikibisseeko Ekyo? Oyinza okuŋŋamba nti, "Naye, kati," n'ogamba nti, "naye, bino, eby'okulumirizibwa n'obusimu, n'ebirala, nga tebirina we bikikwatirako, Ow'oluganda Branham?" Ddala, birina. Naye ate bw'oleka Ekigambo ne kiyingira, ate n'okibikka n'okulumirizibwa, ate olwo Kiba tekisobola kukula; kijja kuba kigambo ekigongobadde.

88 Mwali mulabye ku mpeke ya kasooli ennungi nga esimbiddwa mu ttaka, naye ne wabaawo akati ne kagigwako? Ejja kukula nga yeeweseewese. N'omuzabbibu gwonna, n'ekintu kyonna ekikula, bwe kityo bwe kijja okuba, kubanga wabaawo ekiba kikiziyiza.

89 Kale nno, ogwo gwe mutawaana Okukkiriza kwaffe okw'ekipentekoote gwe kulina ensangi zino. Tuganyizza ebintu bingi okukuziyiza, Okukkiriza kwe twayigirizibwa, Omwoyo Omutukuva abaddenga abeera mu ffe. Tuwadde ebintu bingi nnyo omwagaanya, nga tutunuulira abalala.

90 Era lubeerera Ssetaani agezaako okubaako okulemererwa kw'omuntu omu kw'akusongerako, wabula nga eno bw'agezaako okukuggya ku bujulizi bwennyini obwa nnamaddala. Ajja kubaako munnanfuusi gw'akulaga, oyo olumu, eyali abaddeko ne ky'ageegeenya. Teyakikola, kubanga yali ageegeenya bugeegeenya. Naye bwe kiba kiva mu nsibuko entuufu ey'Ekigambo kya Katonda, "Eggulu n'ensi biriggwaawo, naye Ekigambo Kyange tekisobola kuggwaawo," Kiteekwa okusigalawo.

Okiraba, mwannyinaffe?

91 Kiteekwa okukkirizibwa mu birowoozo, oluvannyuma ne kikkirizibwa n'omutima. Olwo Ekigambo kya Katonda ne kiryoka kifuuka ekya nnamaddala, olwo obusimu bwonna obw'emmeeme n'obw'omubiri ne bulyoka bulongoosebwa n'Omwoyo Omutukuvu. Olwo akasimu k'owuliza Katonda, okulumirizibwa kwo eri Katonda, na buli kimu kyonna eky'Obwakatonda, ne biryoka bikulukuta nga biyita mu ggwe. Waba tewakyaliwo kubuusabuusa kwonna. Tewabaawo ate kisobola kugolokoka.

92 Waba tewakyaliwo kisobola kuvaayo mu kujjukira kwo, ne kigamba mbu, "Naye, nzijukira nga Mukyala Jones yagezaako okwesiga Katonda, ne Mukyala *Gundi*. Lumu, Mukyala Doe yagezaako okwesiga Katonda okuwonyezebwa, naye ne bigaana." Okiraba?

93 Naye omukutu ogwo bwe guba gwalongoosebwa ne gugogolwa, munda mu gwo ne muba nga mujjuziddwaamu Omwoyo Omutukuvu, ebyo tebisobola na kujja mu kujjukira kwo, ebikwata ku Mukyala Jones ne bye yakola. Obeera ggwe ne Katonda, nga muli wamu, nga tewali muntu mulala yenna wabula babiri mwekka. Kiikyo awo. Olwo lwe lutalo lwo. Muttirewo ku ntandikwa. Muttirewo awo wennyini nga akyasimbula. Ekikulu si lye bbanga ly'omala nga olwana olutalo. Ekikulu, luyimiririzeewo kati!

94 Bw'oba ogenda kujja, ate osigale nga okyajjukira ebirowoozo ebyo ebyayita n'okulumirizibwa, na buli kimu, nga okyabirowoozaako mbu, "Naye, nnandiremwa. Kyandiba nga si kituufu." Ekyo togeza okukikola, yadde.

95 Ggwe byonna bisuule busuuzi eri, omukutu oguzibukule, ogambe nti, "Ayi Katonda, Ekigambo Kyo kya mazima emirembe Egitaggwaawo, era kyange. Ekkanisa yonna ne bw'eremererwa, oba ensi yonna n'eremwa, naye nze sijja kulemererwa, kubanga nzikiriza Ekigambo Kyo." Olwo lwe lutalo. Eyo ye nsonga.

96 Katonda Ayinza byonna nsonga kiki ekyandimuggyisizzaawo kookolo okuva ku bbeere ly'omukazi, ne watasigalawo yadde enkovu, ate n'aleka omwana ali ku ndiri n'afa? Nedda, ssebo.

97 Waliwo omuwala eyajja wano, gye buvuddeko, nga ava mu ssomero lya ssiniya. Maama we yankubira essimu, n'aŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham, muwala wange alina endwadde ya Hodgkin." Ekyo kye kika kya kookolo, abeera mu ngeri y'ebizimba. Abasawo baatwala n'akatundu akaali kakutuse ku mumiro gwe, ne bakaweereza, okukakebera nga ddala ye ndwadde ya Hodgkin.

98 Kati omusawo n'agamba nti, "Akanaddako okukutuka, kandikutuka ku mutima gwe. Era ssinga kakutuka, ajja kuba awedde." N'agamba nti, "Taweza . . . Ku ngeri gye bugenda

bukutukamu, bw'aba ow'okuwangaala, asigazizzaayo, emyezi nga esatu gyokka, nga mulamu."

99 Nnyina w'omwana n'agamba nti, "Kati nkole ki? Mmusindike addeyo ku ssomero?"

100 Oli n'amuddamu nti, "Muleke addeyo, kubanga era oba oli awo ajja kufa kibwatukira." N'agenda mu maaso n'agamba nti, "Mala gamuleka addeyo anyumirwe obulamu obwa bulijjo, nga akyasobola. Bino tobimugamba yadde."

Kati omukyala n'aŋŋamba nti, "Kati nkole ki?"

101 Ne mmugamba nti, "Muleete wano omuteeke mu lunyiriri lw'ab'okusabirwa." Ne ŋŋamba nti, "Jangu naye." Waliwo enneewulira ey'enjawulo gye nnawulira.

102 Akawala bwe kajja, ku makya okwo, nga emimwa gyako gisiigiddwa langi nga eya bbululu, olw'okwewunda, nga ku ssomero bwe bakola. Ka—ka bambi ne kajja. Nnali ssimanyi bw'anaafaanana; yalina kunkubira ssimu. Ne mmukwata omukono. Ne ŋŋamba nti, "Wasuze otya, mwannyinaze." Nga ye wuuyo. Nga ye ye. Mu kaseera katono, ne ndaba nnyina waako okwetegereza nga bombi tebalina Katonda, tebalina Kristo. Ne ŋŋamba nti, "Muyinza mutya okusuubira okuwonyezebwa mu mbeera bw'eti? Munakkiriza Yesu Kristo abeere Omulokozi wammwe?" Ne ŋŋamba nti, "Munajja ku kidiba kino wano ne mubatizibwa mu Linnya lya Yesu Kristo olw'okuggyibwako ebibi byammwe?"

Ne baddamu nti, "Ekyo tujja kukikola."

103 O, mumanyi ebyaddirira. Omukazi oyo ayinza n'okuba nga atudde wano enkya ya leero. Bangi ku mmwe ensonga eno mugimanyiiko. Ow'oluganda Mike Egan, omu ku bayima ba wano, yabiraba nga bigenda mu maaso. Kati wayiseewo emyaka nga ena oba etaano. Akawala baakazzaayo ew'omusawo, naye tewaali yadde akabonero k'endwadde ya Hodgkin eyakasangibwamu.

104 Obuzibu bwali wa? Walina okusooka, okuzibukula omukutu. Olina okufuna Omujaasi, Omwoyo Omutukuvu, ateekebwe awo ku mwanjo olutalo we lulwaanirwa, oyo atwala Ekigambo kya Katonda. Ye kye Kigambo. Era bw'Ayimirira awo, tewali kintu kyonna kiba kigenda kumuziyiza. Tewali kintu kyonna kisobola. . . Buli gumu ku mikutu giri emirala guba guzibukuddwa. Kiringa ekyuma ekifumba amazzi ekikaddiye nga omudumu ogufulumya omukka waggulu gwazibikira; ssinga ogezaako n'okikumamu omuliro, ekintu kyo kiba kijja kwabika. Ogwo gwe mutawaana Abakristaayo bangi abaabise gwe balina, guli nti tebalongoosa mikutu kugizibukula, tebatuukira ddala eri munda. Obeera olina okubirongoosa, okulumirizibwa kwo, by'ojjukira, ebirowoozo byo, buli kimu n'okiteeka ku bbali, okuviira ddala muli munda nga bw'odda ku ngulu, nga okozesa

Ekigambo kya Katonda ekyo ekitajunguluddwa, okuba nti Kyo ge Mazima.

105 Si nsonga omutwalo omulamba ne bwe bafa ku ludda *luno*, olwa leero, nga beesiga; omutwalo ne bafa ku ludda *luli*, enkya, nga beesiga; ekyo nze tekirina we kinkwatirako. Nze ndi ku lwange. Nze akkiriza. Nze nkikkiriza. Era tulaba emabega eri yonna, ssinga tuba twagadde okuzibukula emikutu gyaffe, bwe tuba tusobola okutunula, ne tulaba. Tukizuula nti *ono* n'*oli*, wamu n'*ono* n'*oli*, nkumi na nkumi, nga bakijulirako.

106 Naye era ssetaani ajja kugezaako okukomawo. Alabe, oba waliwo engeri yonna, gy'asobola okuyingira, era awo eggye lyo lyonna aba alyebulunguludde.

107 Obusimu bwo bwe buba bukola, okulaba, okulegako, okukwata, okuwunyiriza, n'okuwulira, bwonna bulungi, naye tobwesigamako okuggyako nga bukkiriziganya n'Ekigambo. Bulungi ddala, naye, bwe buba tebukkiriziganya na Kigambo, tobuwuliriza. Kaakati, okufumiitiriza, okulumirizibwa, okujjukira, okukubaganya ebirowoozo, n'okulumirirwa, byonna birungi kasita biba nga bikkiriziganya n'Ekigambo. Naye okulumirirwa kwo bwe kuba tekukkiriziganya na Kigambo, kwegobeeko. Akatuli ka waggulu akafulumya omukka oyinza okukaabya, mu kaseera katono ddala. Okiraba? Ebirowoozo byo bwe bitakkiriziganya na Kigambo, byekutuleko. Bwe kiri. Yingini . . . Okujjukira kwo, okufumiitiriza kwo, okulumirizibwa kwo, oba ekintu kyonna, bwe kitakkiriziganya n'Ekyo ekiri munda, kyegobeeko.

108 Olwo obeera olina ki? Obeera olina nsengeka y'ebyo ebyaka mu bwengula. Aleeruuya! Yali, Katonda ye yasengeka emmunyeenye n'agamba nti, "Mubeere awo okutuusa nga mbayise!" Zisigala awo. Tewali kigenda kuzisagaasaganya. Ssinga Katonda asobola okunyweza omuntu mu ngalo Ze, okutuusa obusimu bwonna, okulumirizibwa, na buli kimu kyonna lw'abimulongoosaamu, okutuusa lw'asigala nga Katonda gw'ayimiridde naye emabega we, mu mwoyo, waba tewaliiwo muzimu gwonna mu nsi gusobola kumusonsekamu kirowoozo kya kubuusabuusa. Bwe kiri.

Ssinga ajja n'akugamba nti, "Naye towulirawo njawulo yadde."

109 Okulumirizibwa kwo eri ekyo, n'okugenda kuba kwagenda dda. Omudumu guba mutangaavu bulungi, nga guleekaana buleekaanyi nti, "Aleeruuya!" Awafulumira omukka wafuuwa oluwa nti, "Ekitiibwa kibe eri Katonda!" Nga watangalijja, wonna wonna, nga walongoofu era nga watangaavu bulungi ddala, okusobozesa Ekigambo kya Katonda okukukoleramu, Amaanyi ga Katonda. Okiraba? Ekyo kye kintu ekikulu.

110 Eryo lye ddwaaniro lyo. Eddwaaniro lyo liri wano awatandikirwa, wano mu mmeeme, wano mu birowoozo

byo ebiggulira. E—ebirowoozo gwe mulyango oguyingira mu mmeeme, manya, gwe mulyango oguyingira mu mwoyo. Ebirowoozo byo bwe byeggula bye biggulira omwoyo, oba ne biziyiza omwoyo. Oyinza okubaako n'okulumirizibwa okutonotono, n'enneewulira ey'engeri emu oba endala, n'okukyamuukiriramu, n'ebintu bino byonna. Ebyo tebirina we bikikwatirako yadde. Okwo kuba kukyamuukirira bukyamuukirizi n'ebyo ebirala. Naye bwe kituuka ku kya nnamaddala, endowooza yo yeggula. Endowooza yo ekikkiriza oba n'ekigaana. Ky'ekyo, ab'emikwano.

Ayi Katonda, nsaba waleme kubaawo n'omu akisubwa.

111 Mukiraba, endowooza yo y'eggulawo oluggi; oba n'eggalawo oluggi, n'ewuliriza okulumirizibwa kwo, n'ewuliriza okujjukira kwo, n'ewuliriza okulumirirwa kwo. Naye endowooza yo bw'eggalira ebintu bino, n'ereka Katonda, n'ewa omwagaanya Omwoyo w'Ekigambo Kye, n'ayingira, Afuuwamu ebirala byonna ne bifuluma. Buli kubuusabuusa kwonna kuggwaawo. Buli kutya kwonna kuggwaawo. Buli nneewulira yonna ey'okubuusabuusa eggwaawo. Buli nneewulira yonna eggwaawo. Waba tewakyaliwo kiyimiriddewo okuggyako Ekigambo kya Katonda, ate Ekyo Ssetaani tasobola kukirwanyisa n'akisobola. Nedda, ssebo. Tasobola kukirwanyisa Ekyo. Kaakati, ekyo tukimanyi nti kituufu.

112 Entalo zino zibadde ziyinda okuviira ddala mu biseera by'omu lusuku Adeni, olutalo lw'omu birowoozo by'omuntu. Ssetaani ye yalutandika. Kiki kye yakola bwe yasisinkana Kaawa? Ekigambo kya Katonda teyakyegaana, wabula yakisiigako ka langi akeeru ne kiba nga tekikyalabika bulungi nga bwe kiri. Waliwo obukutu obutonotono bwe yazibikira wano. Yagamba nti, "Naye ddala Katonda . . . " Olubereberye 3:1. Okiraba? "Ddala, Katonda, ebintu bino byonna bye Ya—Ya—Yasuubiza . . . " Yali akimanyi bulungi nti Ekigambo kyali kituufu. Naye yakimanya nti tasobola kumala gajja butereevu n'Akyeŋŋanga, n'amala gakirumbagana atyo, wabula kye yakola ya—ya—yakisiigako akabubi akawoomerevu.

113 Nga maama bwe yatukolanga okutuwa eddagala, yaddiranga emicungwa emikamule n'agiteeka mu butto w'ensogasoga. Bannange, nga waakiri onywa butto w'ensogasoga yekka ataliimu micungwa mikamule! Ekintu kyonna eky'okubuzaabuza! Okiraba? Ya . . . Twabanga tulina okuzuukuka ekiro, nga atuwa butto ava mu manda g'omubirombe by'amafuta, okujjanjaba ekifuba ekikolokoota. Nga addira butto ava mu manda g'omubirombe by'amafuta, n'amussaako ssukaali; okugezaako okubuzaabuza. Naye nga kyenkana, abula kukwokya mimiro kugimalawo, nga biweddewo, nga ssukaali amaze okuggwerera.

114 Kale nno, bwe kityo bwe kiri, mukwano gwange. Ssetaani agezaako o—okubaako engeri gy'akibuzaabuzaamu. Agezaako okukulaga ekintu ekisingako, engeri ennyanguko, entegeka esingako okuba ey'amakulu. Naye tewali ntegeka ya makulu kusinga eyo Katonda gye yateekawo ku lubereberye, Ekigambo Kye. Nyweza Ekigambo ekyo. Kikwate okinyweze. Leka Nakyo kikukwate kikunyweze. Kinywerereko. Ekyo—ekyo kye kikulu.

115 Olutalo lwatandikirawo okuyinda kasita Kaawa yaggulawo endowooza ye, okuwuliriza okukubaganya ebirowoozo munda mu ye. Ogwo gwe mudumu mwe lwayita okuyingira. Ogwo gwe—gwe mukutu mwe lwayitira okuyingira munda, bwe yakubaganya ebirowoozo. Ye, mu mmeeme ye, yakubaganya ebirowoozo.

116 Amaaso ge gaali galaba bulungi. Era omusota yagulaba. Nga mulungi, gulabika bulungi nnyo ddala, nga ne bba gumusingira wala. Gwe gwali gusingayo obukalabakalaba mu nsolo zonna ez'oku ttale, era oba oli awo gwali kitonde kisajja ekirabika obulungi n'okusinga bba. Gwali gulabika nga ekitonde ekisajja eky'ekiwago ekiyimiridde awo. Nga gwali gwewuunyisa! Era gwali gugezaako okumunnyonnyola nga bwe kiri ekintu eky'amaanyi.

117 Era omukazi kye yasooka okukola, yaggulawo endowooza ye. Era olwakikola ati, okukubaganya ebirowoozo okw'obuntu ne kukibaka. "Ddala, ekyo tekiibe kiyitirivu?"

118 Ekyo ky'akola eri omukazi ne leero. Omukazi alina bba amwagala ennyo weewaawo atali wa kiwago, agenda n'asisinkana omusajja ow'amaanyi, omuwagguufu, ow'ekiwago. Omusajja n'agezaako okuggula okukubaganya ebirowoozo. Jjukira, oyo Ssetaani. Oyo ye mulyolyomi. Oba, ku ludda luli, nga omusajja y'asisinkanye omukazi, oba omukazi nga y'asisinkanye omusajja, ku njuyi zombi. Kiki ky'akola? Atandika okukolera mu maanyi ago ag'okukubaganya ebirowoozo, mu kulumirizibwa okwo oba mu kintu ekirala, n'atandika okusensera.

119 Naye Ekigambo kya Katonda ky'oba owa ekifo ekisooka. Omuntu tasobola na kutuuka kw'o . . . Tasobola kwonoona . . . Aleeruuya! Kiikino wano. Kino kinzijidde, bujjizi kati. Omuntu tasobola kwonoona okuggyako nga asoose kusuula bbali Kigambo kya Katonda. Tasobola *kwonoona* yadde, nga ekyo bwe "butakkiriza," okuggyako nga asoose n'asambajja Kigambo kya Katonda, Okubeerawo kwa Katonda, aba tasobola kwonoona.

120 Kaawa yali tayinza kwonoona okutuusa lwe yassa ku bbali Ekigambo kya Katonda, nga aggulawo omukutu gwe ogw'okukubaganya ebirowoozo okuyita mu mmeeme ye, n'atandika okukubaganya ebirowoozo. "Wamma, ddala kituufu. Baze ebintu bino tabiŋŋambangako yadde, naye nzikiriza nti ggwe oli . . . Yaŋŋamba bugambi nti kino ssiteekwa

kukikola, naye, omanyi, ate ggwe okirambuludde bulungi ne kitegeerekeka. Nzi—nzikiriza kijja kuba kiyitirivu obulungi, kubanga ggwe okinnambululidde bulungi nnyo." Mukiraba, olwo lwe lutalo olwasooka. Era okuyita mu lutalo olwo, luvuddeko entalo endala zonna. Na buli kuyiwa musaayi kwonna okwali kubaddewo, kwasibukira ddala awo wennyini mu Adeni. Omukazi bw'atakkiriza Kigambo kya Katonda.

121 Kati bwe kiba nti akatonnyeze kamu kokka ak'Ekigambo kya Katonda bwe katakkirizibwa, kyaleeta omutawaana guno gwonna, olwo tuliddayo tutya, nga Ekigambo tetukikkiriza? Tosobola kukikola. Olina okuggalira ebirala bino byonna, okulumirizibwa, okujjukira, n'ogamba . . . okukubaganya ebirowoozo, n'ebirala bino byonna. "Nga osuula wansi okukubaganya ebirowoozo." Tetukikubaganyaako birowoozo, wadde, wadde n'akatono.

122 Ekigambo tukikkiriza bukkiriza kusinziira ku kuba nti, "Katonda bw'atyo bwe yayogera," era ekyo ne kiteekawo omukutu wakati wo ne Katonda. Olwo, buli mukutu gwonna ne guggulwaawo wakati wo ne Katonda.

123 Olwo lwe lutalo, eddwaaniro liri lyennyini, eryasooka. Leka tuleme kukozesa mmundu ey'ekika kya .22; naye tufune bbo—bbomu eri nnamuzisa. Omulimu tugukolere ddala bulungi. Leka tufune bbomu ya Katonda eri nnamuzisa. "Y'eriwa eyo, Ow'oluganda Branham?" K-u-k-k-i-r-i-z-a mu Kigambo Kye. Eyo ye bbomu ya Katonda eri nnamuzisa. Esesebbula endwadde n'emizimu, ku kkono ne ku ddyo. N'e—n'ebisaanyizaawo ddala. Eyawulayawula . . . Ha, e . . . Yo ezikiriza buzikiriza. Esesebbula buli kimu kyonna ekitali kya bwakatonda. Bbomu eyo ey'okukkiriza bw'emala okugwaayo, nga egobererwa Ekigambo kya Katonda, ekuba buli muzimu gwonna, na buli bulwadde, na buli ndwadde.

124 Oyinza okubuuza nti, "Ddala ekyo bwe kiri, Ow'oluganda Branham? Kati ate lwaki, ku bamu ekikola, ate ku balala n'etakikola?"

125 Ensonga eva ku mukutu. Osobola okwetegereza n'okiraba. Naye olina kuba nayo munda *wano*, nga etunudde ludda *eno*. So si kuba nayo ku ngulu *eno*, nga etunudde munda; olina kuba munda, nga otunudde bweru. Okiraba? Toyinza kuyita mu kukubaganya birowoozo. Toyinza kuyita mu bintu bino ebirala byonna. Olina kuyita butereevu mu mukutu gwa Katonda gwe yagikolera, okutuukira ddala mu mmeeme. Era okikola otya? Mukutu ki ogusembayo?

126 Gujja kukikubaganya . . . mpaka. Ojja kugamba nti, busimu, "Ha, muli nki—nkiwulira. Weewaawo, kiikyo. Uh-huh. Ha, nso—nsobola n'okukiwunyiriza, n'ebirala byonna. Ebintu bino ddala weebiri. Weewaawo." Ekiddako, otandike okukubaganya ebirowoozo mbu, "Naye, kirabika asaanye abeere

nga by'ayogerako abimanyi. Kubanga omusawo yagambye nti ssiyinza kuwona. Ekyo bwe kirina okuba." Okiraba, awo wennyini mu ekyo obeera—obeera mukyamu. Oyo abeera ssetaani nga y'ayimiridde awo. Oyo abeera ssetaani nga y'akusonsekamu ebintu bino. Tobikkiriza.

127 "Aleeruuya! Ekigambo kya Katonda kigamba nti njagala . . . 'Okusinga byonna, njagala mubeere n'obulamu obw'omubiri obweyagaza.' Bwe kiri." Oyinza otya okubeera omujaasi yennyini ebweru eyo? Okiraba, "'Njagala mubeere n'obulamu obw'omubiri obweyagaza.'"

128 Giigyo, awo wennyini, emikutu egyo. Ggwe gizibukule, buzibukuzi. Tomala gagibuusa maaso.

129 Kubanga ssinga Ssetaani amala n'ayingirira omwo, n'ayingira nga akozesa okulumirizibwa n'ebirala bino byonna, abeera asobola okutuuka munda eno ku ntobo y'emmeeme, mu birowoozo. Kati, ssinga akufuna bufunyi . . . Tosobola—tosobola kubaako n'ekimu ku byo ky'otunuulira okuggyako nga osoose n'omukkiriza n'ayingira munda *wano*. Olina okumukkiriza n'ayingira. Kati bw'amala okuyingira, olwo n'aba nga y'afuga. Kati awo kiki ky'akola? Atandika okukozesa okulumirizibwa. N'atandika okukozesa *guno*, n'atandika okukozesa omukutu *guno* ogufulumya. Kye kiki kyennyini? Okulaba, okulega, okukwatako, okuwunyiriza, okuwulira; okufumiitiriza, okulumirizibwa, okujjukira, okukubaganya ebirowoozo, okulumirirwa. Atandika okukozesa emikutu egyo gyonna egy'enjawulo, kasita ayingirira waggulu mu *guno* wano. Okusookera ddala, alina kujja mu birowoozo byo, era ggwe alina okukikkiriza. Kiyinza . . . Wuliriza. Kisobola okukutomera, wabula tekiyinza kukuyingiramu okutuusa nga okikkirizza.

130 Ssetaani bwe yagenda eri Kaawa, n'agamba nti, "Okimanyi nti, ekibala kisanyusa," yasooka n'ayimiriramukko katono. Ha, awo we yakolera ensobi, bwe yasooka n'ayimiriramukko katono.

131 Tobaako kikuyimiriza kyonna. Obubaka obulina. Yesu mulamu. Katonda ye Muwonya. Obwo bwe Bubaka. Tobaako kikuyimiriza kyonna, yadde okukubaganya ebirowoozo, yadde kiki kyonna.

132 Naye yayimiriramukko katono. Awo Ssetaani we yamuyingirira mu ndowooza ye. N'agamba nti, "Naye, kiwulikika nga eky'amagezi." O, ekyo tokikola. Twala butwazi ekyo Katonda kye yayogera.

133 Ibulayimu, watya ssinga yayimiriramukko okukubaganya ebirowoozo, bwe Yamugamba nti alizaala omwana mu Saala, eyali ow'emyaka nkaaga mu etaano nga ye bba wa nsanvu mu etaano? Naye ne bwe yaweza emyaka kikumi, nga omukazi ye alina—alina kyenda, ya, era, ya—ya—yasigala akyayatula nti Ekigambo kya Katonda kituufu. Era n'ayita ebintu ebyo,

ebitaaliwo, nga ebiriwo. Okiraba? Ya. . . Ka libeere essuubi, waaliwo essuubi lyonna? N'essuubi teyalikozesa.

134 "Kati," ggwe ogenda n'ogamba nti, "Nsuubira nja kuba bulungi. Nsuubira nja kutereera. Nsuubira nnaafuna Omwoyo Omutukuvu. Nsuubira ndi Mukristaayo. Nsuubira *kino* nnaakikola." Ekyo si kye weetaaga.

135 Ibulayimu ekyo n'okukitunuulira teyakitunuulira. Amiina. "N'awatali ssuubi, yasigala akkiriza Ekigambo kya Katonda." Okukkiriza kusukkuluma ku ssuubi. Okukkiriza kusibuka ludda *wano*, munda. Okukkiriza kusibuka *wano*.

136 Ayingira atya? Ayingira kuyita mu birowoozo bino, mu—mu luggi luno, awo wennyini mu ddwaaniro.

137 Kati, bw'otegeka obulungi olutalo! Kati, ssetaani atudde okuliraana buli mutima, enkya ya leero. Atudde, okuliraana omutima gw'omuwala ono. Atudde awo kumpi n'emitima gyammwe. Atudde awo okwetooloola awo wonna. Ali awo agamba mbu, "Ha, ggwe nnali nkulabye nga ogezaako. Ebyo nnali mbiwuliddeko."

138 Mugobe afulume. Ky'ekyo kyokka. Mugobe afulume. Bayibuli yagambye ki wano, mu kitundu kyaffe kye twasomye? "Kumugobera bweru." Bwe kiri. "Kumugobera bweru." Twatendekebwa.

139 Ŋŋenda ne ndowooza nti oba, "Kikyamu ki ekiri ku ffe ababuulizi?" Nneewuunya kutendekebwa kwa ngeri ki kwe twafuna.

140 Katonda ali mu kutendeka okwetegekera olutalo luno olw'amaanyi. Matayo 24 wagambye, wamu ne Danyeri 12, wagamba nti, "Walibaawo ekiseera eky'omutawaana, ekitabangawo ku nsi." Era ekyo ky'ekiseera kye tulimu, nga obuwangwa, n'obuyivu, n'ebirala, bibuutikidde Ekigambo kya Katonda, ne bireetawo okukubaganya ebirowoozo n'ebirala. Olutalo luyinda kati. Ani anaayimirira? Aleeruuya! Olutalo lubindabinda. Luwedde okutegekebwa. Lengera okuziyizibwa okw'amaanyi kwe twolekedde.

141 Ani anaaba nga Dawudi? Eyagamba nti, "Muyinza mutya okuyimirira ne muleka Omufirisuuti oyo atali mukomole okunyomoola eggye lya Katonda omulamu? Nja kugenda mmulwanyise." Amiina. Katonda enkya ya leero ayagala abasajja n'abakazi abasobola okusituka ne bagamba nti, "Nja kukkiriza Mukama nga Ekigambo Kye bwe kiri." Amiina. Si nsonga kiki ekigootaana, *kino* na *kiri*, na *kiki* oli kye yakola. Ebyo tebirina we bikikwatirako. Mmwe Basawulo, n'abalala mwenna, bwe muba mumutya, muddeeyo ewammwe. Naye, eggye lya Katonda lyo ligenda mu maaso, amiina; abasajja abazira, abasajja a—a—ab'okukkiriza, abasajja ab'amaanyi, abasajja abalina okutegeera. Tekibeetaagisa kuba bakenkufu.

Tekibeetaagisa kuba bayivu. Balina kuba mikutu. Katonda emikutu emitono egyo gy'akozesa.

142 Omukazi yayimiriramukko katono, okukubaganya ebirowoozo, nga agamba mbunno, "Naye, kati, leka tulabe." Kale, okufaananako, watya ssinga . . .

143 Mukazi wattu ono wano, enkya ya leero, omusawo ateekwa okuba yamugambye, nti anaatera okukomekkereza olugendo lwe olw'obulamu nti, "Tewakyali kisobola kukolebwa." Weewaawo, kati, oyo ye musawo nga ye. Ssimunenya. Oyo musajja munnassaayansi. Ye asobola okukiraba nti endwadde eno omubiri gw'omwana gwonna eguwambye. Tewakyali kya kutaasa. Talina ddagala lisobola kugiyimiriza.

144 Bw'atyo ne kookolo oyo bwe yamegga omukazi oyo; mazima ddala, okufa kwali kumezze omwana oyo; naye Omuduumizi waffe Omukulu, aleeruuya, ow'eggye lino ery'ekitalo, Ye kwe kuzuukira n'Obulamu. Ye tewali kisobola kumumegga. Aleeruuya!

145 Obwongo bw'eggye bubeera mu baduumizi baalyo, abakessi. Rommel, mu Bugirimaani, ye yali obwongo bwa Bugirimaani; so si Hitler. Yali Rommel! Bwe kiri. Eisenhower! Abasajja bannamaggye! Patton! Abasajja abo abaali wali wennyini ku mwanjo, kyasinziiranga ku ngeri gye baawangamu ebiragiro. Olina okugoberera omuduumizi wo, bw'abeera nga ddala muduumizi ow'oku ntikko omutuufu. Bw'aba nga ddala ye mutuufu, bw'aba nga muduumizi ow'oku ntikko ow'ennyota ennya, bw'aba nga yakakasibwa, bw'aba nga yakakasibwa nti ddala mutuufu, mugoberere. Newankubadde kiyinza okulabika nga ekikyamu, gy'oli, ggwe genda ku mwanjo. Kola nga bw'akugambye.

146 Aleeruuya! Tulina Omuduumizi Omukulu ow'ennyota ettaano, nga ziwandiikibwa mu nnyukuta zino Y-e-s-u, atuteekako ennyota ttaano, o-k-u-k-k-i-r-i-z-a. [Ebigambo 'Yesu' ne 'okukkiriza' birina ennyukuta ttaano-ttaano mu Lungereza.—Omuv.] Tawangulwangako mu lutalo lwonna. Aleeruuya! Yawangula okufa, ggeyeena, n'amagombe. Emizimu giggyeewo. Ye Muduumizi Omukulu ow'amaanyi. Kale nno, awo mu kifaananyi ssetaani n'okulabika talabikako.

147 Olutalo olukyasinzeeyo okuyinda, lubindabinda mu kaseera kano kennyini. Mazima ddala, lubindabinda. O! Aleeruuya!

148 Ekyo bwe nkirowoozako! Bwe nnyimiriddenga ne mmulaba nga Akola ebintu, ne mmulaba nga Abikkula ebintu, n'abaako ky'abikkula, n'agamba nti, "Kijja kuba bwe *kiti* ne bwe *kityo*," ne kibaawo! O, oyinza okutunulako emabega *wano*, n'ogamba nti, "Omuduumizi ono ow'amaanyi ye ani?" O, nze ssitunula mabega kulaba oba nga ye Dokita *Gundi*. Nze ndaba ebyo Omugabe bye yayogera. "Ye Mugabe w'obulokozi bwaffe."

Aleeruuya! Obulokozi kye kiki? Kwe kusumululwa! Ekitiibwa! "Ye Mugabe ow'okusumululwa kwaffe."

149 Essaawa enkulu ey'okulumba esembedde. Aleeruuya! Abajaasi, n'eby'okulwanyisa ebyakaayakana, ne langi ezitemagana! Ku kukkiriza n'okubuusabuusa kw'olina okulonda oludda kw'onoolwanira, mu kkuŋŋaaniro lino, enkya ya leero; okubuusabuusa ku luuyi olumu, n'okukkiriza ku luuyi olulala. Abajaasi, muyimirire mu bifo byammwe. Aleeruuya! Omugabe waffe, Emmunyeenye y'oku Nkya, y'akulembeddemu. Ye taddiriza. Ye (takikolangako) tamanyi kigambo kudda nnyuma. Teyeetaaga kudda nnyuma. Amiina. Ddala ddala.

150 Olutalo olukyasinzeeyo mu zaali zirwaniddwa, lugenda mu maaso mu kaseera kano kennyini wano, yee, ssebo, wakati w'obulamu n'okufa, wakati w'endwadde n'obulamu obulungi, wakati w'okukkiriza n'okubuusabuusa, ha, bannange, wakati w'eddembe n'obusibe. Olutalo lugenda mu maaso! Muwawule amafumu gammwe, mmwe abajaasi. Mulongoose eby'okulwanyisa. Katonda ali mu kutegeka bajaasi Be. Amiina. Katonda afuka amafuta ku ggye Lye.

151 Amerika eyambaza abajaasi baayo n'ebisingayo okuba ebirungi bye basobola okubambaza: sseppeewo ez'ebyuma, n'eby'omu kifuba ebitayitamu masasi, na buli kimu kye balina, zi ttanka ennwanyi, ne byonna bye bagenderamu.

152 Katonda ayambaza eggye Lye. Aleeruuya! Bikozesebwa kika ki bye tukozesa? Omwoyo w'Ekitala, nga kye Kigambo kya Katonda! Amiina! "Ekigambo kya Katonda kyogi nnyo n'okusinga ekitala eky'obwogi obubiri," Abaebbulanyia 4, "kifumita n'okwawula ne kyawula amagumba, ne—n'obusomyo bw'omu magumba, era Kyawula n'ebirowoozo by'omu mutima." Ekigambo kya Katonda! Okukkiriza Ekigambo Kye, era ye ngeri Katonda gy'ayambazaamu eby'okulwanyisa.

153 Ky'ekyo kye Yawa Kaawa nga eky'okwekuumisa. Naye omukazi eky'okulwanyisa kye n'akimenya. Yakimenya atya? Nga aggulawo endowooza ye eri okukubaganya ebirowoozo. Ekigambo kya Katonda tokikubaganyaako birowoozo. Tekikubaganyizibwako birowoozo. Ggwe. . . Kiri kimu kyokka kye Kigambo kya Katonda. Te—tekibuusibwabuusibwa. Kyo tekikubaganyizibwako birowoozo. Kigambo kya Katonda. Ekyo kimala. Ekyo kikimala. Ekyo kimalawo empaka emirembe n'emirembe.

154 Olaba kye ntegeeza, mukwano? [Mwannyinaffe addamu nti, "Amiina."—Omuk.] Kigambo kya Katonda. Katonda yakisuubiza. Katonda bw'atyo bwe yayogera.

155 Baabuuza Ibulayimu nti, "Ggwe omanyidde ku ki nti omwana oyo ogenda kumuzaala?"

"Kubanga Katonda bw'atyo bwe yayogera." Ekyo kimala.

"Naye kati, nga tonnamufuna?"

156 "Ssimanyi ddi lwe ndimufuna, naye nja kumufuna. Katonda bw'atyo bwe yayogera. Ekyo tekijja kunnyimiriza n'akatono." Yayita-. . .

157 "Lwaki teweddirayo ewammwe, gye wava?"

158 "Nnina kuba mutambuze era omugenyi mu nsi eno." Amiina! . . .?. . . "Katonda ye yawa ekisuubizo. Katonda omwana alimumpeera wano wennyini mu nsi eno mwe Yantuma." Aleeruuya!

159 Katonda ajja kukuwonyeza mu mbeera eno yennyini ey'Omwoyo Omutukuvu, we Yakutuma. Katonda ajja kukikuwa. Kikkirize bukkiriza. Amiina. Ggulawo emikutu egyo egy'emmeeme n'egy'omubiri, obusimu, n'okulumirizibwa, oleke Ekigambo kya Katonda kisooke kiyingire, kyeddize ebirowoozo ebyo. Eryo lye ddwaaniro.

160 Si kugamba mbu, "Kale, ssinga nkiwulira, ssinga nsobola okuwulira ekitiibwa kya Katonda nga kikka! Ha!" Ekyo tekirina we kikikwatirako; n'akatono.

161 Ggulawo ebirowoozo ebyo. Eryo lye ddwaaniro. Omwo olutalo mwe lutegekerwa ne luyinda, wano wennyini mu ddwaaniro, nga by'ebirowoozo byo. Biggulewo, ogambe nti, "Nze. . .Buli kubuusabuusa kwonna, mbuusabuusa okubuusabuusa kwange kwonna." Amiina. "Kaakano mbuusabuusa okubuusabuusa kwange kwonna. Nzikiriza Ekigambo kya Katonda. Nzuuno nzija, Ssetaani." Waliwo ekigenda okubeerawo. Mazima gennyini kigenda kubeerawo. Yee, ssebo.

162 Abaweereza Be abafukako Omwoyo We. Abatumira bamalayika. Ekyo oluusi, abantu bakijerega, "ekya bamalayika." Leka—leka mbeeko kye mbikkula nammwe wano, katono. Tubikkuleko mu Baebbulaniya, katono. Abaebbulaniya essuula ey'oku 4, essuula ey'oku 4, era leka. . .manya essuula esooka ey'Abaebbulaniya, tubikkule tugende ku lunyiriri olw'e 14.

> Bano *bonna si gy'emyoyo egiweereza, nga gitumibwa* okuva. . .*gitumibwa okuweereza olw'abo abagenda okusikira obulokozi?*
>
> . . .*ani ku bamalayika* gwe yagamba. . .*Tuula* ggwe *ku mukono gwange ogwa ddyo*. . .*?*
>
> . . .*bonna bamalayika ba Katonda*. . .

163 Kaakati, wano Bayibuli ekomawo n'etugamba wano, nti Katonda atuma bamalayika. Ekitiibwa! Be b'ani? "Gye myoyo egiweereza." Ekitiibwa! Emyoyo egiweereza, gitumibwa (nga giva wa?) nga giva mu Kubeerawo kwa Katonda. Nga gigenda kukola ki? Kuweereza Kigambo Kye. Amiina! Tegiba gya kuweereza njigiriza ya matendekero ga bya ddiini okuva mu

kibiina ky'eddiini ekimu, wabula kuweereza Kigambo kya Katonda. Ky'ekyo. "Emyoyo egiweereza, egitumibwa."

164 Tumanya tutya nti gye gyo? Bayibuli egamba, nti, "Ekigambo kya Katonda kyajjanga eri bannabbi." Kituufu ekyo? Bamalayika bano baweereza Ekigambo Kye, okuyita mu Mwoyo We; baweereza Ekigambo, okuyita mu Mwoyo Omutukuvu. Era Omwoyo n'Ekigambo byajjanga eri bannabbi, era bannabbi be baabanga n'Ekigambo kya Katonda. Ye nsonga lwaki baasobola okukola eby'amagero bye baakola. Teyabanga muntu; yabanga Mwoyo wa Katonda mu muntu, Omwoyo wa Kristo mu muntu. Kubanga Ekigambo kya Katonda . . . Omuntu oyo yabanga akoze ki? Yabanga agogodde buli mukutu. Katonda yabanga amulonze, era yabanga afukiddwaako amafuta n'Omwoyo Omutukuvu. Era nga tali ku bubwe. Teyakolanga kintu kyonna okuggyako nga asoose kukiraba mu kwolesebwa. Eriya yagamba, ku Lusozi Kalumeeri nti, "Bino byonna mbikoze okusinziira ku kiragiro Kyo. Kaakano, Mukama, leka kimanyibwe nti Ggwe Katonda." O, ekitiibwa kibe eri Katonda!

165 Nkirabyeko emirundi mingi nnyo, w'olaba Omwoyo wa Katonda nga akka mu kifo, ekifo ekyo ne kifukibwako amafuta! Ssinga ekibiina ekitono kino wano enkya ya leero, kitwala endowooza eno wano, ne mujjawo buli kubuusabuusa kwonna! Oyinza otya okusigala nga okyabuusabuusa, nga olabye abafu—abafu nga bazuukizibwa, abalema nga batambula, abazibe nga balaba, bakiggala nga bawulira?

166 Malayika wa Mukama, nga n'ekifaananyi Kye kyennyini kirengejjera wano ku kisenge, ekitabuddetabudde ne bannassaayansi, buli wamu. Kiki ky'Akola? Munywerere ku Kigambo. Amiina! Kitemaatema buli muzimu. Weewaawo, Kigitema. Kiba Kiki? "Giba myoyo egiweereza, egitumibwa okuva mu Kubeerawo kwa Katonda," okufuka amafuta ku babuulizi b'Ekigambo, abo abanyweerera ku Kigambo. Olwo Ye n'akakasa Ekigambo n'obubonero nga bugoberera, ne kireeta Yesu oyo aba obumu jjo, leero n'emirembe gyonna. Wuuyo.

167 Tuyinza tutya okubuusabuusa, nga akakasiddwa mu ngeri zombi ey'ekinnassaayansi, mu bintu eby'omubiri, ne mu mwoyo, mu buli ngeri yonna gye kisoboka okukakasibwamu, nga Akakasiddwa nti waali *wano*?

168 Obuzibu buli ludda wa? Buli mu birowoozo byaffe. Ekintu tugenda ne tukiggulira ebirowoozo byaffe, ne tugamba nti, "Naye, kati, ssimanyi oba nga kinaabaawo oba nedda. Oba oli awo, bwe nnaawulirawo enjawulo enkya." O, ekyo tekirina we kikikwatirako yadde.

169 Nga bwe ntera okugamba bulijjo, Ibulayimu ayinza okuba yagamba Saala . . . Eyali asusse mu myaka gy'oku—gy'okuzaala. Mutegeera kye ntegeeza; ky'ekiseera eky'okufuniramu obulamu, ennaku ze abiri mu omunaana. Mukiraba, yali alina emyaka

nkaaga mu etaano. Osanga ekiseera ekyo yali yakisukka okumala, emyaka nga kkumi n'etaano, oba abiri. Kati bba n'amugamba, oba oli awo, mu nnaku ntonotono ezaddirira, n'agamba nti, "Owulirawo enjawulo yonna, mukwano?"

"Tewali njawulo yadde."

170 "Ekyo tekirina we kikikwatirako yadde. Mu buli ngeri, tweyongera mu maaso. Naye, kati, nga bw'otandise okudda obuto nga o—omuwala omuto, tukimanyi nti, okuyita mu musaayi ogwo ogw'obulamu, kati, awo, tukimanyi bulungi nti ekyo kye kigenda okuwanirira omwana, era buli kimu kijja kuba bulungi. Kati, olwa leero owulirawo enjawulo? Omwezi kati guweze okuva lwe Yansuubiza. Owulirawo enjawulo yonna, mukwano?"

171 "Ibulayimu, tewali njawulo yadde. Tewali yadde akabonero ak'ekintu kyonna. Nkya—nkyali nga—nga bwe mbadde emyaka emitono egiyise. Tewaliiwo njawulo yonna n'akatono."

"Ekitiibwa kibe eri Katonda! Tujja kumufuna, mu buli ngeri."

172 "Ibulayimu, ky'otegeeza, nti ku. . . Labayo, bw'Aba yakusuubiza, mu butuufu yandituwaddeyo *waakiri* akabonero. Mu butuufu yandituwaddeyo akabonero." Huh! Aleeruuya!

173 "Omulembe omunafu era omwenzi gunoonya bubonero." Ky'ekyo. Akabonero yakalina. Kaali ki? Kigambo kya Katonda. Ako ke kaali akabonero.

174 Katonda ayinza atya okuwonya omwana ono? Ekigambo kya Katonda bwe kityo bwe kigamba; oba mbaako enneewulira yonna gye mpulira oba tewali. Bwe. . . Si nsonga kiki ekibaawo, Katonda bw'atyo bwe yayogera. Ekyo kimala.

175 Ibulayimu yagamba nti, "Mukwate obukofiira bwammwe na buli kimu, tusimbula kugenda mu nsi eri."

"Ogenda wa?"

176 "Ssimanyi." Amiina. "Naye, mu buli ngeri, tugenda. Tuutuno tusimbudde!" Nga basibye engugu bagenda. Aleeruuya! Ekyo kye Kigambo kya Katonda kyennyini. Kiki kye yali yeesigamyeko gy'alaga? Ekisuubizo kya Katonda, Ekigambo kya Katonda. "Tugenda kumuzaala."

177 "Va mu bantu bo, Ibulayimu. Kuba bo, ekibaliko, babuusabuusa era tebakkiriza. Bajja kukuteeka mu kattu ke kamu. Vvaayo. Weeyawule, obeerewo ku Lwange." Kitegeeza ki ekyo? "Okulumirizibwa kwo kwonna n'obusimu bireke emabega, n'ebiringa ebyo. Endowooza yo giggulewo, era ojjukire nti, ye Nze. Jangu, obeere Nange." Amiina.

178 Katonda ayita buli Zzadde lya Ibulayimu, enkya ya leero, eri obulamu obufaanana bwe butyo. Olutalo kasiggu lugenda mu maaso, kaakano, okwetooloola ensi yonna. Katonda abaana Be

biki by'ayagala beeyawuleko? Okulaba, okulega, okukwatako, okuwunyiriza, okuwuliriza; okufumiitiriza, okulumirizibwa, okujjukira, okukubaganya ebirowoozo, okulumirirwa; buli kimu. Baggulewo endowooza zaabwe baleke Ekigambo kya Katonda kiyingire, olwo bakumbe n'Ekigambo. Oyo ye mujaasi yennyini.

179 Emmunyeenye bwezityo bwe ziri. Ensengeka y'eby'omubwengula tekyukanga; eyo zodiac. Emmunyeenye y'oku makya evaayo n'ebeera mu kifo w'erina okuba, buli nkya, mu ngeri y'emu yennyini nga bwe yakola ensi lwe yatondebwa. Emmunyeenye y'akawungeezi nayo ebeera mu kifo kyayo; buli mmunyeenye. Ekibinja ky'emmunyeenye Ekitono, ate mu kiseera kyennyini, zibeerera ddala awo wennyini we ziteekwa okuba. Emmunyeenye ey'Obukiikakkono eyimirira mu kifo kimu tevaawo. Aleeruuya! Enkola yonna yeetooloolera ku Mmunyeenye ey'Obukiikakkono, ziri endala zonna, kubanga eri awo wennyini mu makkati g'ensi.

180 Oyo ye Kristo. Amiina. Ayimirira awo, n'aduumira eggye Lye nga Omuduumizi omukulu.

181 Nga Musa ku lusozi nga awanise emikono gye, nga Israeri balwana, bawaguza, bwe yayimirira nga awanise emikono gye. Yayimirira nga awanise emikono gye okutuusa enjuba lwe yagwa. Baalina okuwanirira emikono gye. Oyo yali Musa.

182 Yali kifaannanyi kya Kristo. Okusobola okukakasa nti emikono Gye gisigala waggulu, emikono Gye gyakomererwa ku musaalaba. Aleeruuya! Era leero, Yalinnya bbugwe ez'Ekitiibwa, n'ebyambalo Bye ebibunye Omusaayi mu maaso ga Katonda, ku mukono ogwa ddyo ogw'Ow'ekitiibwa Awo. Era kati olutalo, eri buli mujaasi yenna, ajja kuwaguza awangule. Ssifaayo kiki ekibaawo; wabula nga alina Ekigambo kya Katonda, ajja kuwaguza ayingire mu ddembe. Amiina.

183 Kiringa akakoko akali munda mu ggi, watya ssinga katya okubotola kalingize ebweru? Watya ssinga katya okubotola eggi? Watya ssinga akakoko akato akali munda mu ggi, oba akanyonyi akato, katya okubotola ekisosonkole ky'eggi? Watya ssinga kawulira eddoboozi okuva ebweru, nga ligamba nti, "Tokoona kisosonkole ekyo, oyinza okwerumya"? Naye bwo obutonde, obuli mu kanyonyi, buba bukagamba nti, "Likonkone! Likonkone olibotolemu ekituli."

184 Ebibiina ebigunje byonna eby'edda ne bwe bigamba mbu, "Ennaku z'eby'amagero zaayita. Ogenda kwerumya. Ogenda kukomekkereza mu buzoole."

185 Ggwe ekisosonkole kikonkone n'amaanyi ddala, nga bw'osobola. Aleeruuya! "Ssetaani, vvaayo! Nze muno nfulumamu." Ky'ekyo. "Muno, ssikyaddamu kubeeramu. Muno, ssikyaddamu kutuulamu. Ssikyali ku ttwale lya ssetaani lino

ekkadde. Mbotola kufulumayo, enkya ya leero. Amiina. Ndi mpungu." Amiina! Aleeruuya!

186 Naye akawungu ako bambi, bwe kaabanga n'ensingo eyeewese, nga gye kakonkonesa ekisosonkole ekyo. Ekisosonkole ne bwe kyabanga kigumu okwenkana wa, kaakikoonanga okutuusa lwe kaakiwumulangamu ekituli. Ogenda okwetegereza, nga, kasobola okukubaakubamukko ku buwawaatiro bwako. Nga kali bulungi.

187 Koonakoona ofulumeyo. Bwe kiri. Okikola otya? Nga okyasa ne, "BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA." Ku nkomerero, ojja kutandika okuwunyiriza akawewo akalungi. "BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA." Nga osowoddeyo omutwe gwo. "BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA." Kati sindika nnyo n'amaanyi, ofuluma!

188 Tekaddayo mu kisosonkole. Amiina. Kaba ka ddembe. O, bannange! Ekigambo ekyo kasita kikkalira, okuyita mu busimu obwo bwonna n'okulumirizibwa n'ebirala, ne kikkalira munda *wano*, ebirowoozo ebyo byeggulawo ne bikireka ne kiyingira. Ayi Katonda, tusaasire! Waba tewaliiwo kintu kiriddamu kukasiba nate. Obeera wa ddembe. Oyo Omwana gw'afuula ow'eddembe abeera avudde mu kisosonkole. Ekibiina kyo eky'eddiini kiba tekikyasobola kukuyita kuddayo. Ssetaani aba takyalina kirala kyonna ky'asobola kukukola. Asobola okwesooza n'okuwuuwuula, mu kaseera ako.

189 Naye ggwe obeera ku Luguudo olunene, nga oddukira ku misinde emiyitirivu okukamala, o, bannange, nga oddukira ku Luguudo lwa Kabaka olunene, omujaasi w'omusaalaba afukiddwaako amafuta. Kale mmwe mwenna empungu, abalina okukkiriza, mulangirire Yesu, Omusana gw'ensi yonna, muddukire ku Luguudo lwa Kabaka olunene. Mazima ddala. Yee, ssebo!

190 Gino "myoyo egiweereza," egitumibwa okuva mu Kubeerawo kwa Katonda, okuba abaweereza, kuweereza (ki?) Kigambo Kye; so si njigiriza ya ttendekero lya ddiini, wabula Ekigambo kya Katonda. Myoyo egiweereza, egitumibwa okuva ewa Katonda, okuweereza. Myoyo egiweereza! Ha! Naye mujjukire, ssinga guweereza ekintu ekirala ekitali Kigambo, ogwo guba tegwava wa Katonda. Kubanga, "Ekigambo Kyo lubeerera kikakasibwa mu Ggulu." Bulijjo, mu Ggulu, Ekigambo kya-. . . Katonda akirabirira. Era talituma mwoyo kuweereza kintu kirala kyonna kitali Kigambo.

191 Talituma mwoyo gulina zi D.D.D., Ph.D. ziri ez'amaanyi ennene, n'ekitogi ekisibira emabega, n'ekintu ekifaananako bwe kityo, gugambe mbu, "Naye, amazima, ennaku z'eby'amagero zaggwaako. Ekyo ffenna tukimanyi." Nedda, nedda. Ogwo guba teguvudde wa Katonda. Guba gukontana n'Ekigambo. Amiina.

192 Ye atuma egyo egiweereza Omwoyo w'Ekigambo. Amiina.

193 O, mbadde nkyalinayo ebirala nga bina oba bitaano, naye nja kubireka omulundi guno, mbikwateko ku Ssande ejja. Kale.

Ssetaani n'emizimu gye baliko amafuta amakyamu.

194 Bwe kiba nga emyoyo gya bamalayika gino bafukibwako amafuta okuleeta gy'oli Ekigambo, okukukkirizisa Ekigambo, kati olina w'osobola okulaba we wali owuliddeko nnabbi, nnabbi wa Katonda owa nnamaddala, nga asambajja Ekigambo kya Katonda? [Ekibiina kiddamu nti, "Nedda."—Omuk.] Nedda, Ssebo. Biki ebyaddirira ebibiina ebigunje eby'omu biro byabwe bwe byagolokokanga ne bigamba mbu, "Kati, oyo mukyamu"? Yayimiriranga ku lulwe, n'ayimirira yekka. N'agamba nti, "Kituufu."

195 Tunuulira Mikaaya emmanga eyo ku olwo, akatukuvu akeevulungula, laba, katabani ka Imula. Waaliwo ebikumi bina, abaali bateekwa okuba abafukeko amafuta, bannabbi ebikumi bina nga bayimiridde waggulu eyo, bonna baliisiddwa bulungi, nga bonna bategekeddwa, nga balina zi ddiguli ez'amaanyi eza waggulu, era nga bayivu nnyo bakenkufu. Ne bagamba nti, "Yambuka, kabaka waffe ow'ekitiibwa. Mukama abeere naawe. Ekitundu ekyo kyaffe. Yoswa yakituwa. Kale gendayo okinunule. Ekyo kituufu ddala. Gendayo okinunule. Kiki . . . " N'agamba nti, "Naye, Yos- . . . "

196 Omanyi, Yekosafaati n'agamba nti, "Teriiyo mulala, awantu wonna?" Naye, baalina ebikumi bina. Lwaki teyakkiriza abo ebikumi ebina? N'agamba nti, "Naye, ddala muteekwa okubaayo n'omulala, awantu awamu."

197 N'agamba nti, "Nze—nze . . . Weewaawo, tulinayo omulala. Waliyo omulala omu, naye, ha, mmukyawa." Huh! Mukiraba?

198 "Awo—awo, oyo ye musajja gwe nnandyagadde okuwuliriza, okiraba." N'agamba nti, "Mumuleete. Tuwulire by'anaayogera."

199 Awo ne bagenda ne bamugamba, nti, "Kaakano, wuliriza. Tegeka bulungi by'onobuulira, enkya ya leero, kubanga ggwe ogenda okubuulira eri kabaka. Ogenda kubuulira eri . . . e—ekibiina ky'abaweereza kyonna ekya *bagundi*, okiraba, ekya Palestina, ekibiina ky'abaweereza kyonna. Kati nno, teweerabira, biibino bye boogedde. Naawe yogera ekintu kye kimu. Naawe kkiriza ekintu kye kimu." Ka bambi . . .

200 Ya—yali ayogera na muntu mukyamu awo. Oyo omusajja bino eby'okukubaganya ebirowoozo ebitaliimu yali yabivaako. Emikutu yali yagigogola, okiraba, okulumirizibwa kwonna.

201 "Ye, ate, kati, omanyi kye banaakola? Ssinga onaayogera ekintu kye kimu, nsuubira bajja kukufuula omulabirizi atwala disitulikiti. Bayinza okukikola. Bajja—bajja kukukuza obeere nga ggwe akulira abalabirizi bonna aba wano mu disitulikiti,

kasita—kasita onakkiriziganya nabo." Oyo teyali musajja wa Katonda owa nnamaddala.

202 Kubanga, ono emikutu gye gyonna gyali gyagogolwa, nga okulumirizibwa kwe kwonna na buli kimu kyonna bitangaavu. Nga endowooza ye nzigufu eri Ekigambo kya Katonda. Era nga Ekigambo kya Katonda, kyokka, ky'asobola okukkiriza. Egyo gye myoyo egiweereza. Ogwo gwe mwoyo oguweereza.

203 N'agamba nti, "Ssimanyi kya kwogera mu kaseera kano. Naye, nja kubagamba kino kyokka, nja kwogera ekyo kyokka Katonda ky'anaŋŋamba okwogera."

Bwe batyo ne balindirira ekiro ekyo. N'afuna okwolesebwa.

204 Enkeera, nkubamu akafaananyi nga ndaba Mikaaya akebera mu Byawandiikibwa nga bw'agamba nti, "Kaakati, leka tulabe. Okwolesebwa okwo. . .Kati, abasajja abo bonna, wano waliwo ekitali kituufu, kubanga Kikontana ne bye baayogedde. Naye, Kyandigambye ki? Leka tulabe Eriya kye yayogera wano, oyo nnabbi, kubanga tumanyi nti yali nnabbi. Kubanga olaba. . . Ekigambo kya Mukama kyajja eri Eriya. Weewaawo. Naye kyali kigamba kitya? 'N'embwa zirikomba omusaayi gwo. Yezeberi, embwa zirimulya. Era olwa Akabu omutuukirivu. . .Nabosi omutuukirivu.'" Awo n'agamba. . .Bwe yalaba ekyo, yakiraba nti okwolesebwa kwe kwali kukwataganira ddala n'Ekigambo kya Katonda, mu kiseera ekyo, nti nnamukadde Akabu ekyo kye kyali kimwolekedde.

205 Ne yeesowolayo bulambalamba, n'agamba nti, "Okwambuka yambuka. Naye ndabye Isiraeri. . ." Okiraba, teyakwatibwa nsonyi kwogera kwolesebwa kwe mu kaseera ako, kubanga kwali Kigambo kya Mukama. Yakimanya nti ekintu ekyo asobolera ddala okukyesigamako. Kiki? Yali agguddewo omutima gwe, n'ebirowoozo bye, eri Ekigambo kya Katonda, era Ekigambo kya Katonda kyali kibikkuddwa, kale yakitegeera nti ekyo kye kyali Ekigambo kya Katonda kyennyini.

206 Kati, oyinza okugamba nti, "Ha, kale ssinga nange nsobola okubeera Mikaaya!" Osobola. Ekyo ky'oli. Naawe, ky'oli, mukwano. Oli Mikaaya, nnabbi. Kiki ky'oyinza okukola? Ggulawo ebirowoozo byo. Kiki kye ngezaako okukugamba enkya ya leero? Kigambo kya Mukama. Okiraba? Ggulawo ebirowoozo byo, ogambe nti, "Kati, omanyi, nzikiriza nsobola okuwonyezebwa." Kale, kati, Kye kiki? Kye Kigambo kya Mukama? Ddala, kye Kigambo kya Mukama.

207 Ate *ono* ssempala ali wano bw'agamba mbu, "Ennaku z'eby'amagero zaayita. *Kino* tosobola kukikola. Era to. . ." Byerabire ebyo. Ggwe kulembeza Katonda.

208 Wano Ekigambo kya Mukama ne kijja, n'akyogera, era ne kituukirira nga bw'akyogedde.

209 Kaakati, kiki Ssetaani kye yakola? Ssetaani bali abalala yabafukako amafuta. Kati, Ssetaani abaweereza be abafukako amafuta. Ha, ddala. Uh-huh. Ddala. Abaweereza be abafukako amafuta. Abafukako naki amafuta? Na butakkiriza. Ssetaani n'emizimu gye bafuka amafuta amakyamu ku bantu baleme okukkiriza Ekigambo kya Katonda.

210 Kaakati, ekyo bw'oba wandyagadde okukikakasa, bikkula mu Luberyeberye 3:4. Ka tubikkuleyokko tukiwulirize kino, eddakiika emu, tulabe oba ako si ke kakodyo ke akaasooka. Ekyo kye kintu ekisooka kye yakola. Obukodyo bwe bwe bumu tabulekaayo. Bulijjo bwatyo bw'akola. Kati, ggwe laba oba nga ekyo—ekyo bwe kiri. Kati, teyawakanya Kigambo. Yaleetera buleetezi mukazi kubeera nga akinyoolamukko katono, omanyi, kiwulikikemukko nga bwe yali ayagala kiwulikike, tokkiriza Kigambo kyonna mu bujjuvu. Kati, Lubereberye, nfunyeewo, Lubereberye 3:4. Leka tulabe oba nga ekyo kye kigamba wano. Kale.

Omusota ne gugamba omukazi nti, Okufa temulifa:

211 "Temulifiira ddala." Olaba engeri gye yakinyoolamu? "Ha, ffe tukkiriza nti ennaku z'eby'amagero zaayita. Tetukkiriza nti ekintu nga eky'abantu okufuna Omwoyo Omutukuvu nga bwe baamufuna ku lunaku lwa Pentekoote gyekiri. Ha, engeri yonna gy'obatizibwamu, tekikolawo njawulo yonna." Ssetaani mumulaba? Mulaba obukodyo bwe? "Naye, kati omusawo bw'aba yakugambye nti toyinza kuwona, ekyo kimala."

212 Kaakati, si kuvumirira, si butakkiriza bya musawo. Omusawo ye aba akola nga asinziira ku bya ssaayansi. Era omusawo akoze kyonna ky'asobola, okutaasa obulamu bw'omuntu, naye tebusobola kutaasibwa, kubanga tamanyiiyo kirala kyonna ky'ayinza kukola. Amagezi naye gamwesibye. Omusajja mwesimbu. Naye, kati, omuti ogw'okumanya tegulina buzibu, naye ggwe bw'ogugoberera ne gutuuka we gukoma, awo gubuukeko odde ku Muti ogw'Obulamu weeyongereyo mu maaso. Amiina. Ky'ekyo. Gujja kukola gutuuke we gukoma. Weewaawo.

213 Kati, akakodyo ka Ssetaani ke kaluwa kati? Yagamba ki wano? Kati wekkaanye 1 ne—n'olunyiriri 2. Kati leka—leka nsome wano olunyiriri 1, okutuuka ku lw'oku 3.

> *Kati omusota gwe* gwali gusinga *obukalabakalaba, mu nsolo* zonna, *MUKAMA Katonda ze yatonda. Ne gugamba omukazi nti, Katonda yagamba, nti temulyanga . . . ku miti gyonna egy'omu lusuku?*

214 Muwulire kati, bw'akola ettima, n'engeri gya—gy'asaabululamu Ekigambo ekyo. Mulaba? Ali . . . Kiki ky'agezaako okukola? Kuyingira mu birowoozo bye. Mukiraba? Ayogera naye, nga ate Ekigambo kyamala dda okunywezebwa munda mu ye.

215 Kati, toganya Ssetaani kubaako na ky'anyweeza. Okiraba? Ggwe kuuma Ekigambo kya Katonda nga kinywezeddwa mu mutima gwo. Okiraba? Naawe kola kye kimu. Kati mwetegereze, mmwe Bamikaaya.

> . . . *omukazi n'agamba omusota, nti tusobola okulya ku bibala eby'emiti egy'omu lusuku:* naye . . .
>
> *Naye ekibala ky'omuti oguli wakati* (wakati, olaba) *mu lusuku, Katonda . . . yagamba nti, temukiryangako, wadde okukikwatako, si kulwa nga mufa.*

216 Okiraba, kati, ekyo kye Kigambo. Omukazi naye akimunokolera. Kati wekkaanye.

Omusota ne gugamba omukazi nti, Okufa temulifa:

217 Olaba akakodyo ke? Olaba? Kiki ky'agezaako okukola? Omuntu oyo eyasooka, kati omukazi omulungi oyo, muwala wa Katonda, agezaako okumufukako amafuta amabi ag'obutakkiriza mu Kigambo kya Katonda. Ky'ekyo kyennyini ky'agezaako okumuleetera okukola.

218 Ekyo ky'agezaako okukuleetera okukola, mukwano. Ekyo ky'agezaako okubaleetera okukola buli omu ku mmwe, eyo gye muli, abafukako amafuta amabi. Era kyokka ky'olina okukola kati . . . Oli wa ddembe okwesalirawo ky'oyagala okukola. Kati osobola okukikkiriza bw'oba oyagala. Naye kisambe kifulume. Kaawa ssinga teyayimira mu kaseera ako, kuwuliriza! Tobaako kintu kyonna kikuyimiriza. Toyimirira.

219 Luli—luli Eriya bwe yagamba Gekazi, nti, "Kwata omuggo gwange, genda oguteeke ku mwana afudde. Omuntu yenna ssinga ayogera naawe, tomwanukula. Ne bwe wabaawo akuyimiriza, ggwe genda bugenzi mu maaso."

220 Laba omukazi bwe yayita omuddu we. Yagamba nti, "Weebagale ennyumbu ogende mu maaso, era togeza n'oyimirira okutuusa nga nze nkugambye." Ky'ekyo.

221 Bw'ofuna Obubaka, weeyongere bweyongezi mu maaso. Amiina. Oyinza okugamba nti, "Bannange ssikyasobola kutambula. Nedda, ŋŋenda nnafuwa." Weeyongere bweyongezi mu maaso. Toyimirira. Buli kimu kiteeke ku bbali, weeyongere mu maaso nga owaguza. Ow'oluganda, Ekitala okirina mu ngalo zo, genda mu maaso nga otemaatema.

222 Lumu, nnayingira mu kisaawe ky'omupiira, nga ŋŋenda okubuulira. Ne nsooka nnyimirira ku mulyango ne ntunula waggulu, awo. Nga waliwo ebigambo ebigamba nti, "Ekikulu si bunene oba butono bwa mbwa eba erwana. Ekikulu bwe bunene oba obutono bw'olutalo oluli mu mbwa." Kati ekyo kye kiwangula olutalo. Okiraba?

223 Oyinza okuŋŋamba nti, "Naye, labayo. Laba amakanisa gano ag'amaanyi gonna Kino gakiwakanya."

224 Ssifaayo genkana wa obunene. Ekikulu, bwe bunene oba obutono bw'olutalo oluli mu mbwa. Ekikulu kwe kukkiriza okuli mu muntu kinnoomu. Bw'oba oli mutiitiizi, ddayo gye weekukuma. Naye, ow'oluganda, bw'oba oli mujaasi, yimirirawo awo. Waliwo olutalo olugenda mu maaso. Ekituufu n'ekikyamu byambalaganye. Leka tulwane.

225 Nga Peter Cartwright, bwe yagenda mu kibuga ekimu, n'agamba nti, "Mukama yaŋŋambye nzi—nzije wano nkolewo olukuŋŋaana olw'okudda obuggya." N'apangisa sitoowa enkaddekadde, n'ayingira n'atandika okugirongoosa.

226 Ne zireeta essajja li kalibujoozi ery'omu katundu ako, nga lirina ka basitoola mu kiwato, ne liserengetayo. Ne libandula enzigi . . . Abamu ku bantu awo, ne babuuza nti, "Omusajja oli akola ki emmanga eyo?"

227 Ne bagamba nti, "Mubuulizi wa njiri. Yagambye, mbu agenda kuba n'olukuŋŋaana."

228 "Kale," ne ligamba nti, "kirabika kijja kunneetaagisa okuserengetayo mmukasuke ebweru mu luguudo, mmufubutule ave wano. Ky'ekyo. Ffe wano ewaffe tetwagalawo nkuŋŋaana."

229 Bwe lityo ne liserengetayo, ne libandula oluggi. Kati Peter Cartwright yali ayambadde ekooti ye, nga bwe mumanyi, nga bambi ayoza ku madirisa n'ebisenge. Nga musajja bambi mutonotono, nga bwe mumanyi.

230 Nnamukadde omubuulizi n'alisekerera, nga bwe mumanyi, olw'okuliisa engalo enkoko; nga leero ye nkola entuufu, nga bwe mumanyi.

231 Kale yali ayoza ku madirisa n'okubaako ne by'atereeza. Essajja lino li kalibujoozi ne lisembera, ne liwenjula ku kkooti yaalyo, nga lirina ka basitoola mu kiwato, ne libuuza nti, "Okola ki?"

232 "Ha," n'agamba nti, "njoza madirisa." N'agenda bugenzi mu maaso na kwoza ddirisa, omanyi. Yalina ekigendererwa kimu. Katonda yamugamba ategeke olukuŋŋaana olw'okudda obuggya. N'agenda mu maaso, na kwoza madirisa.

Essajja ne ligamba nti, "Wano tetukkirizaawo nkuŋŋaana za kudda buggya."

233 N'agamba nti, "O, naye nze Mukama ye yaŋŋambye o—okukola olukuŋŋaana luno olw'okudda obuggya." Mukiraba? Ne yeeyongera mu maaso na mulimu gwe. Mukiraba? Mukiraba?

234 "Kati nno," essajja ne ligamba nti, "waliwo ekintu kimu ky'o—ky'olina okutegeera." Ne ligamba nti, "Mu kabuga kano wano nze nfuga."

235 N'agamba nti, "Ha, ggwe ofuga?" Ne yeeyongera mu maaso na kwoza madirisa, omanyi.

236 Ne ligamba nti, "Nga tonnakola wano lukuŋŋaana lwa kudda buggya, olina kusooka kunkuba."

N'agamba nti, "Ha, nnina kusooka kukukuba? Kale, ekyo kye ŋŋenda okuzzaako."

237 Yaggyako bujja kkooti ye. N'asembera we lyali, n'alibaka ekitogi, n'alikuba eŋŋumi ne ligwa wansi, n'alida ku ngulu. N'agamba nti, "Nteekwa okulwana, bwe mba ow'okufuga. Nnyongera obuvumu, Mukama." N'alimalamu essagaliko.

N'alibuuza nti, "Ekyo kikumala?"

238 Ne liddamu nti, "Yee." Ne lisituka ne limukwata mu ngalo. Lyalokoka ekiro ekyo, mu kkanisa.

239 Kiikyo. Okiraba? Kiri nti, kkiriza Ekigambo kya Katonda owaguze okuyita mu buli kubuusabuusa kwonna. Mukiraba? Mazima ddala, ky'ekyo. Ogwo gwe mulimu oguddako, muleke tugukole. Bwe kiri. Kye nzizaako okukola kwe kwetakkuluzaako okubuusabuusa kwange, nkusaleesale. Ogwo gwe mulimu gwange oguddako, kweggyako ebyo byonna ebinnyigiriza. Obusimu bwange ssinga buŋŋamba nti, "Naye, teweewulira bulungi," ekirina okuddako okukolebwa kwe kwetakkuluzaako ekintu ekyo. Bwe kiri.

240 Oyinza okugamba nti, "Naye, ggwe. . .Baŋŋamba mbu. . . Omanyi, okulumirizibwa kwange kuŋŋamba, Ow'oluganda Branham, nti nze. . . " Ekyo nno, osaanye okyetakkuluzeeko. Kuba awo tojja kusukkawo. Kola bukozi omulimu gwo oguddako. Ggyako ekooti yo okyeŋŋange butereevu. Weeyongere bweyongezi mu maaso. N'ekigendererwa kimu nti, "Ŋŋenda kuwangula." Amiina. "Ssisobola kuwangulwa. Ŋŋenda kuwangula." Amiina.

241 Ssetaani afukako amafuta amabi. Okiraba? Akakodyo ke akasooka ke kaluwa? Kiki kye yasooka okulumba? Birowoozo. Omukazi yayimiriramukko katono, okuwuliriza bye yali agamba. "Ha, toŋŋamba nti kiri bwe kityo?"

242 Awo bakazi battu bangi we bakoledde ensobi, ne basajja battu bangi we bakoledde ensobi; awo, bayimiriddemukko katono, baayimiriramukko buyimirizi katono. Mirundi emeka gye ndabye obufumbo nga busasika n'ebintu ebirala okubalukawo, nga kiva ku ekyo.

243 "Kati nno, leka nkubuulire, Ow'oluganda Branham, omusajja yansiiyizzaako katono nti 'sii-sii' omanyi, nange ne nnyimirira, naye, amazima, ssaa—ssaakigenderedde." Uh-huh. Kiikyo.

244 "Ha, omukazi oyo, twabadde tutunuuliganye nga tutudde ku mmeeza y'emu. Nga a—alina amaaso agasingayo obulungi!" Olaba? Uh-huh. Okiraba? Ky'ekyo.

245 Ssetaani akola ekintu kye kimu. "Ha, omusawo yaŋŋamba ssiyinza kuwona, kye nnavudde. . . " Kiikyo, ekintu kye kimu, okiraba, olutalo olukyasinzeeyo mu zaali zirwaniddwa.

246 "Naye, baŋŋamba. . . Nnalaba *Gundi* nga agamba mbu alina Omwoyo Omutukuvu." Weewaawo, oyo walaba munnanfuusi. Naye ate abo abamulina nga ddala baamufuna? Uh-huh. Weewaawo. Ssetaani ajja kukusongera ku katego ka ki nnamuŋŋoona ekikadde, naye ejjiba lyennyini tajja kulikulaga. Uh-huh. Bwe kiri. Eryo lyo tajja kulikulaga, wabula ajja kukuziba buzibi maaso oleme kuliraba.

247 Ha, jjukira nno, nti, naye mulwanyi. Naye owaffe wa maanyi. . . "Ali mu ggwe wa maanyi nnyo, okusinga oyo ali mu nsi." Naye munywerere ku Kigambo kya Katonda; mukikkirize, mmwe abaduumizi b'eggye abali wano. Nyweza enkambi yo, ow'oluganda. Bwe kiri, nyweza obuvunaanyizibwa bwo.

248 Kati, lumu, nnalina wano omuwala omuto. Omukyala oyo ayinza okuba atudde wano. Yali ayitibwa Nellie Sanders. Omulundi gwe nnasookera ddala okulaba omuzimu nga gugobebwa okuva mu muntu. Twali tubeera, kati, ekifo bwe mba nkijjukira bulungi; biri nga ebizimbe bisatu okuva wano, nga oyise ku limbo. Nnali nnaakafuuka omubuulizi, nga mbuulirira wano wennyini mu kkoona lino, nga nkuba olukuŋŋaana mu weema.

249 Kati omuwala oyo yali omu ku bazinyi abaali basingayo okuzina. Yasomera wano wammanga mu ssomero erya ssiniya, ye ne Lee Horn. Era bangi ku mmwe Lee Horn mumumanyi emmanga wano, addukanya awazannyirwa omuzannyo gwa puulu. Kale abo bombi, ye ne Lee Horn, be baali abazinyi abasingayo okuzina mu ggwanga lyonna. Oli ye, musajja, Mukatuliki. Weewaawo, eby'eddiini tebyalina makulu gye bali, kale kati. . . Nellie ne bali. Kati, omuwala ono yali muzinyi mulungi nnyo, nga n'omulenzi naye, bw'atyo. Era baalinanga amazina gano agayitibwa "black bottom," ne "jitterbugs," n'ebintu ebyo byonna. Era nga omuwala ye. . . Ababiri abo be baali basingayo mu ggwanga lyonna.

250 Lwali lumu, n'ayingira wano, ekiro, mu lukuŋŋaana. N'agwa awo, ku wolutaali, omuto oyo Nellie. Mukazi wattu. N'agalamira awo ku wolutaali. N'asitula omutwe ggwe. N'akaaba, nga amaziga bwe gamukulukuta ku matama. N'agamba nti, "Billy. . . " Yali ammanyi. N'agamba nti, "Njagala kulokoka, kati kati."

251 Ne mmugamba nti, "Nellie, osobola okulokolebwa. Yesu yakulokola dda, muwala. Olina kukikkiriza kaakati okusinziira ku Kigambo Kye."

252 N'asigala awo. N'akaaba, n'asaba, n'agamba Katonda nti tagenda kuddamu nate kuwuliriza bintu bya nsi. Amangu ago, emirembe emisuffu ne gibuutikira emmeeme ye. N'asitukawo,

nga aleekaana bw'atendereza Katonda, nga agulumiza Katonda.

253 Nga wayiseewo emyezi nga mukaaga oba munaana ekyo nga kimaze okubaawo, yali ayita ku Luguudo oluyitibwa Spring, lumu ekiro.

254 Kati, yali akyali muwala muto, yali mu myaka gye egy'ekitiini, nga kkumi na munaana awo. N'ajja gyendi, n'aŋŋamba nti, "Hope. . . " Ye mukyala wange, eyafa. N'agamba nti, "Kale ssinga nnali nfaanana nga Hope ne Irene." N'agamba nti, "Omanyi, bo tebaagendako mu bintu bya nsi." N'agamba nti, "Waliwo akabonero ensi k'ekussaako." N'agamba nti, "Kati nze ndabika bubi." N'agamba, "Kati, nnalekera awo eby'okwekolako n'okwewunda n'ebintu nga ebyo, naye era ndabika bubi. N'endabika y'obwenyi bwange, yennyini," n'agamba nti, "Ndabika bubi." N'agamba nti, "Bo balabikira ddala nga tewali kikyamu kye baali bakoze era bagonvu." N'agamba nti, "Muli nnejjusa era mpulira ssinga nnali ssaabikola."

255 Ne ŋŋamba nti, "Nellie, Omusaayi gwa Yesu Kristo gunaazaawo ebibi byonna, mukwano. Genda mu maaso, okikkirize."

256 Wayne Bledsoe, bangi ku mmwe wano mumumanyi, mukwano gwange nfiirabulago, okumala emyaka mingi nnyo. Yali munywi wa mwenge. Yajja wano ne muganda wange, Edward. Yatamiira n'agwa wano ku kkubo emmanga, ne mmusitulawo, kubanga abapoliisi baali bagenda kumukwata. Ne mmuleeta erudda wano. Nnali mubuulizi nga mbeera ludda wano, ewa taata ne maama, mu biseera biri nga ssinnawasa. Ne mmutwala, ne mmugalamiza ku kitanda. Nsula. . .nnasulanga ku katanda ka ssafaali. Omanyi, twali ba Branham bangi nnyo, twali kkumi. Ate twalina ebisenge nga bina, nga tulina okuba nga abeenyiga tusule, babiri babiri. Kale, nnalinanga akatanda aka ssafaali kwe nnasulanga. Ne nkasikayo *bwenti*, Wayne ne—ne mmuteeka ku katanda ne twebaka ffembi. Nga atamidde, nnalina kumusitula busituzi okumuyingiza mu nnyumba ne mmugalamiza awo.

257 Nange nga ngalamidde awo wansi. Ne mmugamba nti, "Wayne, naye ggwe toswala kubeera, bw'otyo?"

258 N'agamba nti, "Uh, Billy, leka kunjogerera bw'otyo."

Awo kwe kumussaako omukono gwange. Ne ŋŋamba nti, "Ŋŋenda kukusabira, Wayne. Katonda akuwe omukisa." Kati nno awo nnali nnaakalokoka, ha, ndowooza, nga nnaakamala omwaka nga gumu.

259 Kati mu kaseera ako, mbagirawo, ebweru ne wajja a—akamotoka, ne mpulira oluggi olw'eggunda, ne wabaawo akonkona nnyo n'amaanyi. "Ow'oluganda Bill! Ow'oluganda Bill!" [Ow'oluganda Branham yakonkona ku kituuti—Omuk.]

260 Muli ne ndowooza nti, "Abaffe, kiki kino, kirabika waliwo afa." Ne mmaguka okugenda, ku luggi; ne nkwata ekinanka kyange ekikadde awo, ne nkyezinga ku paajama yange, *bwenti*, Wayne ne mmubikka, ne nziruka okugenda ku luggi.

261 Nga eddoboozi liri nga lya mukazi. Ne nzigulawo oluggi, okulaba nga omuwala omuto ono y'ayimiridde awo ku luggi. N'agamba nti, "Bannaaye, nnyingire?"

Kko nze nti, "Yingira." Ne nzisaako amataala.

262 Awo nga bw'akaaba, nga bw'agamba nti, "O, Billy, nze—nze—nze mpedde! Mpedde!"

263 Ne mmubuuza nti, "Mutawaana ki, Nellie? Olina—olina obulwadde bw'omutima?"

264 N'agamba nti, "Nedda." N'agamba nti, "Ow'oluganda Bill, mbadde nserengeta ku luguudo lwa Spring." N'agamba nti, "Amazima gennyini, Ow'oluganda Bill! Amazima, Ow'oluganda Bill, ssigenderedde kukola nsobi. Ssigenderedde kukola nsobi."

265 Ne mmubuuza nti, "Mutawaana ki?" Muli ne nneebuuza nti, "Oba ŋŋenda kumukolera ki kati?" Nga ssimanyi kya kukola. Ndi, muvubuka muto. Ne . . .

266 N'agamba nti, "O, Ow'oluganda Bill," n'agamba nti, "Nzenna si—nzenna si—nzenna ssikyetegeera."

Ne mmugamba nti, "Kati, kkakkana, mwannyinaze. Mbuulira ekibaddewo."

267 N'agamba nti, "Kale," n'agamba, "mbadde nserengeta ku luguudo, ne mpita ku Kizimbe kya Redman . . . " Era omwo mwe baaziniranga amazina buli Lwomukaaga ekiro. N'agamba nti, "Waliwo bye mbadde nkutte nga ŋŋenda kwetungira kiteeteeyi." N'agamba nti, "Ne mpulira ekidongo ekyo." N'agenda mu maaso n'agamba nti, "Omanyi," n'agamba nti, "Ne nnyimiriramukko katono." N'agamba nti, "Ne kyeyongera okunnyumira. Muli ne ndowooza nti, 'Omanyi, tekirina kabi konna ne bwe nnyimirira wano.'"

268 Awo we yakolera ensobi, yayimiriramukko katono. Yawuliriza buwuliriza.

269 N'agamba nti, "Naye, ka nzijukiremu." N'agamba nti, "Ayi Mukama, weewaawo, Okimanyi nti nkwagala." N'agamba nti, "Mukama, Okimanyi nti nkwagala. Naye nzijukira bulungi ebiseera ebyo nze ne Lee lwe twawangulanga e—ebikopo byonna, n'ebirala." N'agamba nti, "Bannaaye, nzijukira ekidongo ekyo eky'edda kyansikirizanga nnyo. Naye kati tekikyansikiriza."

270 Uh-oh, uh-oh! Ggwe alowooza mbu tekikyakusikiriza. Naye awo kiba kikulina, nga kyakumaze dda. Ekyo kye kyokka ky'ayagala, ekyo kyennyini. Okiraba?

271 Bameka abaali bamanyi Nellie Sanders? Kale, ndowooza bangi ku mmwe. Mazima. Ddala. Kale nno ba—baali—baali . . .

272 Yagamba, yagamba nti, "Naye, omanyi?" N'agamba nti, "Oba oli awo ssinga nnyambukako waggulu wali ku madaala," n'agamba nti, "osanga nnyinza okubaako abamu ku bo be njulira gye bali."

273 Ha! Olaba, oli mu nkambi ya ssetaani mwennyini. Gifulume. "Weewalire ddala n'ekirabika okuba nti kibi."

274 Naye yalinnyira ddala, n'atuuka amadaala gye gakoma, n'ayimirira awo okumala eddakiika ntonotono. Okugenda okwejjuukiriza, yeesanga ali mu mikono gya mulenzi, nga bazina.

275 Olwo kwe kuddamu okutegeera. Kati yali ayimiridde awo, akaaba bw'agamba, nti, "Ha, ku luno, mbulidde ddala. Na . . . "

276 Muli ne ndowooza nti, "Weewaawo, Bayibuli ssigimanyi nnyo, naye nzikiriza Yesu yagamba bw'ati nti, 'Mu Linnya lyange banaagobanga emizimu.'" Ne . . .

277 Ne Wayne, omwenge gwali gugenda gumuggwaako, nga atudde awo, alaba ekigenda mu maaso. Olaba? Kye nnava njogera nti, "Kati, ssetaani, ssikumanyi, naye nkutegeeza kaakano, nti ono mwannyinaze, era tolina nsonga yonna kuba nti omukutte. Ekyo takigenderedde. Ayimiriddeko buyimirizi katono." Naye, awo we yakolera ensobi. Ne ŋŋamba nti, "Naye kati ogenda kumuvaamu. Ompulira?"

278 Era Katonda, onnyambanga, nga ntuuse mu Kaguli. Oluggi olwo olw'ebweru lwatandika okweggula lwokka, nga bwe lweggala. "Pulampiti, pulampiti," awo ku mulyango. "Pampu, ka-pulampu, ka-pulampu." Muli ne ndowooza.

N'alyoka agamba nti, "Bill, labayo wali. Labayo wali."

Ne nziramu nti, "Yee. Kiki ekyo?"

N'addamu nti, "Ssimanyi."

Ne ŋŋamba nti, "Nnange ssikimanyi."

279 Oluggi ne lugenda mu maaso nga bwe lwekuba "pampiti—pampu, ti-pampu," nga bwe lweggala. Muli ne nneebuuza nti, "Kiki ekiri wano? Kiki ekigenda mu maaso?"

280 Ne nziramu ne ntunula, bwe *ntyo*. Ne ŋŋamba nti, "Muveemu, Ssetaani! Mu Linnya lya Yesu, mufulumemu!"

281 Ekyo bwe nnakyogera, ne walabika oguntu oguli nga oguwundo ogunene ogwakula, nga gwenkana *wano* obuwanvu, ne guva emabega we, nga guliko ebyoya ebiwanvu ebirengejja ku biwaawaatiro byagwo ne ku bigere byagwo bwe *biti*. Nga bwe guwuuma nti, "Oooooh." Ne gujja gyendi, n'amaanyi amangi.

282 Ne ŋŋamba nti, "Ayi Mukama Katonda, Omusaayi gwa Yesu Kristo guntaase ekintu ekyo."

283 Wayne n'abuuka n'adda ku kitanda, ne yeetegereza. Nga guli awo, gufaanana nga, ogusiikirize ogunene, ne gugenda nga gwetooloola, ne gusituka ne gugenda emabega wansi

w'ekitanda. Wayne n'afubutukayo mu kitanda, ne yeesogga ekisenge ekiddako, mangu nnyo. Kati ne . . .

284 Nellie ne mmuzzayo eka. Ne nkomawo, naye nga ssisobola . . .

285 Maama yayingirayo n'akunkumula amasuuka na buli kimu kyonna. Naye nga mu kitanda temuli kintu kyonna. Kyali kiki ekyo? Omuzimu gwamuvaamu. Kiki ekyabaawo? Yayimiriramukko katono. Kyali ekyo.

286 Togezaako n'akatono, kuyimirira. Katonda bw'annyikiza Ekigambo Kye mu mutima gwo, kwata bukwasi Ekitala ekyo otandike okutemaatema n'okusalaasala. Aleeruuya!

287 "Ssirina budde bwa kubaako na kye nninda kyonna. Nnaakasomoka, ssirina na budde kukkalira."

288 N'agamba nti, "Kale, twala omuggo gwange oguteeke ku mwana. Bwe wabaawo omuntu yenna ayogera gy'oli, tomunyega."

289 Ssetaani ssinga akugamba mbu, "Owaaye, omanyi bwe weewulira ye?" N'okumunyega tomunyega. Weeyongere bweyongezi mu maaso.

290 Ssetaani, omanyi, ssetaani ayinza okukugamba nti, "Naye okimanyi? Okimanyi nti, *Gundi*, bwe yafuna Omwoyo Omutukuvu, ojjukira nti kaabula kata agwe—agwe eddalu." N'okumunyega tomunyega. Weeyongere bweyongezi mu maaso. Ggwe ebya *Gundi* tebikukwatako.

291 Muli ggwe ne Katonda. Ky'ekyo. Nyweza Katonda. Afuka amafuta ku baweereza Be. Nnina okwanguwako. Katonda afuka amafuta ku baweereza Be. Mukiraba?

292 Kati ebimu ku bye nnawandiise wano nnina okubibuuka, naye kyo kino njagala nkyogere. Wano, kati muwulirize, bulungi.

293 Nnyabo, wuliriza bulungi kati.

294 Wano we tulabira obukodyo bwa ssetaani. Tubulaba tutya? Kati, nninawo wano Ebyawandiikibwa bingi nnyo, ebikwata ku bannabbi n'ebirala, bwe yabalumbagananga, n'abantu ab'enjawulo mu Bayibuli yonna, nga akola ekintu kye kimu. Ako lubeerera ke kakodyo ke, okugezaako okuleetera abantu obutakkiriza Kigambo kya Katonda. Muwulirize, mmwe abajaasi b'omusaalaba. Ssinga ogaana okukkiriza yadde Ekigambo ekimu kiti ekyawandiikibwa mu Bayibuli ya Katonda, awo oba oggyiddwaako eby'okulwanyisa.

295 Okikkiriza ekyo, mukwano?

296 Obeera oggyiddwaako eby'okulwanyisa. Obeera owanise, ggwe ekyennyanja ekitalina magumba. Yambala eby'okulwanyisa byonna ebya Katonda. Amiina. Tuli mu lutalo. Katonda kye yayogera kituufu. "Buli kigambo kya

muntu bulimba." Okiraba? Naye ggwe kasita . . . n'amala akuleetera okubaako ne ky'owuliriza, ako ke kakodyo ke, awo eby'okulwanyisa biba bikuggyiddwaako.

297 Kaawa kyamwetaagisa kuwuliriza bintu bimeka? Kimu. N'aggibwako eby'okulwanyisa mu kaseera ako kennyini. Ssetaani kiki kye yakola? Yayingirira butereevu mu ndowooza ye, mu mwoyo gwe, era awo n'akyamizibwa. Ekyo si bwe kiri? Yakyamizibwaawo mu kaseera ako kennyini we yaggyirwako eby'okulwanyisa, bw'atakkiriza Kigambo kya Katonda. Kale. Wano we tulabira obukodyo bwe.

298 Abajaasi ba Katonda balagirwa "okwambala eby'okulwanyisa bya Katonda byonna." Si bwe kiri? Kati, Ekyawandiikibwa ekyo bw'oba wandyagadde okukiwandiika, kiri mu Abaefeeso 6:10 ne 13. Okiraba? Twakisomye gye buvuddeko. Kye kyawandiikibwa ky'omutwe gw'eky'okuyigako kyaffe. Kale. Mwekkaanye. "Mwambalenga eby'okulwanyisa bya Katonda byonna." Leka . . . Mukyalinayokko obudakiika? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Leka tuddeyokko katono emabega. Tulabe eby'okulwanyisa bya Katonda byonna kiki kye biri. Kale. Leka tutandikire ku lunyiriri olw'e 10. Kati, muwulirize bulungi kati. Tulabe eby'okulwanyisa bya Katonda byonna. "Eky'enkomerero, baganda bange . . ." Kati, mmanyi ŋŋenda . . . Ŋŋenda . . .

299 Eddakiika ziri abiri, mu kaseera kano, ezibulayo okuwera essaawa omukaaga, ziri awo bwe watyo. Ssa—ssaagala . . . Ssaayagadde kulwaawo nnyo kiyitiridde nga mbayigiriza, olwa leero, naye nnyi—nnyinza okuba nga nsigazzaayo Obubaka nga bwa mulundi gumu gwokka ndyoke ŋŋende ku zimu ku ŋŋendo zange ez'omu biseera by'omusana, mukiraba.

300 Ye ate mumanyi? Mumanyi lwaki kino nkikola? Ka mbabuulire. Luli nnaloota ekirooto. Nnabadde ssigenda kukyogera, naye kinnemedde ku mutima. Kale ne bwe nkyogera, kasita Mukama yamaze okumpa amakulu gaakyo.

301 Nnaloota nga nneetegeka okusomoka omugga omunene, okugenda ku mulimu gw'okubuulira enjiri. Kati, mu kusooka, nnaliwo ne mukyala wange . . .

302 Bameka abamanyi George Smith, Smith busikonda-mukaaga, mu kibuga wano? George Smith, mutabani we ali wano mu ggye lya poliisi. Ye, musajja wattu George, kati lujuuju. Naye yali omu ku bazannyi b'ebikonde abaali basinga. N'okuntendeka ye yantendeka, nga ssinnagenda na mu Y.M.C.A. n'awalala. Ye yatutendekanga. Era yali mwangu, nga mwangu nnyo ddala. Yali mu buzito bw'abo abayitibwa aba welterweight, ze kilo nkaaga mu mukaaga. Kale ye yantendeka. Yayimiriranga awo, n'afunya ekikonde kye, *bw'atyo*, n'ankuba eŋŋumi ku lubuto, n'ampanika ku kisenge, olaba, naye, nga ssifaayo. Yali

antendeka butendesi, tewaaliwo nsonga ndala yonna okuggyako okuntendeka obutendesi.

303 Kati nna—nnaloota, ekiro kya luli, nga ndaba Smith busikonda-mukaaga. Kati, tekwali kwolesebwa. Kyali kirooto. Ne ndaba Smith busikonda-mukaaga, nga abavabuka abato bamulumbye, mu kumeggana. Kyokka nga ye, musajja wattu akaddiye, ndowooza, ha, ali nga . . . Nnina emyaka ataano mu ebiri. Ye alina nga ataano mu munaana, oba nkaaga. Tewaaliwo n'omu ku bavubuka abo yali asobola kumukwatako, mu ngeri yonna. Yabasiba busibi wamu enkalu, *bw'atyo*, n'abagalamiza wansi n'abakwata n'emikono gye.

304 Muli ne ndowooza nti, "Ekyo nga kyewuunyisa." Nnali ndowooza nti mukyala wange ali nange, ne ŋŋamba nti, "Ekyo nga kyewuunyisa." Ne ŋŋamba nti, "Ye Meda, obadde okimanyi? Oyo ye yali omutendesi wange."

N'aŋŋamba nti, "Nki—nkijjukira, nga wakiŋŋambako."

305 Ne ŋŋamba nti, "Yee, ssebo. Olw'okutendekebwa okulungi kwe yampa, nnawangula ennwaana kkumi na ttaano ez'abazannyi abakugu, oluvannyuma ne—ne mbivaamu; ne ŋŋenda mu kubuulira Enjiri."

306 Mu kaseera ako ekirooto ne kikyuka, ne ntandika okusaabala ku—ku mazzi. Naye bwe nnali nsaabala, nnasaabalira mu kaato ka yingini. Ŋŋenda okutunula erudda, ne nnengera babiri ku bannange ab'oluganda nga batuddde, mu kaato ak'enkasi, beetegeka okugenda nange. Ne ŋŋamba nti, "Ab'oluganda, ekyo temusobola kukikola. Huh-uh. Nteekwa kugenda nzekka."

307 Omugoba w'eryato n'ajja, n'aŋŋamba nti, "Eryato lyo liirino," nga kaato ak'enkasi ka pulasitiika keeru.

Ne ŋŋamba nti, "Nedda. Huh-uh. Si ako."

308 Kwe kuŋŋamba nti, "Naye nno, osobola okuwunguka nako erudda *eno*, ku mbiro za mayiro ataano buli ssaawa."

Ne ŋŋamba nti, "Naye ate nnina kusaabala nga nzira ludda *eri*." Okiraba?

"Kati nno," n'agamba nti, "weegatte ku *bali*."

309 Kye nnava ŋŋamba nti, "Abo si bavuzi ba maato. Eby'okuvuga amaato tebabitegeera bulungi. Bakyamuukiridde bukyamuukirizi. Tebasobola kukakozesa kusaabala. Bombi bajja kubbira mu mazzi. Tebakisobola."

Kye yava aŋŋamba nti, "Ggwe oli . . . weekakasa . . . ?"

310 Ne ŋŋamba nti, "Wuliriza, nze—nze eby'amaato mbimanyi nnyo okubasinga, era ssiyinza kugezaako kusaabala na kaato ako, nga kali bwe katyo nga bwe kaakolebwa." Ne ŋŋamba nti, "Kiba kyetaagisa lyato lya yingini okusomokawo awo." Ne ŋŋamba nti, "Kyetaagisa ekintu eky'amaanyi okusinga ku ako."

311 Ne mmulaba nga amagamaga, atunuulira omu ku b'oluganda, n'amubuuza nti, "Oli muvuzi wa lyato?"

Ow'oluganda n'addamu nti, "Weewaawo." Mukiraba?

Ne ŋŋamba nti, "Ekyo si kituufu."

312 Kati omugoba w'eryato n'akomawo. N'agamba nti, "Nkubuulire ky'oba okola." N'agamba nti, "Bakwagala. Bakukkiririzaamu. Naye," n'agamba nti, "ssinga ogezaako okusaabalira mu kaato ka yingini, nabo bajja kugezaako bakugoberere mu kaato ako ak'enkasi. Era bombi bajja kufa, okiraba." N'agamba nti, "Tebalina kukugoberera."

Ne ŋŋamba nti, "Kati, nkole ki?"

313 Omugoba w'eryato ono eyali ku mwalo, kwe kugamba nti, "Ggwe ddayo engulu *eri*." N'agamba nti, "Mu ggwanga lino lyonna mulimu etterekero ly'emmere limu lyokka, etterekero ly'emmere limu lyokka. Tereka emmere mu bungi," n'agamba nti, "kati bo bajja kusigala wano. Bo—bo bajja kusigala wano nga—nga ogenze. Naye," n'agamba nti, "kijja kukwetaagisa okutereka emmere ewerako."

314 Kati mba nsaba bampeeyo ku bika by'emboga eby'enjawulo, n'amayuuni, n'enva endiirwa, n'ebintu ebirala, nga mbipakira wamu bwentyo. Ne nzuukuka.

315 Ssaategeererawo kye kyali kitegeeza, naye kati nkimanyi. Olaba, tuli mu kutereka mmere, ab'oluganda. Buno bulamu bw'olina okutambuliramu wekka.

316 Leo, ojjukira ekirooto kye waloota lumu nga waakajja wano? [Ow'oluganda Leo Mercier addamu nti "Amiina."—Omuk.] Ekyali kikwata ku piramiidi, gye walowooza nti wali osobola okugiyingiramu. Ne nkugamba nti, "Leo, eno tewali muntu yenna ayambukayo. Katonda omuntu oyo y'alina okumuteekayo. Owalampye n'otuuka ku buli mutendera gwonna ogw'obuntu omuntu gw'asobola okutuukako." Ne ŋŋamba nti, "Eno tosobola kuggyayo, Leo. Okiraba? Ddayo wansi. Abantu bagambe bugambi nti kiva eri Katonda." Okiraba? Okiraba?

317 Kintu ky'o—ky'otasobola kwesigamako, newankubadde nga baaluganda era banyinnaffe balungi, n'ekkanisa yange na buli kimu, n'amakanisa amalala ne bwe gaba malungi okwenkana wa, n'ab'oluganda, buli wamu.

318 Kati, ekkanisa eri ebweru eyo ssiyinza kugyewala. Omuntu omu ayinza okwebuuza nti, "Naye, kiki ekikutwalanga mu bantu abo, abakkiririza mu njigiriza ya Tiriniti, na *kino*, na *kiri,* ne *kiri,* n'ab'enzikiriza ya Oneness, n'ab'enzikiriza y'Erinnya lya Yesu, n'ebirala bino byonna? Kiki ddala, ekikutwala okubeetabikamu?" Bange. Ka babe nga bakoze ki, bange. Abo kye kituuti kyange.

319 Isiraeri bwe baayonoona ennyo, Katonda n'atuuka n'okugamba Musa, nti, "Weeyawule. Nja kutandikawo eggwanga e—eppya okuva mu ggwe."

320 Musa yeekiika mu kkubo, n'agamba nti, "Nga tonnabazikiriza, sookera ku nze."

321 Ka babe nga bakoze ki, nnatumibwa gye bali. Atuma Omusana, nga tagutumye kwakira wali Kitangaala. Wabula awali ekizikiza, awo Omusana we gulina okwakira. Kale olina okugenda mu bantu abo. Oteekwa okuyimirira nabo, ka kibe kiki, oteekwa okukikola, ne mu bukyamu bwabwe.

322 Isiraeri baali bakyamu nnyo nga bwe kisoboka. Baali bakyamu nnyo Katonda n'atuuka n'okubavaako. Naye, Musa, bulijjo nnalinga nneebuuza ekyo engeri gye kyaggyamu, naye yali Mwoyo wa Kristo mu Musa. Okiraba?

323 Olaba, fenna tuli bakyamu. Yayimirirawo ku lwaffe ffenna bwe twali mu bukyamu bwaffe.

324 Ne bwe baba bakyamu okwenkana wa, leka tuleme kuggyawo kussa kimu oba kuleetawo kweyawulayawula na kintu kyonna. Kasita tuba nga tusobola okuwangula emmeeme, leka tugende "n'obukalabakalaba nga omusota, naye nga tetulina kabi konna nga ejjiba," mukiraba, tugezeeko okuwangula buli mmeeme yonna gye tusobola okuwangula.

325 Kaakati, kiikino kye ŋŋamba enkya ya leero, kutereka Mmere. Okutereka Emmere, musobole okubeera ne kye munaalya, musobole okubeera n'ekijjulo. Mugikwate ku ntambi zammwe. Obeeko w'otuula mu kisenge ekiweweevu. Oba oli awo, bwe ndiba eyo ewala ennyo, mulisigala mujjukira nti ebintu bino bituufu. Tuula mu kisenge kyo obiwulirize. Okiraba? Kale eno ye Mmere, eterekebwa, mu sitoowa. Olugendo ssimanyi oba lwa kugenda wa. Naye, oba lwa wa yonna, Ye amanyi gy'Atulaza; nze ssimanyi. Ngoberera bugoberezi.

326 Kati, yagambye ki wano? Muwulirize bulungi.

> *Eky'enkomerero, baganda bange, mubenga n'amaanyi mu Mukama waffe, ne mu buyinza obw'amaanyi ge.*
>
> *. . . mubenga n'amaanyi . . . mu buyinza obw'amaanyi ge.*
>
> *Mwambalenga eby'okulwanyisa byonna ebya Katonda,* mulyoke *muyinzenga okuyimirira eri enkwe zonna eza ssetaani.*
>
> *Kubanga tetumeggana na mubiri na musaayi, . . .*

Okuwandagaza amasasi n'okufumita ebiso, okiraba, si bye ebyo.

> *. . . wabula n'abamasaza, n'ab'obuyinza, n'abafuga ab'omu . . . kizikiza ky'ensi eno, . . .*

327 "Abafuzi ab'ekizikiza." Ensi ani agifuga? Ssetaani. Ddala. Ani ali emabega w'ebintu bino byonna ebigenda mu maaso, ebintu bino byonna ebitaliimu kutya Katonda ebigenda mu maaso, buli wamu, ne gavumenti zino zonna, n'ebirala? Byonna ssetaani. Bayibuli bw'etyo bw'egamba. Ssetaani y'afuga mu Amerika. Ssetaani ye yafuga mu Bugirimaani. Ssetaani y'afuga buli ggwanga lyonna eriri mu nsi. Ŋŋenda kukituukako, mu ddakiika ntono ddala, era tujja kulaba oba nga ddala y'afuga, oba nedda. Oba nga ddala . . . Obwakabaka bwonna obwali bubaddewo, n'obulijja, okutuusa Katonda lw'alissaawo Obwakabaka Bwe, bwonna bufugibwa ssetaani.

328 Kati, ssitegeeza nti buli muntu yenna abulimu ssetaani. Mu—mu zi woofiisi za gavumenti mulimu abantu abatya Katonda.

329 Waliwo agenda okujja wano mu nnaku ntono gye bujja, wano wennyini, okulaga ffirimu n'Ow'oluganda Arganbright, mu kifo kino. Abadde mukungu nga akola ne ba pulezidenti bataano ab'enjawulo, ye Ow'oluganda Rowe. Era mu . . . Ajja kubeera wano, ndowooza nga mu wiiki ey'okubiri eya Apuli. Ow'oluganda Neville ajja kukiranga. Era musajja mulungi nnyo.

330 Ndowooza, yagamba nti yali asobola okwogera ennimi munaana ez'enjawulo. Naye bwe yafuna Omwoyo Omutukuvu, teyalina lulimi lwonna lw'asobola kukozesa kwogera eri Mukama, bw'atyo Mukama kye yava abaako ne lw'amuwa, bw'atyo bwe yagamba, asobole okwogera gy'Ali nga akozesa olwo. Yamuwa olupya, lwe yali tagezesanganako. Kale.

> . . . *obubi mu mwoyo mu bifo ebya waggulu.*
>
> *N'olw'ekyo . . .*

331 Kati muwulirize, mmwe mwenna abajaasi, nga tetunnatandika lunyiriri lw'abagenda okusabirwa.

> . . . *mwambalenga* ebyammwe . . . *mwambalenga* (b-y-o-n-n-a) *byonna* (si kitundu butundu ku byo) . . . *ebyambalo bya Katonda byonna,* mulyoke *muyinzenga okuyimirira mu nnaku embi . . .*

Ezo ze nnaku ze tulimu.

> . . . *era bwe mulimala okukola byonna, musobole okuyimirira.*
>
> *Muyimirire . . .*

332 Amiina. Ekyo mukifunye? Okiraba, mukwano? Bw'omala okukola byonna by'osobola okukola, okuyimirira, yimirira. Toseguka.

> *Kale nno muyimirire, nga mwesibye . . .*

333 Muwulirize kino. Muwulire wano, kino kye kiri. "Ebiwato byammwe." Ekyo kye kitundu kyo eky'omu makkati, *wano*, okiraba.

> . . . nga mwesibye ebimyu *n'amazima,* . . .

334 Amazima kye kiki? Kye Kigambo kya Katonda. Ky'ekyo. "Ekigambo Kyo ge Mazima." Kale.

. . . nga mwambadde eky'omu kifuba bwe butuukirivu;

335 Ekyo kwe, "Kukola ekituufu." Nga olina Ekigambo kya Katonda mu ggwe, nga okola ekituufu. "Eky'omu kifuba eky'obutuukirivu."

Era nga munaanise mu bigere byammwe okweteekateeka kw'enjiri ey'emirembe;

336 Mugende wonna wonna, mu buli kifo kyonna, mu kiseera kyonna, nga ebigere byammwe byambadde Enjiri. Okiraba? Ate mulabeeyo:

Era, ku ebyo byonna, nga mukwatiddeko *engabo ey'okukkiriza, . . .*

337 Eyo obusaale kwe bwekoona ne bugwa eri, okiraba, "Engabo ey'okukkiriza."

. . . enneebayinzisanga okuzikiza obusaale bwonna obw'omuliro obw'omubi.

Muweebwe ne sseppeewo ey'obulokozi, . . .

338 Eyo ye mmeeme. . . By'ebirowoozo—ebirowoozo, munda *muno*, omutwe; ky'ekibikka ku mutwe.

. . . n'e—n'ekitala eky'Omwoyo, nga kye Kigambo kya Katonda:

339 Sseppeewo eno onaagikozesa otya, ekola ki? Bukuumi. Sseppeewo ekolebwa mu ki? Mu kikomo ekizigule. Ekikomo ekizigule tosobola kubaako na ky'okikola; kiba kigumu, nga kigumu nnyo n'okusinga ekyuma. Eky'okumutwe ekyakolebwa mu kikomo ekizigule, (kye kiki?) obulokozi, okutegeera kino nti, "N'okuwonyezebwa kwange kuva wa Katonda. Obulokozi bwange buva wa Katonda. Obumanyirivu bwange bukwatagana na Kigambo Kye, so si na ndowooza za makanisa; wabula na Kigambo!" Amiina. Kiikyo. Nga obikkiddwa omutwe gwonna, oliko obukuumi, ne sseppeewo ey'obulokozi, okusumululwa. Twala ebyo, okumbe nga ogenda mu maaso. O, kaakati, kaakati ekyo kye tuteekwa okukola. Eggye lya ssetaani . . .

340 Kati mwekkaanye, kati tu. . . Nnina okwanguwako, naye, kino nni—nnina okukyogerako.

341 Eggye lya ssetaani lireeta endwadde. Ekyo Ssetaani ky'ali, muzikiriza. Ssetaani, obwakabaka bwa Ssetaani bwonna, ndwadde njereere, kufa, na nnaku, na kunyigirizibwa, na kweraliikirira, byonna biri ku Ssetaani.

Katonda Bulamu, kukkiriza, ssanyu, mirembe, erudda *wano*. Okiraba?

342 Kati, ago ge maanyi ag'emirundi ebiri agambalagana mu kaseera kano kennyini. Galwanagana. Galwanagana wano

wennyini mu kizimbe mu kaseera kano kennyini. Galwanagana, naawe, buli lunaku, amaanyi ago gonna.

343 Ssetaani, akulondoola buli w'odda, li Goliyaasi eryo, eriringa li kabaka, li kabona nga ligezaako okukutiisatiisa okubula okukuggyamu ekibumba. Mutuufu, wabula Katonda . . .

344 Weebulunguluddwa bbugwe, amiina, n'Enjiri, n'Ekigambo eky'Amazima ekisibiddwa mu kiwato kyo. Ekitiibwa! Mubuulizi, ekyo kye kiri. Sseppeewo ey'obulokozi; engabo ey'okukkiriza; n'Ekitala, nga Kyo okikutte okiwuuba mu mukono gwo! "Ssetaani, nkulumbagana. Ojja gyendi mu linnya lya ssaayansi. Ojja gyendi mu linnya ly'e—ly'eby'obuwangwa. Ojja gyendi mu linnya ly'ekibiina. Ojja gyendi mu linnya lya *kino*, n'*ekyo*, oba *kiri*. Naye nze nzija gy'oli mu Linnya lya Mukama Katonda wa Isiraeri. Nkulumba. Nviira!" Awo n'okufa kwennyini tekuyinza kuyimirirawo. Kubotolemu ekituli. Bwe kiri.

345 Eggye lya ssetaani lireeta endwadde, ate eggye lya Katonda lyaweebwa omulimu ogw'okuzigoba. Amiina. Kiikyo. Buli mulundi Ssetaani lw'abaako ne gy'akukasukira, ku emu ku zo, eggye lya Katonda lyo liriwo kumugoba afulume. Amiina. Mugobe!

346 Ako ke kakodyo kennyini Katonda ke yakozesa. Ssetaani yakozesa eggye ery'okuzikiriza, okuleeta obutakkiriza mu Kigambo kya Katonda, ne yeeteerawo obwakabaka obusinga ku bwa Mikayiri bwe yalina, naye Katonda n'amukasuka ebweru.

347 Enkola ya Katonda, eri nti, goba omubi. Ssuula wansi empaka. Ssuula wansi okuwanuuza. Ssuula wansi okweraliikirira. Ssuula wansi endwadde. Ssuula wansi ekibi. Amiina. Ebyo obiri waggulu, wazuukizibwa mu Yesu Kristo, otudde mu bifo eby'omu Ggulu, nga buli muzimu guli wansi wa bigere byo. Ssinga agezaako okuyingizaayo omutwe gwe munda eyo, kiki . . .

348 Omanyi, wafa. Obulamu bwo bwakwekebwa. Kiki *ekyafa*? Wafa eri obusimu bwo. Wafa eri okulumirizibwa kwo. Okwagala kwo okw'obuntu okw'okubaako ky'okola nga ggwe kuyinza okugamba nti, "Weewaawo, ndabika . . ." Wafa eri okukubaganya ebirowoozo kwo. Wafa eri ebintu ebyo byonna. N'oziikibwa mu Linnya lya Yesu Kristo; era n'ozuukirira wamu naye. Era wonna w'Ali, awo naawe w'oli.

349 Kiki ekyabaawo ku bali, omu ku babuusabuusa bali, bwe yagenda mu Ggulu? Katonda yamusamba n'amufulumyayo. Era kiki kye yagamba abajaasi abaazuukizibwa mu Kristo? "Omuzimu gwonna bwe gujja, mugusambe gufulume. Mugugobe gufulume." Yesu bwe yatendeka eggye Lye, n'alituma okugenda ensi yonna gy'ekoma nti, "Mugende mu nsi yonna, mubuulire Enjiri eri buli kitonde. Oyo akkiriza n'abatizibwa alirokoka;

naye atakkiriza omusango gulimusinga. N'obubonero buno bunaagobereranga abo abakkiriza, abajaasi Bange. Mu Linnya Lyange banaagobanga emizimu; banaayogeranga ennimi empya; bwe banaakwatanga ku misota, oba ne banywa ekintu kyonna ekitta tekiibakolenga kabi; bwe banassanga emikono ku balwadde, banaawonanga."

Mugende mu maaso, mmwe abajaasi Abakristaayo!
Nga mukumba mugenda mu lutalo,
N'omusaalaba gwa Yesu
Nga gubakulembedde.

350 "Nnakomererwa wamu naye, newankubadde ndi mulamu; si nze mulamu, wabula Ye ye mulamu mu nze." Ekigambo nga kikulemberamu, mu maaso, Katonda nga atemaatema, n'Ekitala Kye eky'obwogi obubiri.

351 Kati, tekyewuunyisa, Grant bwe yawamba Richmond, omukazi oli okuva mu maserengeta n'alaba Grant nga ayingira, okuluŋŋamizibwa kwaamukkako. N'agamba nti:

Amaaso gange galabye ekitiibwa ky'okujja kwa Mukama;
Alinnyirira essogolero eyo awaterekebwa emizabbibu n'ekiruyi;
Asumuludde laddu ey'okuzikiriza n'Ekitala Kye ekisaanyawo;
Eggye Lye likumba ligenda mu maaso.

352 Amiina. Grant yawamba atya Richmond? Mu kaseera we yakituukirako. Amiina. Bw'atyo bwe yawamba Richmond.

353 Bwe batyo abajaasi ba Katonda bwe bawamba ekibi, endwadde; mu kaseera we babituukirako. Amiina. Bwe batyo bwe bawangula okubuusabuusa kwabwe, n'okutya, n'ebintu ebirala. Bwe wabaawo ekigolokoka, nga bakitemaatema nga kigwa wansi. "Va mu kkubo!" O, bannange! Ky'ekyo. Katonda nga agigoba, nga bwe yakola mu Ggulu. Omugabe waffe Omukulu yatulaga engeri gye kyakolebwamu. Amiina.

354 Roy Roberson ne Ow'oluganda Funk, ne bangi ku mmwe abaazirwanako abali wano, mumanyi omuduumizi owa nnamaddala bw'abeera.

355 Lumu na...ekitongole ky'abazikiza omuliro eky'omu Jeffersonville wano. Ekifo kya Pfau kyagenda ne kikwata omuliro. Kati ab'ekitongole ky'omu Jeffersonville ekizikiza omuliro baali awo, nga omuduumizi abakulira bw'atambulatambula adda eno n'eri, bw'agamba nti, "Muyiweeko ku mazzi erudda *eno* waggulu." "Sp-sp-sp-sp," nga bwe bakozesa olupiira olutono okufuuwa amazzi wano. N'abomu Clarksville nabo ne bajja ne badda mu bya, "Muyiweeko ku mazzi erudda *eno*." "Sp-sp-sp." Ekizimbe kya Pfau kyonna ne kijja ne kisaanawo.

356 Ne bayita ab'omu Louisville. Abasajja abatendeke ne bajja. Ha, nga obugombe bw'emmotoka bw'aleekaana!

357 Nga bano abakulu, ab'ebitongole bino ebizikiza omuliro, bakyali mu bya, "Muyiweeko ku mazzi erudda *eno*. Muyiweeko ku mazzi erudda *eno*." Abasajja abatali batendeke.

358 Ow'oluganda, ekimotoka ekyo ekizikiza omuliro olwayimirira kiti, ani yali ku ddaala waggulu? Omuduumizi yennyini. Eddaala olwayambusibwa waggulu liti, yayambuka nalyo. Olwayasa eddirisa, yali tannaba na kutuuka ku ddirisa. N'abaka akabazzi ke n'akakasuka ne kayita mu ddirisa, n'awoggana nti, "Bavubuka, mujje." Mu ddakiika ntono ddala, omuliro gwali guzikidde. Omuduumizi!

359 Omuduumizi tagamba, mbu, "Muyiweeko ku mazzi erudda *eno*. Mugezeeko erudda *wano*."

360 Naye agamba nti, "Bavubuka, mujje!" Amiina. Yakulemberamu. Yatulaga bwe kikolebwa.

361 Nnalowooza ku, "Kitongole ekyo ekizikiza omuliro abaatendekebwa obulungi, omuliro ogwo baaguzikiza mu ddakiika ntono ddala." Lwaki? Baalina omukulu abakulira eyali ategeera ky'akola.

362 Ow'oluganda, yogera ku njigiriza zo zonna ez'amatendekero g'ebyeddiini z'oyagala okwogerako. N'amadiini go agaagunjibwa abantu, n'ebibiina byo: Ggwe zannya n'ebyo.

Nze nnina Omuduumizi Omukulu eyaŋŋamba bwe nnina okukikola.

Oyinza okugamba nti, "Kale, ssinga mbadde nsobola okukiwunyiriza, oba okukiwulira." O, ebyo temuli makulu!

363 *Yiino* engeri Omuduumizi Omukulu gye yagamba gye kikolebwamu, mu Lukka essuula ey'oku 4. Ssirina budde kukisoma. Mukyesomere, mmwe bennyini. Kale. Lukka essuula ey'oku 4, mutandikire ku lunyiriri 1.

364 Teyagambako nti, "Kati ka mbabuulire. Mugende erudda *wano* mukole ekibiina eky'amaanyi. Mufune abakadde b'ekkanisa, n'abadiikoni, ne, oba mufune bakalidinaali, n'abalabirizi, mufune na *kino*." Teyabyogerako ebyo.

365 Ssetaani bwe yamulumba, n'agamba nti, "Kaakano Oli muyala. Ddira amayinja gano ogafuule omugaati."

Yaddamu nti, "Kyawandiikibwa . . . "

366 N'agamba nti, "Yambuka waggulu eno, ka tukutwale waggulu eno tubeeko ne kye tukulaga."

"Naye kyawandiikibwa . . . "

"Nja kukola *kino*, bw'Onaakikola."

"Kyawandiikibwa . . . "

367 Eyo y'engeri Omuduumizi Omukulu gye yagamba gye kyakolebwamu. Kikolebwa kitya, mwannyinaze? "Kyawandiikibwa nti, 'Bwe banassanga emikono ku balwadde, banaawonanga.'" "Kyawandiikibwa nti, 'Mu Linnya Lyange banaagobanga emizimu.'" Amiina. Kiki? "Kyawandiikibwa!" Ebyo bye biragiro by'Omuduumizi. "Kyawandiikibwa nti, 'Buli awulira Ebigambo Byange n'akkiriza Oyo eyantuma, alina Obulamu Obutaggwaawo.' Kyawandiikibwa! Kyawandiikibwa! Kyawandiikibwa!" Ebyo—ebyo bye biragiro. Oyo ye mujaasi. Bwe kityo bwe kikolebwa. Ekyo kye kikompola ky'omuzinga kye tukasukayo.

368 Yakola ki? Yatambula butereevu n'alumba, li Goliyaasi. Yalaga . . . Dawudi eggye yaliraga atya bwe kikolebwa? Dawudi Isiraeri yagiraga atya bwe kikolebwa? *Dawudi* litegeeza "omwagalwa, omulokozi." Okiraba? Dawudi yakikola atya? Yagamba nti, "Kikolebwa bwekiti. Weesige Ekigambo kya Mukama."

369 Goliyaasi ne yeesowolayo, n'agamba nti, "Nkubuulire? Ŋŋenda kukusogga ku kasongezo k'effumu lino, nkuliise ebinyonyi eby'omu bbanga."

370 N'agamba nti, "Ojja gyendi nga ekibiina ekigunje. Ojja gyendi nga munnassaayansi ow'omulembe. Ojja okunneŋŋanga n'ekitala kyo ekinene ekiweza ffuuti kkumi na nnya. Ojja okunneŋŋanga ne sseppeewo ey'ekikomo ekizigule, n'engabo gye ssisobola na kusitula kuggya ku ttaka. Ojja okunneŋŋanga nga omulwanyi omutendeke. Ojja okunneŋŋanga ne ddiguli eya Ph.D., n'eya L.L.D., n'ey'emirundi ebiri eya L.D. Ojja okunneŋŋanga n'ebintu bino byonna. Naye nze nzija gy'oli mu Linnya lya Mukama Katonda wa Isiraeri, era olwa leero omutwe gwo ŋŋenda kugutemako ngwawule ku bibegabega byo." Amiina. Akasundo ako akasirikitu nga kajja okulumba li nnaggwano eryenkanidde awo obunene, wabula kaali kamanyi we kayimiridde.

Isiraeri, nga bali mabega eri bakankanira eyo mbu, "Ha, bambi kasajja kattu."

Goliyaasi n'agamba nti, "Ka nkulage kye ŋŋenda okukola." N'alumba.

371 Yalina o-k-u-k-k-i-r-i-z-a, mukiraba, m-u Y-e-s-u, amayinja ataano, amayinja ataano. N'aggyayo akayinja kamu, k'aba atandika nako. [Ebigambo 'Yesu' ne 'okukkiriza' birina ennyukuta ttaano-ttaano mu Lungereza.—Omuv.] N'akawuuba bw'atyo, Omwoyo Omutukuvu n'abaka akayinja ako, ne kagenda. Goliyaasi n'alindiggulwa ku ttaka. Eyo ye ngeri gye kikolebwamu.

372 Yesu bw'atyo bwe yayogera, kye yayogera. "Kaakati, mmwe ab'oluganda abagenda ebweru eyo mu kubuulira enjiri, bwe

muba mwagala okumanya engeri y'okuwangulamu emizimu gino, ŋŋenda kubalaga engeri gye kikolebwamu."

373 Ssetaani yagamba nti, "Ŋŋenda kukweŋŋanga." Goliyaasi n'agamba nti, "Ŋŋenda kukulaga Ggwe kye nsobola okukola. Enjala ekuluma. Bw'oba Ggwe Mwana wa Katonda, kale ka nkusoomooze. Ogambye Ggwe Mwana wa Katonda. Kale ka nkusoomooze. Bw'oba nga Ggwe Mwana wa Katonda, kale amayinja gano gafuule emmere. Lya; kubanga enjala ekuluma. Era bwe kiba nti ddala Ggwe Mwana wa Katonda, ekyo amaanyi agakikola Ogalina."

374 N'agamba nti, "Naye kyawandiikibwa, kati nti, 'Omuntu taabenga mulamu lwa mmere yokka.'" Ha, Omuduumizi Omukulu bwatyo bwe yakikola.

N'amulinnyisa waggulu ku ntikko ya yeekaalu. N'agamba nti, "Bwe weesuula wansi," n'agamba nti, "Okimanyi era nakyo kyawandiikibwa . . . "

375 Ye n'amugamba nti, "Weewaawo." N'agamba nti, "Kyawandiikibwa, nate nti, 'Tokemanga Mukama Katonda wo.'" Olaba kye yeeyita? "Mukama Katonda wo." Uh-huh. "'Tokemanga Mukama Katonda wo,' nate era, bwekityo, bwe kyawandiikibwa." Okiraba? O, bannange!

376 Yakola ki? Yamuwangula, ng'akozesa Ekigambo kya Katonda. Akakodyo ka Ssetaani kwe kukuleetera obutakkiriza Kigambo kya Katonda. Ate nga Omuduumizi Omukulu yagamba nti, "Twala Ekigambo kya Katonda okikole. Mu Linnya Lyange banaagobanga emizimu."

377 Ha, Ssetaani, omuduumizi waabwe omukulu, ha, mazima ddala, omanyi, ebimu ku bibiina by'amadiini bino bigezaako okubakkirizisa mbu alina ekinuulo ekyeyawuddemu, omanyi, mbu n'omukira ogweyawuddemu, n'ebintu ebyo byonna. Temubikkiriza. Tafaanana bw'atyo. Nedda, ssebo, ow'oluganda. Mugoggoofu alabika obulungi. Temubikkiriza ebyo mbu abirina. Ebyo babikola kubatiisatiisa. Ssetaani bw'atyo si bw'afaanana. Okusooka kwa byonna, ssetaani talina kinuulo; ekyo nkibuusabuusiza ddala. Ye mwoyo mwereere. Ssetaani mwoyo. Talina binuulo byeyawuddemu na bintu biringa ebyo, nga bwe mugezaako okumusiiga mu bifaananyi. Nedda, nedda.

378 Naye, mugezi. Ow'oluganda, ssetaani musajja mugezi ddala, eyakenkukira ddala, era lubeerera ekyo kyabaddenga, mu by'amagezi g'ensi. Ha, weewaawo. Alabika bulungi mu ndabika. Eggye lye yalitegekera ddala mu by'amagezi g'ensi, okutuusa nti, ggwe ow'oluganda, tewetantala kugezaako—kugezaako kubaako by'oyogera. Olina okuba nga weekakasa by'oyogerako bw'osisinkana omu ku basajja bano, abagamba mbu, "Ebiro by'eby'amagero byayita." Nedda, talina—talina kinuulo kyeyawuddemu. Ye, ha, ya—ya—yayita mu ttendekero lya bya ddiini. Yawagalwa, ow'oluganda. Kye ntegeeza kiri

nti, yakenkuka alina, Ph.D., L.L.D., Q.U.S.T., n'endala zonna. Okiraba? Byonna omwo, mukenkufu ddala. Mugezi, mazima ddala, musota gwennyini, y'asingayo obukalabakalaba mu bonna. Otuviiri otusaniriddwa obulungi twonna ne tugwa kuli, ow'oluganda, mu ekyo, kye ntegeeza kiri nti, nga anekaanekanye yenna, nga temuli yadde olufunyiro mu kkooti. Nga mukenkufu, mugezi ddala era mukalabakalaba nga bwe kisoboka. Bwe kiri.

379 Togezaako kumweŋŋanga okuggyako nga by'oyogerako obimanyi bulungi. Bwe kiri. O, naye tumanyi o—obukodyo bwe obw'edda. Ky'agezaako okukola tukimanyi: kutuleetera butakkiriza Kigambo kya Katonda.

380 N'ekirala talina bunuulo bweyawuddemu. Nedda, nedda, nedda. Kaakati, tukiraba nti bw'aba talina bunuulo bweyawuddemu, kitegeeza ateekwa okuba alina ekirala ky'ali. Mugogoofu alabika obulungi. Wa magezi, yabangulwa, ebintu abikola mu ngeri erambikiddwa obulungi. Ow'oluganda, n'eggye lye bwe lityo.

381 Mulabeeyo, lumu, mu Switzerland. Nnemeddwa okufuna we mpunzikira, ab'emikwano. Waaliyo e—e . . . eri mu Switzerland, waagenda ne wajja eggye lya Bugirimaani lino, nga likum- . . . ery'abagwiira nga liyingira. Ddala, kyalabika nga ekisenge kya bbulooka; nga buli musajja mutendeke, nga buli ffumu lisowoddwaayo lisonze *liti*, obuwanvu bwa ffuuti nga munaana oba kkumi mu maaso. Ne balumba bambi abantu bano Abaswiisi engulu eyo, nga balina ki? Bambi eby'okulwanyisa bye baali bakutte bwali—bwali bwambe bwe baggye mu biwabyo byabwe, n'emiggo n'amayinja, nga bali awo bye bayimiridde nabyo. Baali babazingizza. Eruuyi eri emabega w'akasozi we waali amaka gaabwe. Eruuyi eno eggye ly'Abaswiisi ne ligenda okubeŋŋanga. Baali tebalina kye babakoze. Wabula bajja buzzi ne bawamba ensi yaabwe.

382 Ddala omwana ono kikyamu ki kye yakola mu nsi, mwana bwana? Ssetaani, ekyo ky'ali, asobola okutwala obulamu bwe ssinga afuna akaagaanya. Mazima ddala. Mulabe bambi; akyali bbujje. Mukiraba?

383 Abaswiisi baali tebalina kikyamu kyonna kye bakoze. Baali bantu balungi. Baali bambi bagezaako bugeza kulwanirira maka gaabwe, naye beesowolayo okwerwanako. Nga wayiseewo akaseera, waliwo eyali ayitibwa Arnold von Winkelried. Erudda eno nga eggye lino lijja. Nga bonna babazingizza. N'abuuza nti, "Tukole ki?"

384 Buli wamu wonna, nga wajjudde enkuyanja y'abasajja, abatendeke obulungi. Ssetaani bw'atyo bw'akola. Nga batendeke bulungi, buli omu n'effumu lye nga lisongodde, nga bonna bakumbira kumu nti: gumu, ebiri; gumu, ebiri; nga bwe balumba eggye lino ettono. Ssinga—ssinga baasigala boolekera okulumba, ekyo kyokka kye baalina okukola,

ne bakwata, buli omu, ekiso. Amafumu gandibayiseemu bonna. Eyo y'eyandibadde enkomerero y'eggye ly'Abaswiisi. Ebyabwe byandikomye awo. Erudda eri emabega w'akasozi waaliyo amaka gaabwe n'ab'eŋŋanda zaabwe. Bakyala baabwe bandiwambiddwa ne basobezebwako, ne bawala baabwe abato, n'abaana baabwe ne battibwa, n'amayumba gaabwe ne gookebwa, na buli kimu kyonna, emmere n'enyagibwa, ente n'ebintu ebirala byonna, ne bitwalibwa. Eyo ye mbeera gye baalimu.

385 Kiki ekyaddirira? Waliwo omu amanyiddwa nga Arnold von Winkelried eyafuna okuluŋŋamizibwa. N'agamba nti, "Abasajja ba Switzerland, leero ŋŋenda kufa ku lwa Switzerland." Amiina. "Leero ŋŋenda kufa ku lwa Switzerland."

Ne bamubuuza nti, "Ogenda kukola ki?"

386 N'agamba nti, "Mmwe mungoberere bugoberezi mulwane n'amaanyi gammwe gonna." N'ayimirira awo; n'akasuka eri effumu lye, n'akaggo akatono ke yalina mu ngalo ze, *bwatyo*. N'aleekaanira waggulu nnyo, nga awanise emikono gye, *bw'atyo*, n'alyoka afubutuka emisinde okulyolekera, nga bw'awoggana nti, "Muviire eddembe liyitewo!" N'adduka misinde nga bw'asobola, ne yeesogga eggye. Era, olwalyesogga, n'asikambula buli ffumu lyonna lye yasobola okusikambula, n'agefumita mu kifuba kye *bw'atyo*, n'afa.

387 Yabagamba, bwe yali tannagenda. Yabagamba nti, "Emitala eri waliyo amaka amatonotono, n'omukyala n'abaana abawere be ŋŋenda okuleka, amaka amatonotono ge mbadde nnaakagula." N'agamba nti, "Mba—mbaagala, naye, leero, ŋŋenda kufiirira Switzerland. Yawaayo . . ." N'agamba nti, "Mpaayo obulamu bwange okuwonya eggwanga." Era oyo yali muzira. Tebafunangako lutalo lwonna okuva ku olwo. Ekyo, kyalukomekkereza.

388 Kyatabangula eggye liri, olw'ekikolwa ekyo eky'obuzira ekyakolebwa, okutuusa lwe wataasigala . . . E—eggye lyonna lyatabulwatabulwa. Abaswiisi ne babakasukira amayinja, ne babafubutula mu ggwanga; era tebaddanga okuva ku olwo. Ekyo kyaliwo emyaka bikumi na bikumi egiyise. Okiraba? Lwaki? Ekyo kyali kikolwa kya buzira.

389 Naye, ha, ow'oluganda, lumu, obutamanya, okuwanuuza, okubuusabuusa, okunyigirizibwa, n'okutya, bwe byali bitadde abantu ba Katonda mu kattu, waliwo Omu ayitibwa Yesu Kristo eyagamba nti: "Olwa leero ŋŋenda kufa ku lw'abantu." Bwe kiri.

390 Oli eggye lye yaligamba atya? "Mungoberere mulwane n'amaanyi gammwe gonna. Bw'oba olina mbuukuuli, lwanyisa embuukuuli. Temutya. Bw'oba olina muggo, lwanyisa omuggo. Bw'oba olina jjinja, lwanyisa ejjinja, lwanyisa kyonna ky'olina."

391 Ekyo Omuduumizi waffe Omukulu ky'agamba olwa leero. "Nnatwala Ekigambo kya Katonda, ne mpangula ssetaani

n'amaanyi ge." Yamutemaatema obulere, amiina, n'Ekigambo ekyo. Kati, ka kibe kiki kyonna ky'olina, ne bw'oba na Kigambo kimu kyokka nti, "Mukama Katonda wo akuwonya," mutemeeteme. Goberera. Amiina. Goberera Omuduumizi waffe. Yee, ssebo. Yamutemaatema.

392 Ssetaani, n'obwakabaka bwe obw'enjawulo obunene, obulabika obulungi, n'okweyongera kw'obulungi, na buli kimu kyonna, byonna ebiriwo ensangi zino. Tebitulinaako kakwate yadde. Bwe kiri. Asigala y'akyasingayo obukalabakalaba mu nsolo zonna ez'omu ttale. Yee, ssebo. Yesu yagamba nti abaana b'ensi eno baali bagezi nnyo okusinga abaana b'Obwakabaka bwa Katonda.

393 Kati, amaanyi gano ag'emirundi ebiri. Tugenda . . . nnina . . . okumaliriza. Amaanyi gano ag'emirundi ebiri gambalagana kaakano. Kino ky'ekiseera endwadde n'ebintu eby'enjawulo we bigwiiridde ku nsi, okutuusa n'abasawo abakozesa ssaayansi lwe batabuddwa, na buli kimu kyonna ne kitabulwa. Tewaliiwo kintu kyonna, ate—ate tujja ku . . . N'eggye, eggye lya Katonda ettono, nalyo lizingiziddwa mu kattu na buli kimu kyonna. Ow'oluganda, ekiseera kituuse wabeewo Arnold von Winkelried omulala. Ekiseera kituuse, kye kiseera omusajja wa Katonda omulala okugolokoka. Ekiseera kituuse Eriya alabike. Ekiseera kituuse wabeewo ekibaawo.

394 Eggye lya Katonda, muggale endowooza zammwe. Temuyimirira yadde eddakiika emu bw'eti, okubaako ne kye mulowozaako kyonna ssetaani ky'abawa okuyita mu busimu bwammwe. Wabula mujjukire nti, Ekigambo kya Katonda tekisobola kulemererwa.

395 Amagye gano ag'emirundi ebiri ag'amaanyi! Omulabe bw'ajja nga amataba, nga bw'azze leero, kiki Katonda kye yagamba ky'Anaakola? "Omwoyo wa Katonda aba ajja kuyimusa eddaala okumweŋŋanga." Oli omu ku bo? Yee, ssebo.

396 Tuyigirizibwa mu Yakobo 4:7, ssirina budde bwa kusomawo, Yakobo 4:7, oku, "Ziyiza ssetaani, naye," tajja kutambula butambuzi aveewo, wabula, "ajja kudduka." "Ziyiza ssetaani." Ssetaani omuziyiza otya? Mu ngeri y'emu Omuduumizi waffe Omukulu gye yatugamba okukikolamu. Kozesa Kigambo kya Katonda. Bw'otyo bw'oziyiza ssetaani, nga okozesa Ekigambo kya Katonda. Omuduumizi Omukulu yatugamba engeri yennyini gye kyakolebwamu. Kale.

397 Kati, mu kumaliriza, njagala njogere kino. Ssetaani oyo ow'edda, kati, oyinza okulowooza mbu akwatibwa ensonyi. Ggwe wandirowoozeza nti asobola okulumbagana omwana omuto? Alumbagana buli kintu kyonna. Olaba yalumba Yesu Kristo. Yamulumbagana, n'ennumba za mirundi esatu enzibu ddala. Ekyo mubadde mukimanyi? Ssetaani teyalumba mulundi gumu gwokka. Ajja kukulumba n'endwadde, ate

oluvannyuma akomewo era akulumbe, akugambe mbu, "Ennaku z'eby'amagero zaayita. Tewawonyezeddwa. Tebiriimu makulu Ebyo." Ekyo mukimanyi nga kituufu?

398 Yalumba Yesu emirundi esatu. Ennumba ssatu enzibu ddala, ze yakola ku Yesu, nga amuleetera obutakkiririza bwe mu Kigambo kya Katonda. Yesu ye yali Kigambo. Naye, ekyo teyakikkiriza. "Bw'oba Ggwe. . .Bw'oba Ggwe. . . " N'alumba, ennumba ssatu enzibu ddala, nga era omulabe bw'atera okukola leero. Bajja, ne bagamba mbu, "Bw'oba nga ye Ggwe Mwana wa Katonda, ndagaayo eky'amagero. Nkirabe nga kikolebwa." Ow'oluganda, ennumba ssatu enzibu ddala nga alumba nti, "Bw'oba nga ye Ggwe. . .Bw'oba nga ye Ggwe. . . "

399 Kati, Yesu kiki kye yakola? Yesu ye yali Ekigambo kya Katonda. Ye yali Kigambo. Yalumbagana Kigambo. Ekitiibwa! Ŋŋenda—ŋŋenda. . .mpulira bulungi, kati nsobola okubuulira, mazima mpulira bulungi. Bwe kiri. Yesu ye Kigambo. "Ku lubereberye waaliwo Kigambo, Kigambo n'aba awali Katonda, Kigambo n'aba Katonda. Kigambo n'abeera, n'afuuka omubiri, n'abeera. . . " Yesu ye yali Kigambo. Kiki kye yakola? Yamusalaasala obulere. O, bannange! Ŋŋenda kuwunzika. Yesu kiki kye yakola? Ye yali Kigambo. N'olw'ekyo, nga akozesa Ekigambo, yatemaatema Ssetaani n'ennumba ze enzibu ddala. Yabuuka ne yeesoggayo nga ekibinja ky'aba-, abajaasi abatendeke ababuuka okuva mu nnyonyi, oba ekintu ekirala bwekityo, n'abuukira Yesu, Ekigambo, bw'atyo. Yesu n'akwata Ekigambo ekyo, n'amusalaasala obulere. Aleeruya! Mazima, yamusalaasala obulere, n'amumegga n'Ekigambo.

400 Mulabye engeri gy'alumbamu? Mwekkaanye, muwulirize n'obwegendereza, okuwumbawumba kuno. Engeri gy'alumbamu y'eriwa? Butakkiriza mu Kigambo kya Katonda, eyo y'engeri ye gy'alumbamu. Kati awo, mulaba olutalo olukyansizeeyo olwali lulwaniddwa? Waliwo amaanyi ga mirundi ebiri gokka: Ssetaani ne Katonda. Era eky'okulwanyisa kya Ssetaani gy'oli kye kiriwa? Kwe kugezaako okukuleetera obutakkiririza mu Kyakulwanyisa kyo. Akuggyako eky'okulwanyisa. Tu—tuwulirize bulungi kati. Muwulirize. Ssinga asobola okukuleetera obutakkiririza mu busobozi bwa Kyakulwanyisa kyo bwe bwenkana, ssinga asobola okukukkirizisa nti Eky'okulwanyisa kyo si kya maanyi kimala, awo abeera akuggyeeko eky'okulwanyisa kyo.

401 O, Ow'oluganda Neville, ekyo ka nsuubire tetulikikkiriza.

402 Labayo, awo abeera akuggyeeko eky'okulwanyisa kasita akuleetera obutakkiririza mu Kyakulwanyisa ekyo. Bwe kakutanda Ekyo n'okissa wansi, eby'okulwana kwo awo we bikoma, obeera owedde. Nyweza Eky'okulwanyisa ekyo, togeza n'okissa wansi. Obutakkiriza bwe tubulabye. Leka. . .

Ekintu ekirala kimu kye njagala okwogera kati, mu ddakiika emu.

403 Russia. Kino njagala okukyogera okuganyula abaazirwanako, n'abalala bonna, abali wano, nammwe abayizi ba Bayibuli. Muwakana ki n'okuleekaana ku bikwata ku Russia? Huh! Temumpulirangako nga mbagamba okuzimba empuku ezeekwekebwamu obutatuukibwako bbomu, mwali mumpuliddeko? Muwakana biki ku Russia? Russia terina ky'eri. Tewali ntalo ze bagenda kuwangula. Si be bagenda okuwamba ensi yonna. Obwannaakaly'ak'ani si bwe bugenda okuwamba ensi yonna. Kikyamu ki ekiri ku bantu? Ekigambo kya Katonda kisobola okulemererwa?

404 Muwulirize, bino kati biri ku lutambi, njogera, eri ensi yonna, oba yonna entambi zino gye ziyinza okutuuka. Ate eri mmwe abali wano, ka kibe kiki ekintuukako, kino mukikkirize.

405 Russia, obwannaakaly'ak'ani, tebirina kye bigenda kuwamba. Ekigambo kya Katonda tekisobola kulemererwa. Enzikiriza y'e Rooma y'egenda okuwamba ensi yonna.

406 Leka tulabe okwolesebwa kwa Danyeri. Ekyo ky'Ekigambo kya Katonda. "Ggwe, Ai Danyeri . . ." "Ggwe, Ai Kabaka Nebukadduneeza, gwe mutwe guno ogwa zaabu," Babulooni. "Obwakabaka obulala bulikuddira mu bigere, nga bwe bwa ffeeza," mukiraba, nga bwe bwali obw'Abameedi n'Abaperusi. Obulala bwali Buyonaani, Alexander Omuzira. Ekyaddako, yali, Rooma. Tewali n'ekimu ky'ayogerwa ku bwa nnaakaly'ak'ani. Rooma ye yawamba ensi yonna.

407 Yesu Kristo yazaalibwa mu bwakabaka bwa Rooma, n'ayigganyizibwa, obwakabaka bwa Rooma, omulundi Gwe yasooka okujja wano. Ne mu Kujja Kwe okw'omulundi ogw'okubiri, nga ajja kaakano, Obubaka Bwe buyigganyizibwa ebibiina by'amadiini ebisibuka e Rooma, nga ye nnyina waabyo byonna. Era bw'Alikomawo, Alikomawo okusaanyaawo obwakabaka bwa Rooma obwo, ekyo Abayudaaya bulijjo kye babaddenga bamulindiririra okujja okusaanyaawo obwakabaka bwa Rooma.

408 Obukulembeze bw'ekleziya Katolika obw'emitendera wamu n'ebibiina by'amadiini byonna mu nsi, mu kaseera kano biri mu kwegatta wamu nga ekibiina eky'awamu, omukago gw'amakanisa gonna nga beegatta wamu bonna. Si Russia. Wabula Rooma. BW'ATYO BW'AYOGERA MUKAMA. Weewaawo. Ndagaayo Ekyawandiikibwa ekiraga obwannaakaly'ak'ani, oba ekintu ekirala kyonna ekitali Rooma, nti kye kigenda okufuga.

409 Abameedi n'Abaperusi be baddirira Nebukadduneeza? Mazima. Abayonaani ne babaddirira? Weewaawo. Oluvannyuma Rooma yabawamba, okuva awo? Yamementukamu amaanyi ag'emirundi ekkumi aga Ottoman nga ge tulina kati?

410 *Eisenhower*, eritegeeza "ekyuma," ne *Khrushchev* eritegeeza "ebbumba," baasisinkanako wano wennyini mu lukiiko lwabwe? Khrushchev n'aggyamu engato ye, [Ow'oluganda Branham yakonkona ku kituuti—Omuk.] okukyoleka mu lwatu, kibeere kya lwatu, n'agikuba ku mmeeza, *bw'atyo*, okulaga abantu. [Ow'oluganda Branham yakonkona ku kituuti—Omuk.]

411 Kati, kikyamu ki ekiri ku bantu? Okukkiriza kufuuse ki? Lwaki, temukkiriza nti Ekigambo kya Katonda ge Mazima? Era ekintu ekyo tekiriimu *Muno*. Kikyamu ki ekiri ku babuulizi ensangi zino? "Obwannaakaly'ak'ani!" Buli mubuulizi ali eyo agezaako kulwanyisa bwa nnaakaly'ak'ani. Obwannaakaly'ak'ani, tebulina kye buli!

412 Ekintu kyennyini, ssetaani ali mu kukirukira mu maaso gammwe awo wennyini, kyokka temukimanyi; Enzikiriza y'e Rooma, nkola ya bibiina by'amadiini. Ate Rooma ye nnyina w'ebibiina by'amadiini. Bayibuli egamba nti, "Yali mukazi omwenzi, ne bawala be nga nabo benzi," abawakanya Katonda, abawakanya Ekigambo Kye.

413 Abajaasi, mutoole Ekigambo. Bamalayika b'okusaasira, munyweerere ku Kigambo ekyo. Nze lumu nja kusaanawo, naye Ekigambo kino tekisobola kusaanawo. Ate mmwe abavabuka abato, bwe kitabeerawo mu mulembe gwange, mulikiraba. Ekyo ky'ekintu.

414 Mwawulidde amawulire enkya ya leero? Muky. Kennedy bwe yagenze, okulaba ppaapa, ne ppaapa kye yagambye. Mukiraba, amadiini gonna ag'ensi! O! Kale, oba oli awo ekyo tunaakyongerako, Ssande eggya.

415 Mukiraba, Russia temugyeraliikirira. Russia kayinja buyinja akatono akali ku lubalama. Obwannaakaly'ak'ani temubweraliikirira. Amaaso mugateeke ku Nzikiriza y'e Rooma nga yeegatta n'amakanisa. Obwannaakaly'ak'ani tewali n'ekimu kyabuwandiikibwako mu Byawandiikibwa mbu bulifuga ensi yonna.

416 Ate nze ngoberera Kigambo, si nsonga oba kiki ekibaawo. Ekigambo kye nzikiriza. Enzikiriza y'e Rooma ye y'okufuga ensi yonna. Ate Enzikiriza y'e Rooma ye nnyina w'ebibiina byonna ebigunje. Waali tewabangawo kibiina kyonna kigunje okutuusa Rooma lwe yatandika, era buli kimu ku byo kyava mu yo. Ne Bayibuli bw'egamba nti, "Ye nnyina w'abenzi." Ekyo nnyinza okukimalako ekitundu ky'olunaku, nate era, naye ndowooza ka nneeyongereyo mu maaso.

417 Kati awo, omulabe bw'atulumba mbu, "Ha, nkubuulire, wandizze ne weegatta ku. . .yaffe." Kiki ky'ogenda okukola, kupondooka, wekkiriranye? Si mujaasi owa nnamaddala, ekyo tajja kukikola. Nedda, ssebo.

418 Kati olwo tukola ki? Endowooza nti, "Leka endowooza eyo eyali mu Kristo. . ." Bayibuli ky'ekyo kye yagamba?

"Endowooza eyali mu Kristo, leka ebeere mu mmwe." Yalina ndowooza kika ki Ye? Kunyweerera ku Kigambo. Bwe kiri. Kunywerera ku Kigambo, Ekigambo kya Kitaawe, era n'awangula omulabe buli mulundi. Kati omulabe bw'anaakulumba n'agezaako okugamba nti olina kukola *kino* n'okola ne *kiri*, kiki ky'ogenda okukola? Nywerera ku Kigambo. Bwe kiri.

419 Olwo olina kukola ki? Twala Ekigambo. Ekigambo kye kiki? Bayibuli ekyogedde wano. Twakamala okukisoma. Kubanga Omwoyo, wa Katonda, kye Kigambo. Okiraba? Labayo wano. "Era oyambale sseppeewo ey'obulokozi, n'Ekitala, Ekitala eky'Omwoyo." Ekitala eky'Omwoyo! Kiki? Omwoyo ayingira okuyita mu birowoozo byo n'akuyingiramu, kati Ekitala ky'Omwoyo oyo kye Kigambo kya Katonda.

420 Omwoyo oyo akozesa ki nga eky'okulwanyisa? Omwoyo Omutukuvu kiki ky'akozesa nga eky'okulwanyisa? Kukyamuukirira? Nneewulira? Kigambo; mutima! Whew! Ekitiibwa! Kiki ky'Akozesa nga eky'okulwanyisa? Nneewulira? Kigambo! Kigambo! Leka tukyogere, Kigambo! Kigambo! Ekigambo kya Katonda Omwoyo ky'akozesa nga eky'okulwanyisa.

421 Omwoyo wa Katonda alumbagana ssetaani butereevu mu maaso, n'amugamba nti, "Kyawandiikibwa!" Amiina! "Kyawandiikibwa!" Ssetaani n'aseguka.

422 Tukola ki? Tukwata Ekitala, nga kye Kigambo kya Katonda, ne tukisikayo (naki?) n'omukono ogw'okukkiriza, omukono ogw'amaanyi ogw'okukkiriza, Ekitala eky'obwogi obubiri. Bayibuli egamba, mu Abaebbulaniya 4 nti, "Kye—ky'Ekitala eky'obwogi obubiri," kisala amagenda n'amadda.

423 Ow'oluganda, kiki ky'akola? Twala Ekigambo. Twala Omwoyo, leka Omwoyo ayingire mu mutima gwo. Ggulawo endowooza yo, ogambe nti, "Ekigambo Kyo ge mazima." Kati, kino ky'oba okola, mwannyinaze. "Ekigambo Kyo ge mazima."

424 "Mukama, ssigenda kussaayo mwoyo ku butya bwe nneewulira, oba omuntu omulala yenna, nange kennyini kye ŋŋamba. Mpanise, ngogola buli gumu ku mikutu gyange, okunyigirizibwa kwonna, n'okubuusabuusa, n'obutakkiriza bye nnali mbadde nabyo. Buli nneewulira gye nnali mbadde nayo, endwadde zonna ze nnali mbadde nazo, buli kimu kyonna kye nnali mbadde nakyo, byonna mbizibukula. Ŋŋenda waggulu waabyo byonna. Nzija butereevu eri omwoyo gwange. Ai Mukama, kka wansi. Wagamba nti Wankola nga nsobola okwesalirawo."

"Ky'oli, mutabani Wange."

425 "Kale, nziguddewo omutima gwange n'endowooza yange. Yingira, Mukama Yesu."

426 Kati awo okwate Okukkiriza, Ekitala ekyo eky'Omwoyo, BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Oleekaane nti, "Aleeruuya!" Amiina. Olwo otemeeteme buli mulabe yenna akuli mu maaso. Amiina. Kiikyo. Temaatema buli mulabe. Bwe guba nga—nga gwoyooyo ogutiisa gwe kukuleetera okuwulira nga wenna . . . Temaatema oguntu ogwo, n'Ekigambo kya Mukama.

Naye amaanyi gaffe, ge gano nti, "Essanyu lya Mukama ge maanyi gange."

427 "Nvaako." Guteme! Gutemeeteme n'Ekigambo. Oba muzimu, oba mulabe, oba bulwadde, oba ndwadde, kyonna kye kiri, kwata Ekigambo ekyo okisike n'Ekitala. Era ssinga okitema omulundi ogusooka, ne kirabika nga ekitaseetuka, ddamu okiteme, oddemu okiteme, oddemu okiteme. Oddemu okiteme okutuusa nga okiwumuddemu ekituli, nga akakoko kali akato bwe kakoona eggi okutuusa lwe kafulumayo ku bwako; oba akawungu, nga ekyo ky'oli. Koona ofulumeyo okuva mu kisusunku ky'endwadde ekyo ekikadde. Weetemere ekkubo ofulumeyo, ogambe nti, "Aleeruuya! Kiriwa ekiddako?" Amiina. Olwo lwe lutalo. Oyo ye mujaasi. Oyo ye mujaasi w'omusaalaba. Yee, ssebo. Fulumya buli mulabe yenna.

428 Lwaki? Lwaki? Tuli, Zzadde lya Ibulayimu ery'olulyo olulangira, eryateekerwateekerwa. Ibulayimu bwe yagaana buli kimu ekyali kikontana n'Ekigambo kya Katonda, yatemaatema n'ayita mu buli muziziko gwonna ogwamweŋŋanga. Baamugamba mbu, "Mukyala wo akaddiye nnyo." N'akitema butemi ne kiva mu kkubo. Ssetaani yamugamba mbu, "*Kino* tokisobola. *Kiri* tokisobola." Ibulayimu yakitema butemi n'akijja mu kkubo. Yakitema, n'akitema, okutuusa lwe kyeyabuluzaamu.

"Nzira wa, Mukama?"

429 "Weema yo gizze waggulu *eno*." N'ayambuka n'Amuzimbira ekyoto waggulu eyo.

430 Bwe yayambukayo, Ssetaani n'ajja, n'agamba mbu, "Kati nno, nkubuulire, kino si ky'ekifo ekituufu."

"Nja kusigala wano wennyini. Va ku ttaka lyange." N'agamba nti, "Aleeruuya!"

431 Lutti n'agamba nti, "Kyandibadde kirungi n'oserengetako emmanga eno. Tulinayo akaseera akalungi ak'essanyu emmanga eno. Ebibiina byaffe eby'amadiini byonna twabireese wano. Era kati, mukyala wange y'akulira ekibiina ky'abawandiisi n'abayiiya na buli kimu kyonna, mu kibuga. Nkubuulira, weetaaga oggyeyokko emmanga eno."

Saala n'agamba nti, "Ibulayimu . . . "

432 "Sirika, Saala." Aleeruuya! "Yimirira wano wennyini. Wano Katonda we yanteeka. Nja kuyimirira wano wennyini."

433 Wano Katonda we yanteeka:

Mwenna mutendereze amaanyi g'Erinnya lya Yesu!
Bamalayika bavunname;
Muleete engule ey'ekitiibwa,
Mumutikkire okuba Mukama wa byonna.

Ku Kristo, Olwaazi olugumu, kwe nnyimiridde;
Awalala wonna musenyu ogukka,
Awalala wonna musenyu ogukka.

434 N'okufa kwennyini, na buli kimu kyonna, byonna musenyu ogukka. Ku Kristo, Olwazi olugumu, kwe nnyimiridde.

435 "Ezzadde lya Ibulayimu ery'olulyo olulangira." Ezzadde ery'olulyo olulangira! Lwaki, kuba eggye lya Bungereza eryeroboze lwe lulyo olulangira olwa Bungereza, omusaayi ogw'olulyo olulangira, buli kimu. Kale n'Ezzadde lya Kristo ery'olulyo olulangira y'Ekkanisa ejjuziddwa n'Omwoyo Omutukuvu, nga ejjudde Omwoyo Omutukuvu. Kiki? Ezzadde ery'olulyo olulangira, olw'ekisuubizo, so si olw'okukyamuukirira. Naye, olw'ekisuubizo kya Katonda, banywerera ku Kigambo kya Katonda, ne batemaatema buli kimu ne beetemera ekkubo, nga bwe baleekaana nti, "Aleeruuya!"

Okufa ne bwe kujja ne kugamba nti, "Kuzze kukutwala."

436 Gamba nti, "Vvaawo, Yoludaani. Nze nsomoka." Weeyongere mu maaso oteme weetemerewo ekkubo, erikutuusa mu Nsi ensuubize. Amiina.

437 Kiki ekiddirira nga olutalo luggweredde ddala? Kaakano mmaliriza, ddala. Olutalo nga lugweredde ddala, nga abatukuvu bakumba okudda Eka, nnina kye njagala okubabuuza, kiki ekyaddirira?

438 Kiki ekyaddirira Hitler bwe yayingira Bufalansa? Kuba, baagamba nti wali tosobola na kulaba bire, okumala ekiseera, olw'ennyonyi ennyingi. Olw'okukumba kw'Abagirimaani okwo kwe bakumba nga tebawetaamu magulu. [Ow'oluganda Branham akumbamu nga tawetaamu magulu—Omuk.] Mukiraba, baali bayimiridde awo, nga bwe bayitawo, nga bajaguza olw'obuwanguzi.

439 Stalin bwe yajja mu Russia, nga wakyabulawo nga mayiro ziizo, nga buli ttanka ennwanyi yeesuddeko akabanga ku ginnaayo, zaasesebbula Berlin kyonna ne kifuuka matongo. Ky'ekyo. Era bwe baagenda, kati Abagirimaani bano... Abajaasi ba Russia bano bwe baali bajaguza, baayingirira ku, mumanyi, ekintu ekyo ekisesa kye bakola. Nnakirabako ku kifaananyi, olumu mu London, engeri gye baayingiramu, ekifaananyi kyennyini ekiraga ekintu ekyo, ekyaliwo, bwe baali bayingira, mu kujaguza. Ha, bannange!

440 Bwe twawulira nti olutalo lwali luwedde, twaleekaana, ne tufuuwa ffirimbi. Abazira bwe baakomawo, twagenda ne tubaaniriza engulu eri. Ne baleekaana. Ne bawoggana. Nnalina kizibwe eyaliyo eyo, yagamba nti, bwe yakomawo, abakadde bonna...Ba kaawonawo abaali bakubiddwa ebiwundu eby'amaanyi, baali tebasobola kuva ku bitanda, n'olw'ekyo baabayiringisa buyiringisa okubatikka ku mmeeri bwe baali bakomawo, okusobola okulaba Ekibumbe ky'Eddembe nga kyesimbye. Yagamba nti, "Abasajja abo ab'ekitalo nga bayimiridde awo, baakaaba bukaabi, ne bagwa wansi ne beeyiringula *bwebatyo*, bwe baalaba Ekibumbe ky'Eddembe ekyo." Baali bamaze emyaka ena nga tebali waka, nga bali mu kulwana, bajjudde entiisa y'olutalo, na buli kimu kyonna. Naye nga bakimanyi nti omukyala, era omwagalwa, ne maama, ne taata, n'abaana, n'abo bonna be baagala, bali mabega wa Kibumbe ekyo eky'Eddembe. Kyali kikiikirira ekyo kye baali balwaanirira. Ha, ffirimbi nga zaavuga, ekibuga New York ne kijjula oluyoogaano, ekyo kye kyabaawo, abazira baabwe bwe baali bakomawo nga bakumba. Ekyo kiriba kintu kitono nnyo.

441 Lumu Kayisaali, oluvannyuma lw'olutalo olw'amaanyi, yagamba nti, "Njagala omulwanyi wange asingayo mu bonna ambeere ku lusegere nga banvuga okunneetoolooza mu kujaguza kuno okw'amaanyi okw'obuwanguzi bwe tufunye eri omulabe waffe." Buli omu ku bakulu n'akomola bulungi ekyoya kye ekyo kye bateeka ku nkofiira ne bawawula n'engabo zaabwe ne zitemagana, ne bakumba nga bwe beetooloola, nga bwe mumanyi, bwe batyo, nga—nga abajaasi ddala bennyini bwe batyo. Nga wayiseewo akaseera, ne wajja akasajja, akatonotono, nga kalina emisale. Bannange! Kaabanga akatunulamu waggulu, ne katandikirawo, *bwekatyo*. Kayisaali n'agamba nti, "Lindako katono. Lindako katono. Ggwe," nga n'okwambala tekambadde nga—nga omu ku bakulu, n'agamba nti, "jangu wano." N'agamba nti, "Ezo enkovu wazifunira wa?"

Ne kaddamu nti, "Eri mu ddwaaniro."

442 N'agamba nti, "Linnya waggulu eno. Ggwe muntu gwe njagala ontuule ku lusegere." Lwaki? Yali alaga nti ava mu lutalo.

443 Ai Katonda, saasira omuntu asobola okusalaasala omukono gwe n'akakebe k'ebyennyanja asobole okufuna okusiimibwa. Njagala mbeere n'enkovu z'olutalo. Nga Pawulo bwe yagamba nti, "Nnina ku mubiri gwange enkovu za Yesu Kristo." Eyo y'ensonga lwaki njagala okulwana mu ddwaaniro.

444 Lumu, Omuduumizi waffe Omukulu, Oyo eyatwambaza eby'okulwanyisa, Oyo eyatuwa eky'okulwanyisa kya Katonda, Omwoyo Omutukuvu, n'atuwa Ekigambo Kye kye tuba tukozesa nga eky'okulwanyisa, bw'alijja n'ayimirira awo; Omuduumizi waffe oyo Omukulu bw'alijja okuyingira nga yeebagadde

embalaasi, njagala nneegatte ku ggaali nneebagale naye okutuuka Eka, mmwe temwagala? Lwe ndikwata mukyala wange ku mukono oyo bwe tukulanye, ne ntunulatunula okwetooloola wano ne ndaba baganda bange ne bakyala baabwe, n'abaana baabwe, ne tutambulatambula mu nsuku za Katonda ez'okwesiima, nga Bamalayika bwe bajjuza ebbanga lyonna n'ennyimba, mu bbanga bwe batyo, yogera ku kujaguza!

445 Era olutalo bwe luliba luwedde, tulyambala engule. O, bannange! O, mmwe abajaasi b'omusaalaba, enkya ya leero, musikeeyo omukono ogwo ogw'okukkiriza, munyweze Ekitala kino.

446 Okyogerako ki, mwannyinaze, oli mwetegefu? Sikayo Eky'okulwanyisa ekyo, ogambe nti, "Ai Katonda, ssifaayo ku—ku kiki ssetaani ky'aŋŋambye, oba omuntu omulala yenna ky'ayogedde, enkya ya leero, nze nzikiriza, nzikiriza."

447 Nga bwe nnagamba luli, katono . . . Nzikiriza Ssande nga ntono gye buvuddeko, waliwo omusajja eyaloota ekirooto. Yaloota nga ssetaani ali nga akantu akatono, akajja ne kamulumba. Ne kamukanga nti, "Buu!" Omusajja n'abuuka n'adda emabega, ka ssetaani ne kagejja. "Buu!" Omusajja n'abuuka n'adda emabega, era ka ssetaani ne keeyongera okugejja. Okumaliriza, ka ssetaani ne kagejja ne kamwenkana, nga kagenda kumuwangula. N'akitegeera nti alina okubaako ne ky'akozesa okukalwanyisa, n'atunulatunula awo wonna. N'atafuna kya kukozesa kukalwanyisa. N'atoola butoozi Bayibuli. Ssetaani bwe yaddamu n'agamba nti, "Buu!" Naye n'amuddamu nti, "Buu!" n'amuboggolera, ssetaani n'akogga, ne yeeyongera okukogga, ne yeeyongera okukogga. Era, mu kumaliriza, n'amukuba n'amutta nga akozesa Ekigambo.

448 Oli mujaasi, si ky'oli, mwannyinaze? Kwata Ekigambo ekyo ogambe nti, "Kyawandiikibwa." Amiina. "Ssigenda kufa. Ŋŋenda kuba mulamu. Ndituula wano wennyini mu kkuŋŋaaniro lino ntendereze Katonda olw'obulungi Bwe, wamu n'abalala bonna."

449 Ekyo mukikkiriza, abatukuvu? Amiina.

Leka tukoteke emitwe gyaffe.

450 Ai Mukama Katonda, Omutonzi w'eggulu n'ensi, leka kimanyibwe leero nti Ggwe okyali Katonda. Ne bwe mbuulira ekyenkana wa, ne njogera ebyenkana wa, Mukama, Ekigambo kimu kyokka ekiva gy'Oli kimala.

451 Obutambaala buno obuli wano, bukiikiridde balwadde. Nsaba, Kitange Ow'omuggulu, nti emikisa Gyo n'amaanyi bibukkeko bwonna, nga bwe mbuteekako emikono gyange. Ai Katonda, mu Linnya lya Yesu Kristo, nsaba Ofuke amafuta ku butambaala buno n'Okubeerawo Kwo okutukuvu, kubanga kyawandiikibwa mu Kigambo. Si kintu ekikontana n'Ekigambo. Naye kyogera mu Kigambo, nti, "Ne baggya ku mubiri gwa

Pawulo, obutambaala n'ebiremba. Emyoyo egitali mirongoofu ne giva ku bantu, ne bawonyezebwa endwadde ez'enjawulo." Kati, si ye ffe Omutukuvu Pawulo, naye Ggwe okyali Katonda, era Ggwe okyali Omwoyo Omutukuvu y'omu. Nteeka emikono gyange ku butambaala buno, mu Linnya lya Mukama waffe Yesu, era nsaba Owe omukisa era owonye buli omu ku bo.

452 Era, ai Katonda, ku katanda wano wagalamiddewo, obwedda agalamidde wano, mwana muto ddala, omuwala omuto alabika obulungi. Tasobola kulama, Mukama. Ssetaani amukozeeko obubi. Era abasawo abaagalwa ab'ensi eno awatali kubuusabuusa, bagezezzaako nnyo nga bwe basobola, okutaasa omwana ono. Naye tebasobodde kukikola. Amagezi gaabwe gatuuse we gakoma. Tebamanyi kirala kya kukola. Naye, Mukama, ndi musanyufu okuba nti waliwo essuula endala eyawandiikibwa. Tusobola okubikkula omuko omulala, era ku muko guno tulaba Omusawo Omukulu nga ayingirawo. Tumukowoola atuwe amagezi enkya ya leero.

453 Kaakano, Mukama, tekyawandiikibwa wano mu Kigambo Kyo, nti, "Obubonero buno bunaagobereranga abo abakkiriza"? Mukama, bwe mba ssiri mukkiriza, nfuula omukkiriza kaakano. Omuwala ono omuto bw'aba ssi mukkiriza, mufuule omukkiriza kaakano. "Obubonero buno bunaagobereranga abo abakkiriza; bwe banaateekanga emikono ku balwadde, banaawonanga." Nate era kyawandiikibwa nti, "Mu Linnya Lyange banaagobanga emizimu." Mukama, ebyo—ebyo Bigambo Byo. Bibyo. Kigambo Kyo. Era kaakano nga omuweereza Wo . . .

454 Nga bwe wagamba nti, "Babiri oba basatu ku mmwe bwe munaasisinkana awamu, nja kubeera mu makkati gammwe; era bwe mulikkiriziganya, ku kintu kyonna, ne musaba, mujja kukifuna."

455 Ai Katonda, omwana ono oba oli awo y'asingayo obuyi mu kizimbe kino enkya ya leero, kubanga awatali Ggwe, tasobola kubeerawo kiseera kiwanvu, ate y'asingayo okubeera obubi. N'olwekyo, ffenna, tukkaanyizza wamu, nga abajaasi abayimiridde wano. Era mu kibiina kino muyimiriddemu Ezzadde lya Ibulayimu ery'olulyo olulangira.

456 Tukumba nga tulumba Ssetaani kaakano. Era ggwe Ssetaani, tera weetegeke okwamuka, kubanga eby'okulwanyisa byaffe biwawuddwa bulungi, langi zonna zitemagana; abasajja n'abakazi bonna bakutte Ebitala, bakumba bwe bajja okukulumba, ku lw'omuwala ono omuto. Mufulumemu, Ssetaani. Va ku mwana oyo. Nga eggye lya Katonda omulamu, tukusomooza. Muveeko, mu Linnya lya Yesu Kristo.

457 Ŋŋenda kumussaako emikono. Era, Ssetaani, omwana ono ggwe amusibye bw'oti, ggwe akoze ekintu ekibi kino. Nkimanyi abantu tebakusobola, naye naawe Mukama wange tomusobola, n'olw'ekyo nzija mu Linnya Lye. Muveeko, ggwe omuzimu gwa

ssetaani. Ggwe ddayimooni ey'endwadde, va mu mwana ono, era leka abeere wa ddembe, okuva olwa leero okweyongerayo. Kino nkirangirira, mu Linnya lya Yesu Kristo.

458 Kaakano, Mukama Katonda, Ggwe eyazuukiza abafu n'okakasa nti Ggwe Katonda, omuwala ono omuto muyimuse nate eri obulamu bwe n'amaanyi, asobole okuyimirira mu kizimbe kino. Ssetaani amuvuddemu! . . . ? . . . ogenda kumuwonya. Leka abeerewo ku lw'okuwa ekitiibwa n'okugulumiza Katonda.

Kyo—Kyogeddwa, kaakano leka kikolebwe.

459 Wano waliwo abalala abaagala okuwanika emikono gyabwe bagambe nti, "Njagala kusabirwa. Ndi mulwadde. Nneetaaga Katonda"? Ssimanyi budde bwenkana wa bwe tulina. Tulina obudde obumala okukkiriza abantu bajje bayite wano. Mpulira okubeerwa ddala kwennyini okwa nnamaddala enkya ya leero. Weewaawo. Weewaawo. Njagala ojje wansi wano, Billy, oba oli awo oggyeyo oludda luno wano lwokka, ku ludda *luno* wano eno, lwokka. Leka oludda luno lwe luba lusooka okujja, bwe tumala tukwate ku ludda luli olw'emabega oluvannyuma lw'ekyo, okukoma awo ku lukuubo *olwo*. Tusobole okubakolako bonna bwe tutyo, awo tetujja ku . . .

460 Era kaakano njagala Ow'oluganda Neville n'abamu ku baganda bange abaweereza bayimirire erudda wano nange wano wennyini, musobole okubalagirira nga baddayo mu lukuubo. Kale. Kale. Kati . . .

461 Bameka ku mmwe ababagalidde eby'okulwanyisa byammwe?

462 (Ogenda kubeerawo n'enjawulo kati. Genda eka, beera bulungi kaakano, wonyezebwa.)

463 Amiina. O, bannange! Mmwe mwenna abajaasi, musikeeyo Ekitala. Musikeeyo Ekitala, mmwe abajaasi b'omusalaaba, mukumbe, mukumbe.

Ku Kristo, Olwazi olugumu, kwe nnyimiridde.
Awasigadde wonna musenyu ogukka.

464 Kale, mujje butereevu, ku ludda luno eno. Kati buli muntu nga ali mu kusaba, nga bwe bayitawo.

Mu Linnya lya Yesu, wonya omukazi ono. Amiina.

Sikayo Ekitala kyo kaakano. Sigala awo wennyini w'otudde, nga oleekaana.

465 Mu Linnya lya Yesu . . . ? . . . mu Linnya lya Yesu . . . ? . . . mu Linnya lya Yesu Kristo . . . ? . . .

Mugende mu maaso, mmwe abajaasi
Abakristaayo!
Nga mukumba mugenda mu lutalo,
N'omusaalaba gwa Yesu
Nga gubakulembedde.

466 "Vvaawo ggwe, Ssetaani!" Abajaasi, mutawaana ki? Temulowooza nga tusobola okuwangula? Yawangula dda. Tuli bawanguzi n'okukirawo mu Kristo Yesu. Buli muzimu gugobeddwa, na buli kimu kyonna. Amiina.

Mujje wano, baganda bange! . . .?. . .

Nkusaba owonye . . .?. . .

Wonya muganda wange, Doc; muwonye, Kitange, mu Linnya lya Yesu.

Mu Linnya lya Yesu Kristo, wonya omukyala ono. Jangu . . .?. . .

467 Kati, yatutte . . . mbadde nnina kubuuza baaluganda abali emabega. Buli wamu, Mukama . . .?. . .

468 Ai Mukama Katonda, Omutonzi w'eggulu n'ensi! Ai Katonda, Ggwe amanyi ekiri mu mutima gwe. Omanyi kyonna kye kiri. Maama ne taata bombi mbasabira. Mu Linnya lya Yesu Kristo, mbawaayo . . .?. . .

Mu Linnya lya Yesu Kristo, mba . . .?. . .

Mu Linnya lya Yesu Kristo, mba . . .?. . .

469 Ai Katonda, beera ne mwannyinaze. Tukimanyi nti, emyaka gigenda gyetoloola ne gireetera okufa okwagala okwefunza omubiri gw'omukazi ono. Kaakano, mu Linnya lya Yesu . . .?. . .

470 Mu Linnya lya Yesu Kristo, omuwala ono omuto muwe omukisa, Mukama. Entalo zaffe ku ssomero eyo, mmanyi ky'ayitamu. Nkusaba Ggwe omuwe omukisa. Leka asikeyo Ekitala ekyo, enkya ya leero, atambule nga agenda mu maaso! . . .?. . . Wa omukisa omulenzi ono omuto, Mukama; ajja, nga akoowoola Erinnya Lyo, enkya ya leero; nsaba Ogende ne . . .?. . .

471 Ai Katonda, wa muganda wange omukisa, omuwe by'asaba. Mu Linnya lya Mukama waffe Yesu, nkyogedde! . . .?. . .

Mu Linnya lya Yesu Kristo, tuwaayo okusaba kuno.

Mu Linnya lya Yesu Kristo, tuwaayo okusaba kuno.

Mu Linnya lya Yesu Kristo, tuwaayo okusaba kuno.

Mu Linnya lya Yesu Kristo, tu . . .?. . .

Mu Linnya lya Yesu Kristo, tuwaayo okusaba kuno.

Mu Linnya lya Yesu Kristo . . .?. . .

Mu Linnya lya Yesu Kristo . . .?. . .

Mu Linnya lya Yesu Kristo, wonya muganda wange.

Mu Linnya lya Yesu Kristo . . . ? . . .

Mu Linnya lya Yesu Kristo!

Mu Linnya lya Yesu Kristo!

Mu Linnya lya Yesu Kristo!

Mu Linnya lya Yesu Kristo!

Mu Linnya lya Yesu Kristo!

472 [Wabaawo agamba nti, "Kitaawe yafa."—Omuk.] Ai Katonda, muyambe, mu Linnya lya Yesu.

Ai Katonda, mu Linnya lya Yesu Kristo, tu . . . ? . . .

Ai Katonda, mu Linnya lya Yesu!

Mu Linnya lya Yesu Kristo . . . ? . . .

Mu Linnya lya Yesu Kristo, wonya muganda wange.

Mu Linnya lya Yesu . . . ? . . .

Okitegeera kati?

Ai Katonda, kino nsaba kive ku . . . ? . . .

473 Mu Linnya lya Yesu Kristo, tusaba! . . . ? . . . Wa mwannyinaffe . . . ? . . .

474 Ai Katonda, nga mmanyi bulungi nti maama oyo omulungi, ayita mu mutawaana guno gwonna, nsaba, ai Katonda, nti Onaa . . . ? . . . ku ye.

Sikayo Ekitala ekyo, Ed, ogende mu maaso, mu Linnya lya Yesu.

475 Ai Katonda, wonya omukazi ono. Ddamu okusaba kwe. Leka akwate Ekitala ekyo akikulembeze, mu biseera ebizibu.

Ai Katonda . . . ? . . . enkya ya leero. Nkusaba Onaa . . . ? . . .

476 Kitaffe Katonda, nsaba Owonye muganda waffe abeere bulungi. Era mu Linnya lya Yesu Kristo . . . ? . . .

477 Ai Katonda, nsaba Owonye mwannyinaffe, atereere, mu Linnya lya Yesu Kristo.

478 Kitaffe Katonda, nkusaba nti—nti Owonye muganda waffe.

Wonya mwannyinaffe, Mukama! . . . ? . . .

Kitaffe, mu Linnya lya Yesu, wonya, mwannyinaffe ono, Kitaffe.

479 Kitaffe, . . . ? . . . tusabye mu Linnya lya Yesu. Ai Katonda, wonya omukazi ono.

Ai Katonda, nkusaba O . . . ? . . .

480 Ai Katonda, muwe omukisa, Kitange! . . . ? . . . Nga abakadde abo tubaagala nnyo, Mukama. Era nsaba Oyanukule okusaba kwe! . . . ? . . .

481 Kitaffe Ow'omuggulu, nsaba nti muganda wange . . . ? . . . Ai Katonda, . . . ? . . . ye, Ai Katonda . . . ? . . . omujaasi

w'omusaalaba. Era ajja kusikayo Ekitala ekyo, enkya ya leero, akumbe nga agenda mu maaso.

Ai Katonda, tu...?...Yanukula, Ai Mukama, okusaba kwe kuno.

482 Ai Katonda, wa omukisa ow'oluganda...?...Nsaba omuwonye, Mukama! ...?...Muwe omutima gwe kye guyaayaanira, mu Linnya lya Yesu Kristo.

483 Ai Kitaffe Ow'omuggulu, omuweereza w'Enjiri ono omuto, emimiro gye...?...Bw'ayozezzanga ebibya...?...Ai Katonda, nkusaba O...?...Era nga eggye lya Katonda ery'amaanyi ligenda mu maaso kaakano, nga Ebitala babiwanise, muwe obuwanguzi, Mukama. Omwami we bambi ali wano, Mukama, eyaggyiddwa ku ndiri ya kookolo we yali agalamidde, nga kookolo amutta, nga abasawo baamukongokako, buli gye yalaganga. Naye wuuno wano, enkya ya leero, omujaasi w'omusaalaba omuto. Muzzeemu amaanyi, Mukama, olw'omulimu Gwo, tusabye, mu Linnya lya Yesu.

484 Njagala omukyala oyo omuto...Waliwo ekintu ekirala eky'enjawulo ku mubuulizi ono omuto. Jangu wano, Ow'oluganda Kidd. Omusajja ono baamusiibula okuva mu ddwaliro addeyo eka, ebbanga ttono eriyise, nga afa, yenna kookolo amulidde. [Mwannyinaffe Kidd agamba nti, "Omwaka gumu emabega."—Omuk.] Omwaka gumu emabega. ["Ebiri."] Emyaka ebiri emabega, nga alina obulwadde bw'akawago. Omusawo we yamuwaayo ennaku mbale bubale okuba nga akyali mulamu. Era amakya agamu, twayambuka engulu eyo, ku maliiri ddala, ne tumusabira, essaala y'emu nga gye tukusabidde, naye kati tebasobola na kuzuula wa kookolo we yali. Yawonyezebwa. Amiina. A—a...["Yalina okukikkiriza."] Era kati obuzito bw'azitowa businga ne ku bwe yali abadde nabwo. Ye ne mukyala we babadde ku mulimu ogw'okubuulira Enjiri, oba oli awo okuva nga ssinnazaalibwa. Wuuno wano kati...[Ow'oluganda Kidd agamba nti, "Emyaka ataano mu etaano."] Emyaka ataano mu etaano. Nga ssinnaba na kujja ku nsi, baali babuulira Enjiri. Era kati wuuno wano, yawonyezebwa, ku myaka nga nsanvu mu etaano oba, ["Kinaana mu gumu."] kinaana mu gumu. ["Twabeeranga n'enkuŋŋaana z'okudda obuggya, lwabanga lukuŋŋaana lwa wiiki bbiri, ne tubuulira buli kiro."] Olukuŋŋaana lw'okudda obuggya lwa wiiki bbiri, baakamala okukola olukuŋŋaana lw'okudda obuggya lwa wiiki bbiri, n'okubuulira buli kiro. Emyaka kinaana mu gumu, yawonyezebwa, kookolo, nga mukadde.

485 Kale, mwannyinaze, kino ky'ekiseera kyo. Mukkiriza? *Mugende mu maaso, mmwe Abajaasi Abakristaayo.* Kale, mwannyinaze. Mmwe, eri buli omu ku mmwe, tugenda kukola ki? BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Tukole ki, tubeere bubeezi wano?

486 Ssetaani, wawangulwa. Tukulumbagana kaakano. Tukumba nga tuyingira mu Nsi ensuubize. Kiki ekyo? "Lusozi ki luno, oluli mu maaso ga Zerubabeeri? Y'ani ono, eyeekiise mu maaso go? Ojja kufuuka museetwe." Lwaki? Kubanga n'Ekitala eky'obwogi obubiri, tujja kumutemaatema agwe ku ttaka. Bwe kiri. Kale.

Genda mu maaso, gwe omujaasi Omukristaayo!
Nga okumba bw'ogenda mu lutalo,
N'omusaalaba gwa Yesu
Nga gukukulembedde;
Kristo, Omukulu w'eggye ly'abakugu,
Y'akulembeddemu okulumba omulabe; (Wamu n'Ekigambo Kye.)
Okugenda mu maaso mu lutalo,
Laba, bendera Ze bwe zigenda zeewuuba!

Mugende mu maaso, mmwe abajaasi Abakristaayo!
Nga mukumba mugenda mu lutalo,
N'omusaalaba gwa Yesu
Nga gubakulembedde.

487 Aleeruuya! Kiki kye baakola? Ekintu ekyakulemberanga, Isiraeri, mu lutalo, kiki ekyabakulemberanga? Abayimbi be baakulemberanga, mu maaso. Kiki ekyagobereranga? Essanduuku. Awo olutalo ne luddako. Kale. Kaakano mukikkiriza? Tuyimba *Mugende mu maaso, mmwe Abajaasi Abakristaayo*. Tusikambulawo buli kubuusabuusa kwonna. Nga tuyimirira ku bigere byaffe kati, tukumba okwolekera olutalo.

Leka tuyimirire kaakano, buli muntu.

Mugende mu maaso, mmwe abajaasi Abakristaayo!
Nga mukumba mugenda mu lutalo,
N'omusaalaba gwa Yesu
Nga gubakulembedde;
Kristo, Omukulu w'eggye ly'abakugu,
Y'akulembeddemu okulumba omulabe;

Tumuwangula tutya? Na Kigambo.

Okugenda mu maaso mu lutalo,
Laba, bendera Ze bwe zigenda zeewuuba!

Mugende mu maaso, mmwe abajaasi Abakristaayo!
Nga mukumba mugenda mu lutalo,
N'omusaalaba gwa Yesu
Nga gubakulembedde.

Tetweyawuddeemu,
Ffenna tuli omubiri gumu;
Tuli bumu mu ssuubi ne mu Njigiriza,
Tuli bumu mu kwagala.

488 Mwenna abakkiriza kaakano, mugambe nti, "Amiina." [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Aleeruuya! Ekyo mukikkiriza? Tuli bawanguzi. Abalabe bonna bali ludda wa? Wansi wa bigere byaffe. Kiki kye tuli leero? Twazuukizibwa mu Kristo!

489 Kati, kiwedde, mwannyinaze. Okikkiriza ekyo? Genda eka kati. Owulira bulungi? Agambye awulira bulungi kati. Buli kimu kiri bulungi.

490 Bameka abali eyo abawulira obulungi? Era bwe baalekaana, ebisenge ne bigwa wansi, amiina, ne bakiwamba. Amiina. Ekibuga baakiwamba. Amiina! Amiina! Mumukkiriza?

491 Kati, temwerabira lukuŋŋaana lw'akawungeezi ka leero. Ow'oluganda Neville ajja kubeera wano akawungeezi, atuleetere obubaka obulungi. Ne ku Ssande, Ssande ejja, Mukama nga ayagadde, mubeere wano.

492 Kaakati leka tugende, nga bwe tutambula. Era kaakano, nga bwe tufuluma ekizimbe, leka tugende, nga tuyimba, *Mugende mu maaso, mmwe Abajaasi Abakristaayo*. Era okuva leero, okweyongerayo, Ekitala ekyo temuddangamu kukissa mu kiraato. Mukisikeeyo. Leka tuwambe. "Baagendanga, nga bawamba, nga bawamba." Kale, ku kitundu ekisooka, nate.

Mugende mu maaso, mmwe abajaasi
Abakristaayo!
Nga mukumba mugenda mu lutalo,
N'omusaalaba gwa Yesu
Nga gubakulembedde.

Olutalo Olukyasinzeeyo Mu Zaali Zirwaniddwa LUG62-0311
(The Greatest Battle Ever Fought)

Obubaka buno obwabuulirwa Ow'oluganda William Marrion Branham, bwabuulirwa mu Lungereza ku Ssande ku makya, nga Maaci 11, 1962, mu Kkuŋŋaaniro lya Branham e Jeffersonville, Indiana, mu Amerika, buggyiddwa ku lutambi olwa kkaseti ne bukubibwa mu Lungereza nga tebukyusiddwamu. Buno obuvvuunuddwa mu Luganda bwakubibwa era ne busaasaanyizibwa aba Voice Of God Recordings.

LUGANDA

©2021 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

Voice Of God Recordings
P.O. Box 950, Jeffersonville, Indiana 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

Voice Of God Recordings
P.O. Box 950, Jeffersonville, Indiana 47131 U.S.A.
www.branham.org